

**ENGERI Z'OKUKUNGULA MU MWOYO.
(HARVESTIME INTERNATIONAL INSTITUTE).**

Olusoma luno luli kitundu ku "Harvestime International Institute," ng'enteekateeka egenderera okuyamba abakkiriza okufuna amakungula g'omwoyo agatuukiridde.

Omulamwa omukulu mu kutendekebwa kuno kwe kusomesa ekyo Yesu kyeyasomesa, ekyleetera abavubi, abawooza n'abalala okufuuka abakristaayo ab'omugaso, abaatambula amawanga n'enjiri nga boolesa amaanyi.

Ekitabo kino ssomo ery'etongodde ku ago agasomesebwa, okuseeseetula abakkiriza okuviira ddala ku kwetaba nga bayita mu busigire, okw'ekubisaamu, okwetegeka n'okwekuhhaanya okutuuka ku kiruubirirwa ekyokubuulira enjiri.

© Harvestime international institute

<http://www.harvestime.org>

EBIRI MU KITABO KINO.

Enkozesa y'ekitabo kino.....	3
Ebyandikoledwa abasomera mu bibinja.....	4
Ennyanjula.....	5
Ebigendererwa by'olusoma.....	6

EKITUNDU EKISOOKA: OKULABA.

1. Okuzaalibwa kw'okwolesebwa.....	7
2. Okwolesebwa.....	16
3. Amaaso ge g'ekkaliriza amawanga.....	24

EKITUNDU EKYOKUBIRI: OKUFUNA ENDOWOOZA.

4. Ensi mu Kigambo.....	30
-------------------------	----

EKITUNDU EKYOKUSATU: OKWOLESA.

5. Obwambe obutalavu, Ennimitiro enkalu.....	38
6. Engeri z'okukungula mu mwoyo. Ekitundu: Ekisooka.....	52
7. Engeri z'okukungula mu mwoyo. Ekitundu: Ekyokubiri.....	63
8. Okukungula ng'obikkuliddwa.....	71

EKITUNDU EKYOKUNA: EKISUUBIRWA.

9. Okukutula ekikoligo.....	85
10. Okuwa amawanga omukisa.....	94
11. Okwolesebwa kutuukirira.....	103

Ebyokuddamu ku bibuuzo by'okwozezaamu.....	109
--	-----

ENKOZESA Y'EKITABO KINO.

(Ensengeka y'ekitabo)

Buli ssomo lirimu bino:

Ebigendererwa: Bino by'oba osuubira okutuukako oluvannyuma lw'okusoma essuula. Bisomeemu nga tonnatandika ssomo.

Olunnyiriri olukulu: Luno olunnyiriri luba luteeka essira ku kintu ekikulu ekiri mu ssuula, osaana olukwate.

Ebiri mu ssuula: Soma ekitundu weeyambise Bayibuli ojulize ebyo ebiteereddwa mu kitabo kino.

Okwegezaamu: Funa omulimu gw'okwegezaamu oluvannyuma lw'okusoma essuula. Gezaako okuddamu ebibuuzo nga teweyambisa Bayibuli yo yadde ekitabo kino. Bw'omaliriza okwegezaamu, genda ozuule ebiddibwamu ku ebyo ebikuwereddwa ku nkomerero y'ekitabo kino.

Okweyongerayo okusoma: Ekitundu kino kijja kukuyamba okweyongera okusoma ekigambo kya Katonda, okulongoosa engeri gy'osoma n'okugiisa ebyo by'osomye mu bulamu bwo ne mubuweereza.

Ebigezo ebyakamalirizo: Bwoba nga weetabye mu lusoma luno, waweebwayo ebigezo eby'akamalirizo, era ku nkomerero y'olusoma luno oteekeddwa okubikola byonna bw'omala obikomyewo ku mutendera omulala okusuumuusibwa ku ddaala nga bwe kirina okuba.

EBINTU EBIRALA EBYETAAGIBWA.

Weetaaga Bayibuli eya King James version.

EBYANDIKOLEDDWA ABASOMERA MU BIBINJA.

OLUTUULA OLUSOOKA.

Okuggulawo: Mugguleewo na kusaba olwo mweyanjule. Funa ebyetagisa era owandiike abayizi.

Tegeka ebinaagoberewanga mu kibinja: Funayo anaakubiriza entuula ezo, obudde, ekifo, n'ennaku zokutuulirangako.

Okutendereza n'okusinza: Mwanirize okubeerawo kw'omwoyo omutukuvu mu musomo gwammwe.

Gabira abayizi ebitabo: Banjulire omutwe gw'ekitabo, ensengeka yaakyo n'ebigenderewa by'olusoma nga bwe kiba kirambikiddwa mu miko egisooka mu kitabo.

Tegeka omulimu ogusooka: Abayizi bajja kusoma essuula eziba zibaweereddwa era batwale ebyokegezaamu nga tebanaddamu kutuula mulundi guddako. Obungi bw'essuula ez'okusoma mu buli lutuula bujja kusinziira ku buwanvu bwazo, ebirmu, n'obusobozi bw'ekibinja kyo.

OLUTUULA OLWOKUBIRI N'EZIDDIRIRA.

Okuggulawo: Musabe, yaniriza era owandiise abayizi abapya bonna era obagabire n'ebitabo. Abaliwo beewandiise. Mweweeyo akaseera k'okutendereza n'okusinza.

Okwejjukanya: Mubufunze bajjukize ku bye mwayigako mu lutuula olwayita.

Essomo: Nnyonyola buli kitundu ekiri mu ssuula, nga weyambisa emitwe egiri mu nnukuta z'ekyapa enkwafu nga bw'olambika. Buuza abalina ebibuuzo oba ensonga yonna ku bisomeseddwa. Giisa ebisomeseddwa mu bulamu bwabwe n'obuwereza.

Okwegezaamu: Yita mu byokegezaamu ebyaggwa. (**Weetegereze;** Bw'oba nga toyagala bayizi kulaba biddibwamu biri mu kitabo, empapula kwe biri osobola okuzijjamu mu kitabo).

Okweyongera okusoma: Bino bisobola okukolebwa omuntu kinoomu oba ng'ekibinja.

Ebibuuzo ebyakamalirizo: Bwe kiba ng'ekibinja kyo kiri kitundu ku lusoma luno, era ofuna ebigezo ebyakamalirizo ku lusoma luno lwenyini. Fulumiza buli muyizi omulimu ogugwe era otwale obuvunanyizibwaku bigezo ebyo okutuuka ku nkomerero y'olusoma.

Ekisomesebwa: Okulaba.

Olusoma: Engeri z'okukungula mu mwoyo.

ENNYANJULA:

Baibuli eraga mu Engero 29:18, "Awatali kwolesebwa abantu bazikkirira..."

Mu nsi yonna mulimu abakiriza abalokole abali mu kuzikirira.

Nedda tebazikirira mu kibi. Bakkiriza okulokolebwa mu Yesu Kristo, bagenda mu Kkanisa, basoma Baibuli, era bayinza n'okuba abakulembeze mu Kkanisa. Naye bafa mu mwoyo, obulamu bwabwe ng'abakkiriza bwe bwa bulijjo. Tebalina ssanyu mu mwoyo. Tebalina kiruubirwa oba ekigendererwa, tebalina kwolesebwa.

Okwolesebwa kwe twogerako si kwe kwolesebwa okubeerawo mu kaseera ng'omuntu awanyisibwa mu mwoyo n'ayolesebwa. Si kwekwolesebwa okw'abulijjo, kuba kwolesebwa kwa mwoyo.

- Bw'owulira ng'oli mukalu mu mwoyo...
- Ng'oyaayana okukozesebwa Katonda, naye nga tomanyi kitundu kyoli mu nteekateekateka ye.
- Bw'owulira nga waliwo ekibula mu Bukristaayo ekitali kya bulijjo ng'obulamu bwo bukyagadde.

Okwolesebwa kwe kuddibwamu kwo!

Katonda atwala abasajja n'abakazi abaafa mu mwoyo n'abaafula balamu mu mwoyo. Okwolesebwa kuleetawo okutegeera okupya n'endagiriro mu ntambuza y'obulamu. Kwe kugatta omubiri gwa Kristo, Ekkansa entuufu ku lw'ekigendererwa ekimu. Okwolesebwa okwo kye kinyusi ky'olusoma luno, "Engeri z'okukungula mu mwoyo."

Olusoma luno lwakukuyisa mu mitendera ena egikutuusa ku kwolesebwa.

- **Okulaba:** Mw'ozuulira okwolesebwa.
- **Okufuna endowooza:** Mw'oyigira ensonga enkulu mu bukulu obuli mu kw'olesebwa.
- **Okwolesa:** Mwoyigira ebigendererwa ebiba mu kutuukiriza okwolesebwa.
- **Ekisuubirwa:** Kyosuubira mwe kituukirizibwa bw'ofuuka ekitundu ku kwolesebwa.

EBIGENDERERWA BY'OLUSOMA.

Bw'omaliriza olusoma luno, onooba osobola;

- Okunyonnyola okwolesebwa kw'okukungula mu mwoyo okwefanaanyiriza ekyokulabirako ekyabulijjo.
- Okweyambisa engeri z'okukungula mu mwoyo ezituukiridde mu bulamu bwo n'obuweereza.
- Okuzuula ebintu ebiremesa okukungula mu mwoyo.
- Okulaba ensi mu maaso ga Katonda.
- Okukungula ng'obikkuliddwa ky'okungula.

EKITUNDU EKISOOKA: OKULABA.

Okuzuula okwolesebwa.

ESSUULA ESOOKA.

OKUZAALIBWA KW'OKWOLESEBWA.

EBIGENDERERWA:

Bw'omala essuula eno onooba osobola;

- Okunnyonnyola okwolesebwa okw'omwoyo.
- Okunnyonnyola emitendera gy'okuzalibwa kw'okwolesebwa okw'omwoyo.
- Okwawula okuzaalibwa kw'okwolesebwa kw'omwoyo n'okuzaalibwa kwokwolesebwa okw'omubiri.

OLUNYIRIRI OLUKULU:

Awatali kwolesebwa, abantu bazikirira... (Engero 29:18)

ENNYANJULA.

Baibuli eyogera mu Engero 29:18, "Awatali kwolesebwa, abantu bazikirira..." Okwolesebwa okulagibwa mu lunyiriri luno kwe kwo okw'omwoyo.

Okwolesebwa okw'omwoyo kuluhjhamya, kuleetawo okuteerezebwa n'okuzimbibwa kw'obulamu. We kutali, abantu bafuuka bafu mu mwoyo. Okukuza okwolesebwa kw'omwoyo, gy'emitendera mw'ozuulira ensonga eyakuletesa mu Bwakabaka bwa Katonda.

Mu ssuula eno, okukulakulana kuno, kwe kuyitibwa, "okuzaalibwa kw'okwolesebwa."

LWAKI OKW'OLESEBWA OKW'OMWOYO?

Lwaki okwolesebwa okw'omwoyo kwetaagisa? Lwaki abantu bazikirira olw'obutaba nakwo?

Ekyokuddamu kisangibwa mu kimu kuby'okulabirako ebingi ebyokwolesebwa kw'omwoyo ebisangibwa mu Baibuli. Soma embooji ku Nnabbi Erisa, n'omukozi we Gekazi mu 2 Bassekabaka 6:15-17.

Abantu ba Katonda, Abayisirayiri, baali beetoloddwa eggwanga ly'obulabe erya Bwasuuli. Waaliyo Abaserikale bangi, Embalaasi, n'amaggaali g'olutalo. Omuweereza wa Erisa Gekazi, yalaba eggye ly'obulabe ery'amaanyi, natya, n'akaabirira Erisa nti, "Tunaakola tutya?" Erisa n'amuddamu nti;

Totyta kubanga abali naffe bangi okusinga abali nabo. (2 Bassekabaka 6:16)

Awo Erisa, n'asaba eri Katonda azibule amaaso ga Gekazi amusobozese okulaba mu nsi ey'omwoyo. Okusaba kwakkirizibwa era Gekazi n'alaba amaggye ga Katonda ag'omwoyo nga geetolodde Yisirayiri.

Mu kyokulabirako kino, Katonda yaleetera Gekazi okulaba okwolesebwa okw'omwoyo n'amaaso ge ag'omubiri. Naye ensonga enkulu eri nti, awatali kwolesebwa kwa Mwoyo, abantu ba Katonda tebasobola kulaba kusukka kubirabwako ebyetoolodde obulamu bwabwe.

Nga Gekazi, nabo bawangulwa amaanyi g'omulabe gwe balaba ng'abazinze mu bulamu bwabwe obwa bulijjo. Okwolesebwa kwabwe kutunuulira nnyo ebizibu bye balina awo obulamu bwabwe ne bufuuka enkulungo y'okukaabakaaba. "Tunaakola tutya?" awatali kwolesebwa okwomwoyo, tebasobola kulaba na kutegeera nteekateeka ya Katonda eyomwoyo.

OKUKULAKULANA OKULABIRA MU MWOYO.

Bwe wali tonnalokoka wali muzibe olw'ekibi. Olw'okulokolebwa olw'omusaayi gwa Yesu, obuzibe obwo bwawonyezebwa. Awo Katonda ayagala akuze okw'olesebwa okw'omwoyo.

Eno yengeri y'omwoyo eyeefananyiriza ddala ku ekyo ekyabaawo mu buliwo mu buweereza bwa Yesu.

Awo bwe baatuuka mu Besusayida, ne wabaawo abantu abaamuleetera omusajja omuzibe w'amaaso, ne bamwegayirira amukwateko.

Yesu n'akwata omuzibe w'amaaso ku mukono n'amufulumya ebweru w'akabuga ako. N'awanda amalusu ku maaso g'omusajja n'agakwatako, n'amubuuza nti, "Kaakano waliwo ky'olaba?"

Omusajja n'amagamaga, n'addamu nti, "Yee! Ndaba abantu kyokka balabika ng'emiti egitambula."

Yesu n'ayongerera okukwata ku maaso g'omusajja, omusajja n'azibuka amaaso n'awonera ddala buli kintu n'akiraba bulungi. (Makko 8:22-25)

Ekyamagero kino kwali kuwonyezebwa okulabikako ddala okwakolebwa Yesu mu buweereza ng'ali ku nsi.

Lwali okukwatibawako kwa Yesu okwasooka tekawonyanya musajja ono? Yesu teyalina maanyi gonna? Teyali mwana wa Katonda omulamu? Yesu yali awa kyakulabirako eky'omubiri ku mazima ag'omwoyo. Yesu ayagala kukukomako mu mwoyo gwo nga bweyakikola mu kuwonya okwabulijjo. Okusookera ddala ayagala okuggyawo obuzibe bw'ekibi mu bulamu bwo olwo akuze okwolesebwa kw'omwoyo.

OKWOLESEBWA OKWOMWOYO KYE KI?

Okwolesebwa okw'omwoyo kubaamu okulaba okusukka ensi ey'omubiri n'otuuka mu nsi ey'omwoyo. Kwe kutegeera ekigendererwa ky'obwa Katonda n'ozuula kyotekeddwa okukola mu nteekateeka ye.

Abakiriza abazikirira mu mwoyo bali mu kimu ku bino wammanga;

- Tebalina kwolesebwa kwa Mwoyo.
- Bafunye okwolesebwa okw'omwoyo naye ne batakugondera.
- Balina okwolesebwa naye tebamanyi bwe bayinza kukutuukiriza. Bagezezzaako ne balemererwa oba tebagezezzaako wadde.

Okwolesebwa okw'omwoyo kukuwa ekifaananyi kyekyo Katonda ky'ayagala okole era oluhhamizibwa mu buli kyokola mu bulamu bwo obw'obukristaayo okutuuka ku kiruubirwa ekyo.

OKWOLESEBWA KWA PAULO.

Omutume Paulo yalina okwolesebwa okw'omwoyo, yagamba nti;

Ne sinyooma kwolesebwa okwo okwava mu ggulu. (Ebikolwa bya batume 26:19)

Okwolesebwa kw'eggulu, kwe kwaali kuvuga obulamu bwa Paulo. Yakizuula nti okuba n'okwolesebwa tekimala, waliwo ekirina okukolebwa okusobola okutuukiriza okwolesebwa. Okwolesebwa kusobola okusigala mu "bwoleke" kino kitegeeza nti tekirituukirira kubanga tolina ky'okikozeeko. Katonda bw'akuwa okwolesebwa akuwa n'engeri ez'omwoyo okusobola okukituukirizaamu.

Katonda bwe yawa Paulo okwolesebwa kw'omwoyo, yamuwa ebintu ebyenjwulo byeyalina okukola okusobola okutuukiriza okwolesebwa okwo.

Naye golokoka. Nkulabikidde, nkulonde obeere omuweereza wange era omujulirwa w'ebyo mw'ondabidde era ow'ebyo mwe nnaakulabikiranga.

Era ndikuwonya mu bantu bano ne mu baamawanga gye ndikutuma

Okuzibula amaaso gaabwe bakyuke bave mu kizikiza badde eri omusana, n'okuva mu buyinza bwa Setaani, badde eri Katonda balyoke basonyiyibwe ebibi bafunire wamu omugabo gwa Katonda n'abo abatukuzibwa olw'okunzikiriza.' (Ebikolwa bya batume 26:16-18)

Katonda yawa Paulo okwolesebwa kw'omwoyo okumufuula omuweereza era omujulizi. Obuweereza bwe bwali bwa bantu abalondemu, bannamawanga. Bannamawanga kitegeeza buli muntu atali mu Yudaaya. Ekitegeezeza ddala amawanga gonna agali mu nsi.

Katonda yawa Paulo entegeka ey'okutuukirizaamu okwolesebwa, Paulo yali wa;

- Kuggula maaso gabwe ag'omwoyo okuva mu kizikiza gadde mu kitangaala.
- Kubajja mu maanyi ga Sitaani bajje eri Katonda.
- Kubakulembere eri okusonyiyibwa kwe bibi.
- Okubabikkulirwa obusika bwabwe obw'omwoyo obusoboka olw'okukkiriza.

OKUZAALIBWA KW'OKWOLESEBWA.

Katonda ayagala akuwe okwolesebwa okw'omwoyo nga bwe yakikola ku Paulo. Katonda ayagala akubikkulire obukulu n'ebigendererwa ebinaakuyamba okutuukiriza okwolesebwa.

Bwofuna okuzaalibwa kw'okwolesebwa oja kuba mukozi so si mulabi bulabi mu nteekateeka y'obwa Katonda. Engeri y'okuzaalibwa kw'omuntu ey'omubiri yeefaanyiriza ddala n'eyokuzalibwa kw'okwolesebwa mu nsi ey'omwoyo. Ojja kuisinkana emitendera gino ng'ozala okwolesebwa kw'omwoyo;

OKUKUFUNA.

“Okukufuna” kitegeeza okutondebwa. Okwolesebwa kw'omwoyo kutondebwa Katonda mu mwoyo gwo. Katonda bwe yawa Paulo okwolesebwa okw'omwoyo yazuula ensulo yaakwo. Yagamba; “Nze Yesu” (Ebikolwa 26:15). Katonda yeyafuna okwolesebwa kwa Paulo.

OKUKULA.

Bw'oba waakafuna okwolesebwa kw'omwoyo, kuba mu ngeri ya “ggi.” Kano ke kataffaali akakulu omuva obulamu. Nga bwe kiri mu kukula kw'eggi ly'omuntu, Katonda agenda akuza okwolesebwako mu mwoyo buli lwe weyongera okukula mu ye. Akataffaali k'obulamu akasinga obukulu mu mwana w'omuntu ly'eggi, mwe muva ebitundu by'omubiri gw'omuntu byonna. Bw'ogezaako okukyusa mu kataffaali ako wabaawo obulemu oba okufa eri omwana oyo. Katonda afuna okwolesebwa kw'omwoyo gwo okukulimu okukulu. Okwolesebwa kuteekeddwa okusigala mu ggi omukulira ebitundu byonna. Bw'ogezaako okukyusa, kujja kulemala okuva ku ngeri gye kwali kwateekebwatekebwamu Katonda oba n'okuvaamu.

Bwe kuba nga okwolesebwa okunnyonnyoddwa mu lusoma luno okufunye mu Katonda eri omwoyo gwo, kulina okusigala nga kwe kwo kwennyini neewakubadde oyinza okukutuukiriza mu ngeri ez'enjawulo. Okwolesebwa kujja kukula era kukulaakulane ng'okuze mu mwoyo. Tekujja kulabika mu ngeri y'emu ng'ejjo, wiiki ewedde, oba omwezi oguwedde. Naye tosanidde kwerabira kwolesebwa kukulu okw'obwa Katonda kwe wayitibwa.

Okukulakulana kw'okwolesebwa kujja kuba nga kukusika nga bwe kiba mu mubiri gw'omukyala mu nsi ey'omubiri. Okwolesebwa bwe kutakula mu ggwe kufa. Ng'omukyala kwasitula omwana mu nda ye, bwofuna okwolesebwa kuno obeera nakwo buli kiseera. Kufuuka kitundu kyo ekikulu era eky'amaanyi. Kuva ku nsulo y'obulamu bwo n'ensulo ey'obwa Katonda mwe kyafunibwa.

Ng'omwana akula, omukyaala ow'olubuto abaako bye yeeresa. Ng'okwolesebwako okw'omwoyo kukula, olina okukola ekintu kye kimu. Olina okweresa enteekateekazo n'ebiruubirirwa byo. Olina okuteeka ebbali amasanyu g'ensi. Olina okufissaayo ku budde bw'okusaba n'okusiiiba.

OKULUMWA:

Omubuulizi 5:3, agamba;

Ng'okutawaana ennyo bwe kuleetera omuntu ebirooto. (Omubuulizi 5:3)

Amakulu g'ekigambo “ekibiina” ga maanyi.

“Okutawaana” okusenziira ku makulu g’olw’e Bbulaniya, kiri okulumwa (obuzibu). Noolwekyo ekirooto oba okwolesebwa kiva mu kulumwa okwamaanyi. Mu kuzaala okw’omubiri mulimu amazima agakwata ku kulumwa okwefaanaanyiriza n’okulumwa okw’omwoyo okuzaala okwolesebwa. Okulumwa okw’omubiri ke kaseera k’obulumu obw’amaanyi ennyo omuzaalirwa omwana. Akaseera k’okulumwa kano kayitibwa “kuba mu leeba.”

Nga mu kuzaalibwa kw’omwana, okwolesebwa kw’omwoyo kuzaalibwa ng’ofuddeyo nnyo mu bwongo, mu mubiri ne mu mwoyo. Ng’osoma olusoma luno ffaayo nnyo ku ekyo Katonda kyayagala okuzaalibwa mu mwoyo gwo.

Mu kuzaala okw’omubiri, agenda okuzaala atekwa okuleka amaanyi ag’omubiri okufuga. Bw’okaka omwana okufuluma mu kkubo mwalina okuyita nga terinnaba kweggula kisoboka okutta omwana oyo. Kino kye kimu n’ekibaawo mu nsi ey’omwoyo, leka Katonda afuge obulamu bwo. Bwogezaako okuzaala okwolesebwa mu maanyi go, kijja kuggyawo enteekateeka ya Katonda.

Buli ekikuli munda kisobola okulwana okusindika wabweru okwolesebwa kwo okw’omwoyo mu busobozi obwo obuli munda mu ggwe, naye mu maanyi go osobola okw’onoona okwolesebwa kwo. Peetero yakaabirira Kristo, “Nvaako Mukama wange, nze ndi muutu mwonoonyi!” bwe yamanya ekyo Kristo kye yali amuyitidde okukola (Lukka 5:8). Yamanya nti okwolesebwa okwo kwali kw’amaanyi nnyo gyali okukutuukiriza mu maanyi ge ag’omubiri n’obusobozi bwe nga ye.

Ng’omukyala ali mukulumwa bwe yeekweka abantu baleme kumulaba, ne mu mwoyo oteekeddwa okuba wekka ne Katonda.

EKISEERA KY’OKUKYUSIBWA.

Mu kuzaala okw’omubiri mulimu ekiseera ekiyitibwa, “eky’okukyusibwa.” Kino kye kiseera ekisingayo okuba ekizibu mu kulumwa, okuviira ddala ng’ekkubo omuyita omwana terinnaggula kufulumya mwana. Kino kifaanaganira ddala ku kuzaalibwa kw’okwolesebwa mu nsi eyo mwoyo. Katonda bw’akuwa okwolesebwa, ofuna ekiseera ekyokukyusibwa.

Okukyusibwa kitegeeza okukyuka. Nga Katonda akuwadde okwolesebwa mu mwoyo, kigenda kukwetaagisa okukyuka mu bulamu bwo, kikwetaagisa okufuna okusalawo okupya n’okwewaayo.

Osobola okufuna okusindikirizibwa mu buli kintu ekiri mu bulamu bwo. Buli kintu mu ggwe kisobola okulaajanira obuyambi okuva mu kuwammanta kw’okuzaalibwa mu mwoyo olw’ekyo Katonda ky’aba aleeta.

Wano abangi we balemererwa okufuna okwolesebwa. Ebiseera ebisinga Katonda aleeteddenga abantu be mu kaseera mwe balina okukyukira okuzaala okwolesebwa kwe. Naye olw’okuba nti okukyusibwa kwali kuzibu, abasinga baabivaako. Tebasobola kugumira kusindiikirizibwa okwaliwo mu kiseera kino ekizibu ennyo.

Kyali kyetaagisa okukyuka mu ndowooza ne munneeyisa yabwe kye baali batayinza kukola. Nga tebayinza kweresu kufuba kwabwe na nnono. Tebaasobola kusuula biruubirirwa na kwagala kwabwe baanirize enteekateeka ya Katonda. Kino kye kyabaawo ku ggwanga Iya Yisirayiri.

Ng'omukyala ow'olubuto anaatera okuzaala,bw'alumwa n'akaaba mu bulumi,bwe tutyo bwe twali mu maaso go, Ayi Mukama Katonda.

Twali lubuto, twalumwa,naye twazaala mpewoTetwaleeta bulokozi ku nsi,tetwazaala bantu ba nsi. (Isaaya 26:17-18)

Okulumwa kuleeta ennyiike naye kuleetawo okuzaala ekyo ekikuwa essanyu.

Omukazi ng'azaala aba mu bulumi buyitirivu, kubanga ekiseera kye kituuse. Naye omwana bw'amala okuzaalibwa olwo omukazi aba takyajjukira bulumi buli olw'essanyu ery'okuzaala omuntu mu nsi. (Yokaana 16:21)

Tutegeezebwa mu Isaaya 53:11, nti Katonda yalaba obulumi Yesu Kristo bwe yayitamu n'amatira. Okwolesebwa kwali kutuukiriziddwa ku lunaku olw'e Kalivaliya. Okwolesebwa kwali kwasuubizibwa okuva omuntu bwe yaggwa mu kibi. (Oluberyebery 3:15). Okuyita mu kulumwa, okwolesebwa kw'okununulibwa okuva mu kibi kwafuuka kwa ddala.

Okulumwa kaseera kazibu nnyo naye mw'oyita mwokka okuzaala okwolesebwa.

...Sayuuni anaaba yakalumwa ng'eggwanga litondebwa.Nnyinza okutuusa abantu bange ku kuzaalibwane batazaalibwa?" bw'ayogera Mukama Katonda."Ate olubuto ndusiba ntyanga ndutuusizza ku kuzaala?" bw'ayogera Mukama Katonda wo. (Isaaya 66:8-9)

OKUZAALIBWA.

Okukula kw'okwolesebwa kulina enkomerero esuubirwa, nga bwe kiri ku ggi ery'omuntu. Enkomerero eyo kwe kuzaalibwa. okuzaalibwa kw'ekitatuukiridde oba okulwawo okuzaala biyinza okuviirako okufa, mu bulamu obwokuzaala obw'omubiri n'okuzaala kw'okwolesebwa okw'omwoyo.

Oluvannyuma lw'okuzaala mu bulamu obw'omubiri, omwana yeeyongera okukula n'okugejja. N'oluvannyuma lw'okuzaala okwolesebwa mu mwoyo, kweyongera okukula n'okugejja. Kufuna ebitundu ebipya n'endabika naye byonna kukula kuva mu katafaali k'obulamu bw'omwoyo akayitibwa okwolesebwa.

OKWOLESEBWA KWA IBULAYIMU.

Ibulayimu yagezaako okutuukiriza kwolesebwa kwe yaweebwa Katonda mu maanyi ge naazala Isimaili. Yamanya Katonda yali ayagala okumufuula eggwanga ery'amaanyi. N'alowooza nti omusika we taliva mu mukyaalawe Salaayi. N'abaako kyakola era kwe kuzaala Isimaili. Naye maanyi g'ani ag'aletera okubaawo kwa Isimaili? ga Ibulayimu oba ga Katonda? Okutuukirizibwa kw'okwolesebwa mu Isimaili, kwali kwa muntu oba kwa Katonda?

Osobola okwreeterawo Isimaili mu mbeera ng'okozesa amaanyi go. Isimaili akiikiririra entegeka n'enkola zo okugezaako okukola okwagala kwa Katonda mu maaanyi go ag'omubiri. Naye okwolesebwa kw'eggulu okukiikirirwa Isaaka, kuteeka kuzaalibwa Katonda.

Ani nsibuko y'okwolesebwa kw'omwoyo?

Bwe kibuuzebwa, “tukole ki okutuukiriza ebyo Katonda byayagala?” Yesu yaddamu nti, “Kino Katonda ky’ayagala mukole,... Kiraga nti ye yennyini y’eyali ensulo (Yokaana 6:28-29)

Katonda teyayagala Ibulayimu kubeera nsulo yakwolesebwa kw’eggulu mulundi mulala. Ayagala twerese ebyo bye twekolera oba okwolesebwa kwetweteerawo. Katonda y’ensulo y’okwolesebwa okw’omwoyo.

Okwolesebwa kw’onoofuna mu lusoma luno y’enteekateeka ye si nteekateeka ya muntu, ekiwayi kyenjigiriza oba ekitongole.

Ebyawandiikibwa tebiraga wonna nga Katonda ayogerako ne Ibulayimu okumala ebbanga lya myaka kkumi n’esatu oluvannyuma lw’okuzaala Isimaili. Okutuusa Ibulayimu bwe yalaba nga tekikyasoboka kuzaaala mwana mu maanyi ag’omubiri, awo Katonda we yasiikulira okwolesebwa okwamulimu. Olwo nno amaanyi ge gaali gamuwedde.

Awo okuzaalibwa kw’okwolesebwa ne kutuukirira, mu kiseera ekituufu ekya Katonda. Isaaka yazalibwa nga wa kyamagero. Naye olw’okuzaalibwa okwentegeka ya Katonda, Isimaili eyazaalibwa mu maanyi ag’omubiri, yalina okuvaawo.

Ky’ekiseera Isaaka wo (enteekateeka ya Katonda), azaalibwe mu mwoyo gwo. Kino okusobola okubaawo nga Isimaili aggiddwawo.

Kiba kiruma nnyo nga weeresa ebibyo omuli; entegeka zo, ebiruubirirwa, obuwangwa, n’emirimu emitongole. Naye Katonda akugamba nga bwe yakola ku Ibulayimu, “Tonakuwala olwa Isimayiri (amaanyi go), kubanga mu Isaaka mwendituukiririza ebyo byonna byennakusuubiza.” Mu Isaaka, ensulo y’okwolesebwa yali Katonda.

WEETEGESE?

Okuzaala kwetaaga okukyusa, mu bulamu obw’omubiri, omwana ateekeddwa okuva mu bukuumi obwa nabaana. Bwe wazaalibwa omulundi ogw’okubiri, walina okweresa obulamu obw’ekibi obukadde ng’oteekwa okuleka Yesu akukyuuse endowooza yo.

Okuzaala okw’okwolesebwa kw’omwoyo nakyo kyetaaga okukyuka. Kyeetaga obuvumu okuva mu ky’omanyi oddeku ky’otomanyi.

Oli mwetegefu okufuna okw’olesebwa kw’omwoyo? Oyagala okusinsikana okulumwa mu mwoyo osolele okuzaala ekintu ekipya ekikulu ennyo mu bulamu bwe Kikristaayo? Bwoba toyagala, wandikomye wano. Bwobagulizibwa ku kwolesebwa okuli mu miko egiddako, obulamu bwo tebujja kusigala kyekimu.

OKWEGEZAAMU.

1. Wandiiika olunnyiriri olukulu ng'oluggya mu mutwe gwo.

.....
.....

2. Nnyonnyola okwolesebwa kw'omwoyo.

.....
.....
.....

3. Tunuulira ebiri mu muteeko (1), n'ebyo ebiri mu muteeko (2). Ddira ennamba eri mu muteeko (2) eriko ekituukana n'erinnya mu muteeko (1) gy'oba oteeka mu kabanga akali ku ntandikwa y'erinnya eryo. Ekisooka kikoze ng'ekyokulabirako.

Emu (1).

 2 Paulo
 Gekazi.
 Ibulayimu.
 Katonda.
 Yesu.
 Peetero.

Bbiri (2).

1. Yagezaako okutuukiriza okwolesebwa kwe mu Isimaili
2. "Ssalema kugondera kwolesebwa kw'aggulu."
3. "Tunaakola ki?"
4. "Nnyinza okutuusa abantu bange ku kuzaalibwa ne batazaalibwa?"
5. "Nvaako, kubanga ndi muntu mwonnoonyi."
6. Katonda yalaba obulumi bwe n'amatizibwa.

4. Soma ebiri mu muteeko bbiri (2), oddire ennamba eriko ogiteeke ku ekyo kye kinnyonnyoddwa ku biri muteeko emu (1), ku bbanga eriri ku ntandikwa.

Emu (1).

 Okukufuna.
 Okukula.
 Okulumwa.
 Okukyusibwa.

Bbiri (2).

1. Ekiseera okwolesebwa mwe kukulira mu mwoyo gwo.
2. Okuva nga tonnazaala, akaseera akasinga obuzibu ng'oteeka okweresa amaanyi go n'oleka Katonda aleete okwolesebwa.
3. Entandikwa y'okwolesebwa mu mwoyo gwo nga bwe kusimbibwa Katonda.
4. Ekiseera ky'okulumwa okuzuula mu mwoyo, obulumi obw'amaanyi mu birowoozo n'okuzaala mu mwoyo.

(Ebiddibwamu biri ku nkomerero y'essuula essembayo mu kitabo kino.)

OKWEYONGERA OKUSOMA.

1. Gaziya okumannya kwo ku mbeera y'okulumwa ng'osoma ebyawandiikibwa bino;
Yokaana 16:21: Kuleetawo ennyiike naye kuleeta okuzaalibwa ekyo ekireeta essanyu.
1 Abasessolonika 2:9: Buba bulumi bwa kuzaala mu nsi ey'omwoyo, ne mu nsi ey'omubiri.
Abaggalatiya 4:19: kuva ku Kristo ng'abumbiddwa mu ggwe.
Abaruumi 8:22-25: Kuleeta essuubi.
Isaaya 66:7-9: Kwagala kwa Katonda okulumwa okw'omwoyo okuvaamu okuzaala.
(okuzaala okw'omwoyo).
2. Lowooza ku kino:
"Okwolesebwa okutaliiko kya kukola kuba "kwoleke bwolesi."
"Ekyokukola ekitaliiko kwolesebwa kikooya."
"Ekyokukola okuli okwolesebwa ky'ekikola omuminsani."
3. Abantu aboononyi bazaala enteekateeka enkyamu.
Omuntu ajjudde ebibi afuna emitawaana,
n'azaala obulimba. (Zabbuli 7:14)
4. Okuba "omugumba" mu bulamu obwa bulijjo kitegeeza obutaba na busobozi kuzaala baana.
Obadde "mugumba" mu mwoyo?
Abakazi abaali abagumba mu Baibuli okumala emyaka mingi baazala abaana ab'amaanyi oluvannyuma lwa Katonda okubakomako.
-Salaayi yazaala Isaaka.
-Laakeeri yazaala Yusufu.
-Kaana yazaala Samwiri.
-Luusi yazaala obeedi.
-Elizabethi yazaala Yokaana.

ESSUULA EYOOKUBIRI. OKWOLESEBWA.

EBIGENDERERWA:

Bw'onomala essuula eno, onooba osobola;

- Okunnyonyola amakulu ag'eb'omubiri ebifaanana amazima ag'omwoyo.
- Okuzuula ekyokulabirako eky'amakungula ag'omubiri okwefananyiriza okwolesebwa kw'omwoyo Katonda kwayagala kuzaalibwe mu mwoyo gwo.
- Okunnyonyola emitendera mwoyita okufuna okwolesebwa.

OLUNYIRIRI OLUKULU.

Mmwe temugamba nti, 'Ekyasigaddeyo emyezi ena amakungula gatuuke?' Kale muyimuse amaaso gammwe, mutunuulire ennimiro! Amakungula gatuuse. (Yokaana 4:35)

ENNYANJULA.

Essuula ewedde ennyonyodde ku ngeri y'okukuza okwolesebwa okw'omwoyo. Essuula eno yo ezuula okwolesebwa Yesu kwayagala kuzaalibwe mu mwoyo gwo era ennyonyola n'engeri yokukufuna.

Okwolesebwa kwe kumu n'okwo kwe yalagako abayigirizwa be emyaka 2000 egiyise. Okusobola okutegeera amakulu g'okwolesebwa, kyetaagisa okuzuula emu ku nnono z'ekigambo kya Katonda enkulu. Ennono eno ekwata ku bintu eby'omubiri ebyefaananyiriza amazima ag'omwoyo.

Essuula eno ennyonyola ennono eno era n'egigiisa mu kwolesebwa Katonda kwayagala okukuteekamu.

EBY'OMUBIRI N'AMAZIMA AG'OMWOYO.

Ebyawanndiikibwa eby'ekigambo kya Katonda, Baibuli, bituunulira abantu ab'enjawulo, ebusuubizo, obwannabbi, n'ennono.

Ebisinga mu Baibuli byawandiikibwa ku bantu, engeri Katonda gye yabakwatamu, n'engeri gye baamuddangamu. Waliwo ebitundu bya Baibuli eby'amaanyi ebiraga obwannabbi ku biribaawo era mulimu n'ebisuubizo bingi ebyaweewwa abantu ba Katonda.

Era Baibuli erimu ennono enkulu nnyingi z'oteekeddwa okuzuula okusobola okutegeera ekyo Katonda ky'akugamba okuyita mu kigabo kye. Ekimu ku nnono enkulu zino by'eb'omubiri ebifaanana amazima ag'omwoyo. Ekigambo "okwefaananyiriza" kitegeeza ekintu okuba nga ky'ekimu n'ekirala. Bwe twogera ku "by'omubiri ebifaanana amazima ag'omwoyo," kitegeeza Katonda akozesa eky'omubiri okunnyonyola oba okukiikirira amazima ag'omwoyo.

Engero za Yesu zaali byakulabirako eby'omubiri ku mazima ag'omwoyo. Mu lugero olumu yakozesa ekyokulabirako eky'omubiri eky'omukazi eyatabula ekizimbulukusa mu buta. Okuzimbulukusa kw'obuta kwalaga okukula kw'obwakabaka bwa Katonda mu nsi yonna.

Kino kimu ku byokulabirako ebingi eby'engero mwe yakozesa eby'okulabirako eby'omubiri okulaga amazima ag'omwoyo.

Ennono ey'oby'omubiri okufaanana n'amazima ag'omwoyo ennyonyoddwa mu 1 Abakolinso:

...kale obanga waliwo omubiri obubiri, era waliwo omubiri ogw'omwoyo.

Kyekyava kyawandiikibwa nti, "Adamu, omuntu eyasooka, yatondebwa ng'alina obulamu." Kyokka Adamu ow'oluvannyuma ye Mwoyo aleeta obulamu.

Naye eky'omwoyo si kye kyasooka, wabula eky'omubiri obubiri kye kyasooka, n'oluvannyuma eky'omwoyo ne kijja. (1 Abakolinso 14:44-46.)

Kino kyekyokulabirako ekyamaanyi eky'omubiri ekifaanana n'amazima ag'omwoyo. Omuntu eyasooka okutondebwa Katonda yali muntu ow'omubiri, erinnya lye ye Adamu. Yesu ayitibwa Adamu ow'oluvannyuma, yali muntu wa mwoyo.

Adamu yali kyakulabirako kya mubiri ekyoleka amazima ag'atubikkulira mu Yesu Kristo. Okuyita mu muntu ow'omubiri, wajjawo ekibi n'okufa. Okuyita mu muntu ow'omwoyo, wajjawo obulokozi n'obulamu. Ekyo eky'omubiri, kyoba osobola okulaba, okuwulira oba okukwatako. Ekyo eky'omwoyo osobola kukimanya ng'okozesa obusimu obw'omwoyo.

Eby'okulabirako eby'omubiri, osobola okubimanya na busimu obw'omubiri naye ebikifaanana eby'omwoyo bimanyikibwa okuyita mu kubikkulirwa okw'Omwoyo Omutukuvu.

Okutegeera ennono y'eby'omubiri ebifaanana amazima ag'omwoyo kikwongera okutegeera ekigambo kya Kigambo.

AMAKUNGULA.

Okwolesebwa Yesu kweyalagako abayigirizwa be era kwayagala kuzaalibwe mu mwoyo gwo, yakubikkulira mu by'omubiri ebifaanana amazima ag'omwoyo. Yesu yagamba abayigirizwa be;

Mmwe temugamba nti, 'Ekyasigaddeyo emyezi ena amakungula gatuuke?' Kale muyimuse amaaso gammwe, mutunuulire ennimiro! Amakungula gatuuse. (Yokaana 4:35)

Yesu yali tayogera ku makungula g'omubiri ag'ennimiro ezaaliwo mu kiseera ekyo weyayogera ebigambo bino, yali ayogera ku makungula ag'omwoyo. Yakozesa ekyokulabirako ky'amakungula ag'omubiri okuwa abagoberezibe okwolesebwa okwandikoze amakulu n'okubaluhjhamya mu mwoyo mu bulamu bwabwe.

KYALI KITEGEEZA KI?

Eky'okulabirako kino eky'amakungula og'omubiri kitegeeza ki mu nsi ey'omwoyo? Soma Yokaana 4:3-35. Yesu yali ayita mu Samaliya e Buyudaaya. Bwe yawummula okumpi n'oluzzi, abayigirizwa be baagenda okunoonya emmere. Nga bagenze omukazi omusamaliya yajja okusena amazzi mu luzzi, Yesu n'amubuulira enjiri.

Abayigirizwa be bwe bakomawo n'emmere, Yesu na'abagamba nti;

Nze nnina ekyokulya mmwe kye mutamanyi...Ekyokulya kyange kwe kukola eyantuma by'ayagala. (Yokaana 4:32,34)

Ekyaaali kisinga obukulu eri Yesu, ekyali kyetagibwa ennyo okusinga emmere ey'omubiri n'ebyetaago eby'obulamu, kwali kukola kwagala kwa Katonda amalirize omulimu gwe. Mukiseera kino Yesu mwe yakozesa ekyokulabirako ky'amakungula ky'omubiri mu mbooji ye. Yakikozesa okusobola okulaga ekyo kye yali yakagamba abayigirizwa be. Ekintu ekisinga obukulu mu bulamu kwe kukola okwagala kwa Katonda n'omulimu gwe.

OKWAGALA KWA KATONDA N'OMULIMU GWE.

Okwagala kwa Katonda kye ki? Omulimu gwa Katonda kye ki? Kitubikkulirwa mu kwolesebwa okw'amakungula. Yesu yagamba abayigirizwa be okuyimusa amaaso gaabwe batunuulire ennimiro ez'omubiriezaali zituuse okukungulibwamu. Yeeyambisa ennimiro zzino ng'ekyokulabirako kye nnimiro ez'omwoyo ez'ebibiina bya basajja n'abakazi okwetoolola ensi yonna abaali balindiridde okukungulibwa ku lw'obwakabaka bwa Katonda.

Omukazi omusamaliya gwe yali yaakamala okwogera naye yali kyakulabirako eky'amakungula ag'omwoyo ekyamaanyi. Yali mwetegefu okufuna enjiri era n'agikkiriza mu ssanyu eringi. Okuyita mu 'kukungula' omukazi ono omu, ekibuga kyonna kyasobola okumanya Yesu:

Abasamaliya bangi ab'omu kibuga abamukkirizaamu olw'ebyo omukazi bye yabategeeza, ng'abagamba nti...

Awo ne bagamba omukazi nti, "Tumukkiriza si lwa bigambo byo byokka, naye naffe twewuliridde ebigambo bye. Ddala tutegedde nga ye Mulokozi w'ensi. (Yokaana 4:39, 42)

OKWOLESEBWA LEERO.

Nga bayimiridde wakati mu nimiro y'omubiri erabibwako ku olwo, abayigirizwa baasisinkana okuzalibwa kw'okwolesebwa okw'omwoyo. Okwolesebwa kwe kumu Yesu kwayagala kuzaalibwe mu mwoyo gwo. Ayagala akuwe okwolesebwa okw'ennimiro z'amakungula ag'omwoyo ageetegeese okukungulibwa ku lw'obwakabaka bwe.

Bw'olizuula amazima agali mu kwolesebwa okwo, n'otegeera obuvunanyizibwa bwo mu kukutuukiriza, obulamu bwo tebulisigala ky'ekimu. Yesu mungeri etegeerekeka yagamba;

Ennimiro y'ensi... (Matayo 13:38)

Olukalu lw'omuddugavu (Afirika), Amerika ey'omumambuka, Amerika eyamaserengeta, olukalu lw'omuzungu, ebizinga by'agayanja, ennimiro z'amakungula ez'ensi zirimu abantu bangi abetegefu okuwulira amawulire amalungi ag'obwakabaka bwa Katonda.

Okwolesebwa tekukyuse, kukyaali kwe kumu nga bwe kwazalibwa Yesu mu bulamu bwa bayigirizwa be. Okwagala kwa Katonda kwe kumu kubanga omulimu gwe tegunnaba kugwa.

Waliwo obukadde n'obukadde bw'abantu abatannategeezebwa, okwolesebwa kukyaali nnimiro z'amakungula ez'ensi.

LWAKI AMAKUNGULA?

Lwaki Yesu yakozesa eky'okulabirako ky'amakungula okulaga okwolesebwa kwe yayagala okuwa abagoberezi be? Waliwo ebintu ebirala bingi eby'omubiri byeyandikozesezza. Lwaki yalondako amakungula?

Amakungula kyali kyakulabirako abayigirizwa be kyebandiyigiddeko amangu. Ebyafaayo ku bantu ba Katonda aba Yisirayiri byalaga Adamu nga yeyasooka okulima ettaka. Okulima nekweyongera mu maaso okutuuka mu biro bya Musa mwe kwafuuka empagi enkulu ewanirira eby'enfuna.

Mu biro eby'obuweereza bya Kristo, ebyenfuna bya Yisirayiri byali byetooloolera kukulima. Okukungula kwakolebwanga buli kiseera okumala omwaka gwonna. Amakungula g'obugogwa ne Sayiri gaabangawo mu mwezi ogwokuna n'ogwokutaano, amakungula g'ehhano oluvannyuma lwa wiiki nga mukaaga mu mwezi ogwomukaaga okutuusa mu gwomusanvu. Emizabbibu, emitini, alumooni, n'ezzabbibu ezaakatandika byakuhhanyizibwa mu mwezi ogwomukaaga. Amazayituuni n'ezzabbibu z'omu bbugumu byakungulwanga mu mwezi ogwomunaana n'ogwomwenda, enkomamwanga mu gw'ekkumi. Amazayituuni g'omumambuka ge Galiraaya n'emitini gy'obutiti by'akuhhanyizibwanga mu mwezi gw'ekkumi n'ogumu.

Eby'enfuna tebyetoolooreranga kumakungula gokka, byali ku mutima gw'enkola ey'eddiini eya Yisirayiri. Embaga enkulu ez'eddiini Katonda zeyateekawo eri abantu zaali zeekuusa ku makungula. Okuyitako kwabangawo mu biro by'amakungula g'Essayiri (Okuva 23:16). Oluvannyuma lwa wiiki musanvu, mu biseera byamakungula g'ehhaano, ye yali embaga ya Pentekoote (Okuva 34:22). Embaga y'ensiisira yakolebwanga mu mwezi ogwomusanvu, kyali kiseera kya makungula g'ebibala (Okuva 34:22).

Olwokuba nga kalenda yonna, eby'enfuna n'enkola ez'eddiini byasinziranga ku makungula, abayigirizwa baali bategeera bulungi ekyokulabirako kino, naye ekisinga obukulu waaliwo ebyagobererwanga mu kusimba n'okukungula ebyakosanga amakungula gano ag'omubiri.

Amateeka ag'omubiri nago gaatekebanga mu nkola mukukungula okw'omwoyo. Abayigirizwa ba Yesu baasobolanga okutuukiriza ennono zino mu kukungula okw'omwoyo kubanga baali bazimanyidde mu nsi ey'omubiri, kyalentanga amakungula ag'omwoyo amayitirivu. Tujja kusoma ennono mu lusoma luno oluvannyumako.

Ekisinga obukulu, abayigirizwa baazuula obwetavu bw'ekyokulabirako ky'amakungula ag'omubiri. Ekibala nga kyengedde kyetaaga kikungulirwewo awatali ekyo ky'onooneka, kiba kyetaaga okukungulibwa kireme okuvunda.

Amakungula singa gaali mangi naye ng'abakungula batono, wabaawo okufiirwakw'ekibala. Eky'omwoyo ekifaanana na kino eky'omubiri ky'ekizibu Yesu kye yagamba;

Eby'okukungula bingi nnyo, naye abakozi abakungula batono. (Matayo 9:37)

OKUFUNA OKWOLESEBWA.

Yesu bwe yayogerako eri abagoberezi be ku kwolesebwa okwamakungula, yalaga emitendera etaano egiyiza okubasobozesa okufuna okwolesebwa.

(1)MWE TEMUGAMBA NTI (2)EKYASIGADDEYO EMYEZI ENA amakungula gatuuke? (3) NZE MBAGAMBA NTI, (4) MUYIMUSE AMAASO GAMMWE, (5) MULABE ENNIMIRO, ebibala byengedde bituuse okukungula. (Yokaana 4:35)

OMUTENDERA OGUSOOKA.

“Mmwe temugamba nti...”

Abakkiriza bangi mu bulamu bwabwe bwonna boogera ku makungula. Balinga ekibinja ky’abakozi abagezaako okukuhhanya amakungula nga batudde mu tterekero. Bagenda mu tterekero (Ekkansa) buli lwa Ssande kumakya ne bayiga engeri ez’amaanyi ez’okulima (okukungula mu mwoyo). Bawagala ebyambe by’okukunguzisa ne badda ewaka. Bakomawo ekiro ekyo okuyiga engeri z’okulima ezisinga, bawagala ebyambe byabwe era ne baddayo ewaka.

Bakomawo era ne wakati wa wiiki bongere okuyiga engeri ezisingako, bawagala ebyambe byabwe byabwe era baddayo ewaka. Bakikola buli wiiki okutuusa nga wiiki zifuuse emyezi, emyezi okufuuka emyaka, nga tewali muntu n’omu agenda mu nnimiro kukuhhanya makungula.

Yesu bwe yagamba; “Mmwe temugamba nti...” yali ateggeeza nti okwogera obwoegezi ku kungula mu mwoyo, kyali tekimala, olina okwetaba butereevu mu kukungula okwo. Kino tekitegeeza nti buli omu waakuleka emirimu gye agende eri ekkansa asabe obuyambi bw’ensimbi ezinaamutambuza abuulire enjiri eri amawanga. Naye mu ngeri y’emu buli mukkiriza asaana yeenyigire mu mulimu gw’okukungula. Abamu bayinza okuba mu malimiro agabali okumpi n’ennyumba zaabwe wamu n’ekkanisa, gayinza okuba amakungula mu masomero gaabwe, ku mirimu gyaabwe oba mu bitundu byaabwe mwe bawagalira ne mu byalo. Abalala amakungula gayinza okuba mu nnimiro ez’ewala. Ekituufu kiri nti buli mukkiriza ateeddwa okwenyigiramu so si kwogera bwogeezi ku makungula.

OMUTENDERA OGWOKUBIRI.

“Esigaddeyo emyezi ena...”

Okufuuka ekitundu ku kwolesebwa kw’okungula mu kiseera kino, tosobola kulinda okutuusa ekiseera mwe weenyigiramu. Kati emyoyo gifiira mu kibi era abasinga, enkya luba luli wala nnyo.

Kozesa oluwabyo lwo, kubanga ekiseera eky’amakungula kituuse; mujje mubabetente nga bwe mulinnyirira emizabbibu mu ssogolero okutuusa envinnyo lw’ekulukuta, ekibi kyabwe kinene nnyo.

Abantu bukadde na bukadde bali mu kiwonvu eky’okusalirwa omusango! Kubanga olunaku lwa Mukama lusembedde lwaliramulirako mu kiwonvu eky’okusalirwamu omusango. (Yoweeri 3:13-14)

OMUTENDERA OGWOKUSATU.

“Nze mbagamba nti...”

Amakubo ga Katonda sige gamu n’agoomuntu.

Kubanga ebirowoozo byange si birowoozo byammweera n’amakubo gammwe si ge makubo gange,”bw’ayogera Mukama.

Ng’eggulu bwe liri waggulu okukira n’ensi,bwe gatyo amakubo gange bwe gali ewala ennyo n’amakubo gammwe,n’ebirowoozo byange bwe biri eri ebirowoozo byammwe. (Isaaya 55:8-9)

Abantu boogera ku makungula ag’omwoyo, bagalwisa, naye Katonda kyayogera kya njawulo ku ekyo omuntu kyagamba. Agamba nti...

OMUTENDERA OGWOKUNA.

“Muyimuse amaaso gammwe...”

Amaaso g’abayigirizwa gaali gabuzaabuziddwa. Gaali tegatunuulidde kwolesebwa okwamakungula g’ennimiro ag’omwoyo. Ng’onoofuna okwolesebwa kw’omwoyo oteekwa okwenyigiramu ggwe mwennyini. Olina okuyimusa amaaso go ag’omwoyo n’ogaggya ku bibuzaabuza eby’omubiri mu bulamu. Oteekwa okugayimusa okusukkuluma ku bizibu byo, ebikumalamu amaanyi, eby’enfuna n’ebyo ensi byefaako ennyo.

Oteekwa okuyimusa amaaso go okuva ku mbeera ez’obulamu okudda eri...

OMUTENDERA OGWOKUTAANO.

“Mulabe amakungula...”

Okuggya amaaso go ku bibuzaabuza n’ogazza ku nnimiro tekimala. Olina okutunuulira amakungula, oteekwa okulaba ennimiro z’ensi n’amaaso ga Katonda.

Abasinga tebalina kwolesebwa kwa mwoyo kubanga tebatunudde, tebazudde buvunaanyizibwa bwabwe eri ennimiro z’amakungula. Tebafuddeeyo ku mbeera za nnimiro z’amakungula eziri mu nsi yaffe leero.

OKUFUNA OKWOLESEBWA.

- Tolina kukyogerako bwogezi.
- Tosobola kukulinza.
- Oteekwa okuwuliriza Katonda ky’agamba, obuzibu akiraga ng’akaaba, “Nnaatuma ani, era ani anagenda ku lwaffe?” (Isaaya 6:8)
- Oteekwa okuyimusa amaaso go, n’ogaggya ku bibuzaabuza eby’ensi n’ogazza ku nnimiro y’amakungula.
- Oteekwa okutunuulira ennimiro z’ensi n’amaaso ga Katonda.

OKWEGEZAAMU.

1. Wandiiika olunyiriri olukulu okuva mu mutwe gwo.
.....
.....
2. “Eby’omubiri okufaanana amazima g’omwoyo” kitegeeza ki?
.....
.....
.....
.....
3. Ekyokulabirako eky’omubiri Yesu kyeyakozesa okuwa abayigirizwa be okwolesebwa mu mwoyo kyali kyakulabirako kya.....
4. Mu kyokulabirako eky’amakungula, ennimiro ye,
.....
.....
5. Leetayo ensonga ssatu lwaki Yesu yakozesa ekyokulabirako ekyomubiri ekyamakungula okuwa abagoberezi be okwolesebwa.
.....
.....
.....
.....
.....
6. Leeta emitendera etaano egikuweebwa mu Yokaana 4:35, egikuyamba okufuna okwolesebwa okw’omwoyo.
.....
.....
.....
.....
.....
.....

(Ebyokuddamu ku byokwegezaamu bikuwereddwa ku nkomerero y’ekitabo kino.)

OKWEYONGERA OKUSOMA.

Essuula eno ekkaatiriza okwenyigira mu kwolesebwa okw'amakungula ng'omuntu.

Soma olugero "Iw'omusamaliya omulungi" mu Lukka 10:25-35. Olugero luno lunnyonyola embeera z'okwenyigira mu kintu olw'obwetaavu bw'omuntu. Kino kimu kubyokulabirako by'engeri abakkiriza gye beeyisaamu eri okwolesebwa kw'ennimiro z'amakungula ez'omwoyo mu nsi. Zuula embeera z'omubbi, kabona, nnanyini nnyumba, n'omusamaliya mu lugero.

Era zuula embeera z'omulamuzi eyatandika okubuuza ekibuuzo ekyaviirako Yesu okutandika okunyuma olugero olwo.

Omuntu.

Enneyisa.

Omulamuzi.

Yalaba ekibuuzo eky'okukubaganyaako ebirowoozo.

Omubbi.

Yalaba omuntu w'okunyaga.

Kabona n'omuleevi.

Yalaba ekyetaago ng'ekizibu n'akyebalama era n'akireka awo.

Nnanyini nnyumba

Yalaba ow'okulabirira olw'empeera. Yalina endowooza nti, "Kiki kyenyanza okufuna mukino?"

Omusamaliya.

Yalaba omuntu ng'afa, amakungula agasaanawo, n'afaayo eri ekyetaago ng'akyennyigiramu ye yennyini.

ESSUULA EYOOKUSATU.

NE YEEKALIRIZA AMAWANGA.

EBIGENDERERWA:

Bw'onomala essuula eno, onooba osobola;

- Okunnonnyola kye kitegeeza okulaba ensi n'amaaso ga Katonda.
- Okutegeera embeera y'ennimiro z'amakungula ag'omwoyo bwe ziri mu nsi ebiro bino.
- Okusalawo okwegatta ku kibinja ky'abakunguzi ab'amawanga ag'enjawulo abayimusibwa Katonda okwetooloola ensi yonna.

OLUNYIRIRI OLUKULU.

Ne yeekaliriza amawanga. (Zabuli 66:7)

ENNYANJULA.

Essuula ewedde eyogedde ku bukulu bw'okuyimusa amaaso go ag'omwoyo otunuulire ennimiro z'amakungula mu nsi.

Abayiyigirizwa tebaalina kwolesebwa kwe kumu ne Yesu kwe yalina. Kyeyava abagamba okuyimusa amaaso gaabwe batunule basobole okulaba obwetaavu obw'amaanyi nga bwe yali abulabye.

Oteekwa okulaba ensi nga Katonda bwagiraba. Kino kikulu nnyo bwoba oyagala okukuza okwolesebwa kwo okw'omwoyo okutuukiridde.

Essuula eno etunuulira ennimiro z'amakungula ez'ensi. Baibuli eyogera ku Katonda nti, "Ne yeekaliriza amawanga." Katonda alaba ki bwatunuulira ennimiro z'amakungula ez'ensi?

OBWAMBE OBUTALAVVU, ENNIMIRO ENKALU.

Katonda alaba ensi ng'ennimiro y'amakungula:

Ennimiro y'ensi... (Matayo 13:38)

Okukaaba kujja mu matu ga Katonda okuva mu bantu b'ensi

Amakungula gayise, n'ekyeya kiyise, tetulokolebbwa." (Yeremiya 8:20)

Ennimiro z'amakungula ag'omwoyo ez'ensi, zifaanana ennimiro ez'omubiri nnabbi Yoweeri ze yakaabira.

Mmwe abalimi mukwatibwe entiisa, mmwe abalima emizabbibu mukaabe. Mukaabire enjaano ne sayiri, kubanga ebyandikunguddwa byonna biwedde. (Yoweeri 1:11)

Katonda bwe yeekaliriza amawanga g'ensi, alaba amakungula ag'omwoyo agasaanawo olw'ebbula ly'abakunguzi. Yesu teyayogerako nti walibaawo abasizi b'enjiri, wabula yayogera nti walibaawo abakozi ab'okukungula amakungula ag'omwoyo.

Eby'okukungula bingi nnyo, naye abakozi abakungula batono. (Matayo 9:37)

Olwaleero mu mambuka ga America, waliyo abawereeza b'ensi ebitundu 94% nga bawereeza abantu 6%. Kino kitegeeza nti ebitundu by'abantu bano 6% bokka bebagezaako okutuuka eri abantu 94% abasigaddeyo mu nsi yonna.

Waliwo abantu abakunnukkiriza obuwumbi busatu abakiikiridde abantu nga 16,000 ab'amawanga ag'enjawulo abeetaaga enjiri.

Waliyo ennimi ezisukka 2,000 ng'ekigambo kya Katonda tekinnazikyusibwamu.

Ku buli byalo 10,000 eby'e Buyindi, 9,950 tebalina babuulizi ba njiri. Yo mu Japaani, omugatte gw'abakristaayo bonna abaliyo awamu bateeberezebwa okuba ekitundu 1%.

Mu Latini Amerika, waliyo abantu nga obukadde butaano mu nsenyi abatannatusibwako njiri. Waliyo abasiraamu obukadde 750 n'abakristaayo abaminsani ababawererezaamu 500 bokka.

Obwetaavu obuli mu mawanga ga Afirika, Ssemazinga Asia, Amerika eyamaserengeta, ne mu Buwarabu byefananyiriza kubyokulabirako ebikuweereddwa.

Kino Katonda kyalaba bwatunuulira amawanga g'ensi;

OMUWAATWA.

Baibuli egamba;

Kubanga Katonda ali omu, era omutabaganya w'abantu ne Katonda ali omu, ye muntu Kristo Yesu, (1 Timoseewo 2:5)

Obwetaavu bw'omutabaganya bulaga nti waliwo omuwaatwa wakati w'enjuyi ebbiri ezitasobola kukkiriziganya.

Katonda bw'atunuulira ensi, alaba enkuyanja y'abantu abayimiridde mu luwonko olw'omwoyo. Ekireetawo oluwonko wakati wa Katonda n'omuntu ky'ekibi.

Yesu Kristo yemutabaganya w'omwonoonyi ne Katonda omutuukirivu. Teri asaobola kukirizigannya na munne nga tewali mutabaganya. Yesu yasobozesa omuntu okuba ng'anunulibwa okuva mu kibi akkirizibwe Katonda omutuukirivu.

Enkuyanja y'abantu balindiridde obubaka bw'omutabaganya asobola okuziba oluwonko ogubali wakati waabwe ne Katonda. Omulimu ogw'amaanyi Yesu gweyawa abagoberezi be kwe kuyingira mu luwonko. Yayogera ku kugenda e Yerusalemi, e Buyudaaya, e Samaliya, ne ku nkomerero z'ensi zonna.

Baali baakutandikira awo we baali nga babuulira mu Yerusalemi, okutuuka e Buyudaaya n'e Samaliya waali weetaagisa obugattike bw'obuwangwa okusobola okubuulirayo enjiri. E Samaliya baalina enzikiriza n'obuwangwa obw'enjawulo ku be Yerusalemi. Ebitundu by'ensi ebyesudde akabanga byali byoleka obuzibu obunene obwaliwo. Naye buli kitundu kyakiikirira nga oluwonko.

Mu kusooka abayigirizwa ba Kristo baali beebuzaabuzizza ku kuzibikira oluwonko olwali wakati wa Bayudaaya ne Bannamawanga. Olw'enjawukana mu buwangwa n'enzikiriza. Okutuusa

ng'okutulugunyizibwa kutandise baakola kitono nnyo okubunyisa enjiri eri ebitundu ebitali mu Yerusalemi. (Ebikolwa bya batume 8:4).

Bwoba waakutukiriza mulimu guno omunene n'okukungula, oteekeddwa okuva ku byobuwangwa, enzikiriza za bantu n'ebiyayi mwe bagwa. Oyinza n'okuleka ekitundu mwobeera. Oteekwa okuyingira mu luwonko olwo ng'obuulira enjiri y'omutabaganya w'omuntu ne Katonda.

OLUWONKO OLULALA.

Okwongereza ku luwonko lw'ekibi oluba wakati w'omuntu ne Katonda, waliyo oluwonko lw'omwoyo olulala olw'amaanyi. Lwe luwonko oluli wakati ku kusomoozebwa kwa Yesu kwe yatuwa okubuulira enjiri eri amawanga gonna, abantu ne balemererwa okukituukiriza.

Okutuusa ng'ofunye okwolesebwa kw'ennimiro z'amakungula ag'omwoyo, tolitegeera bulungi mulimu gwo mu bwakabaka bwa Katonda, ky'ekireeta okufaayo n'okuluhhamizibwa mu bulamu bw'obukristaayo. Okwolesebwa kw'okungula mu mwoyo kulina okuba nga kwe weesigamizza obulamu bwo. Abalala bakitwala ng'ekintu ekitono ennyo.

Twogera nnyo ku bintu bye twagala, twogera ku b'ami oba abakyala baffe, emikwano, eby'emizannyo ne byetusinga okunyumirwa. Twogera ku bintu ebitukwatako ennyo ng'ebyobufuzi, eby'ensimbi n'ebyenfuna. Naye emirundi emeka we twogera ku myoyo eggyabula? Tufuddeyo tutya buli lunaku ku nkuyanja z'abantu abalindirira mu luwonko, amakungula agoononekera mu nnimiro.

Paulo ayogera ku bintu byetukola bulijjo nga okulya n'okunywa ku lw'ekitiibwa kya Katonda (1 Abakolinso 10:31). Buli kyokola mu bulamu kisobola okwesigamizibwa ku kwolesebwa okw'okukungula mu mwoyo. Kino bwe kibaawo kikuwa okusomoozebwa okulala, ekyokukola n'okuluhhamizibwa mu bulamu bwo ng'omukkiriza. Buli lunaku weebuuza engeri gy'oyinza okutuukirizaamu okwolesebwa.

Bwozuula obuvunanyizibwa bwo eri abantu abangi mu luwonko, n'okwolesebwa okw'amakungula kusumulukukuka mu mwoyo gwo, ofuuka kitundu ku mulimu ogw'awamu. Omulimu guno ogw'awamu ky'ekibinja ky'abakkiriza okuva mu mawanga mangi abeegasse awamu okulaba ensi mu maaso ga Katonda n'okutuukiriza enteekateeka ye ey'okubuulira enjiri.

Mu biro ebiyise, ekisinde kino kibadde kiyitibwa "Abakkiriza ab'ensi." Be bakkiriza abasobola okugamba n'obuvumu ku buli nkomerero y'olunaku nti:

"Mannyi olunaku lwa leero obulamu bwange butuukiriza omulimu ogwampeebwa Kristo, n'okusinga eri abo enjiri beetanatuukako."

Kuno kwe kusomoozebwa okuli mu kukungula okw'omwoyo. Kuno kwe kulaba ensi mu maaso ga Katonda.

ENZIGI ENZIGULE.

Abantu balaba amawanga agamu nga gaggaddwa eri enjiri. Eggwanga bwe liyitibwa “Erigaddwa” eri obubaka bw’enjiri, kitegeeza nti obukulembeze bwalyo tebukkiriza baminsani bakristaayo era nga baagala n’okuggala ensalo zaago enjiri ereme kubuulirwa mu ggwanga eryo.

Naye katonda talabawo biremesa, talabawo mawanga “agaggadwa.” Kituufu nti ensi ezimu zigaddwa eri abaminsani kubanga obukulembeze bw’ensi ezo tebuyinza kufuunira abo abaagaala okubuulira obubaka bw’enjiri ebiwandiiko okuyingira ensi ezo.

Naye mu kwogera, oluggi lw’eggwanga “olw’emiryango” bwe luggalwa, wabaawo “oluggi olw’emanju” oluggulwa. Ebibinja by’abakozi abaabulijjo biyingira amawanga agagaddwa okuzimba amasomero, amalwaliro n’okulakulanya eby’obulimi nga bwe babuulirayo enjiri.

Abakkiriza abalala bayingira amawanga ng’abasomesa, abasawo. Emikutu gy’empuliziganya egiri ku mulembe nacyo giwaniridde enjiri okusukka ensalo. Ebibinja by’abegayirizi okuva mu mawanga ag’enjawulo biyingidde mu nsi yonna nga bayita mu kusaba.

Mu mawanga “agaggaddwa” abakkiriza abalimu batwala obuvunaanyizibwa bw’okubuulira enjiri mu nsi yaabwe nga bateekawo emikutu gy’okubuulira enjiri mu bifo ebikusike. Ensi “ezigaddwa” tezikulemesa kutuukiriza buvunanyizibwa bwo. Amakungula tegasobola kulemesebwa bukulembeze bwa nsi ezo.

Ky’olina okufaako, be bafuzi, n’amaanyi ag’ekizikiza agali emabega w’okulwanyisa ekigendererwa kya Katonda mu nsi yonna.

Kubanga tetumeggana na mubiri wadde musaayi, wabula tulwanyisa abafuzi, n’ab’obuyinza, n’amaanyi ag’ensi ag’ekizikiza, n’emyoyo emibi egy’omu bifo ebya waggulu. (Abaefeso 6:12)

Nyweza okwolesebwako eri ensi yonna. Tunuulira ennimiro z’amakungula. Nakuwalirako ebibuga nga Yesu bwe yakola. Laba ensi nga Katonda bw’agiraba. Okwolesebwa kwe kwa nsi yonna n’ekigendererwa kye tekiggwaawo okuva ku misingi gy’ensi.

OKWEGEZAAMU.

1. Wandiiika olunyiriri olukulu okuva mu mutwe gwo.
.....
.....
2. Muwendo ki ogw'abantu oguteeberezebwa okuba nga tegunnatusibwako njiri?
.....
.....
3. Nnimi z'abantu mmeka kyenkana nga Baibuli tennaba kukyusibwa mu nnimi ezo?
.....
.....
4. Kitegeeza ki okulaba ensi n'amaaso ga Katonda?
.....
.....
.....
5. Ki ekireetawo oluwonko wakati w'omuntu ne Katonda olwetaagisa omutabaganya Yesu Kristo?
.....
.....
6. Weeyambise akabonero "T" ku ntandikwa y'ekikuweereddwa ekituufu oba "F" ku buli ntandikwa y'ekikuweereddwa nga kikyamu.
(a)_____ Ensi ezigaddwa tezisobola kutwalibwamu njiri.
(b)_____ Abalabe abakulu betulwanyisa mu kubuulira enjiri be bakulembeze ab'amawanga g'ensi.
(c)_____ Yesu yagamba nti wajja kubaawo ebbula ly'abakunguzi mu nnimiro z'amakungula ag'omwoyo mu nsi.
7. Kitegeeza ki okubeera omukristaayo ow'ensi?
.....
.....
.....

(Ebyokuddamu kuby'okwegezaamu bikuweereddwa ku nkomerero y'ekitabo kino.)

OKWEYONGERA OKUSOMA.

Soma ku kwolesebwa kwa Nnabbi Isaaya mu Isaaya 6:1-9.

Kwali kwa...

- | | |
|-------------------------------------|--------------------------------|
| -kwolesebwa okwa waggulu [obuwanvu] | Yalaba Mukama. |
| -kwolesebwa okw'omunda [okukka] | Yeeraba n'embeera ye eyomwoyo. |
| -kwolesebwa okwebweru [obugazi] | Yalaba ensi. |

Era kwali kwolesebwa okwa...

- | | |
|---------------------|---|
| -Obutukuvu. | Obwa Mukama. |
| -Obutasaanira | "Simaliriziddwa." [obutaba butuukirivu] |
| -Obutaba na ssuubi. | "Ani anagenda ku lwaffe?" |

Faayo ku bigambo bino...

- | | |
|---------------|-------------------------------------|
| Zinsanze nze; | Kigambo kya kwatula (olunyiriri 5) |
| Laba | kigambo ekyokutukuza (olunyiriri 7) |
| Genda | kigambo kya kutuma (olunyiriri 9) |

EKITUNDU EKYOKUBIRI: OKUFUNA ENDOWOOZA.

Okutegeera ekintu ekikulu ekiri emabega w'okwolesebwa.

ESSUULA EYOOKUNA.

ENSI MU KIGAMBO.

EBIGENDERERWA:

Bw'omala okusoma essuula eno, onooba osobola;

- Okunnyonyola enteekateeka ya Katonda eri amawanga ag'ensi nga bwe yali okuva mu luberyeberye.
- Okuzuula okwolesebwa kuno nga bwe kubikkulirwa mu Baibuli okuva mu luberyeberye okutuuka mu kubikkulirwa.

ENNYIRIRI ENKULU.

Yatubikkulira ekyama eky'okwagala kwe, ng'okusiima kwe bwe kuli kwe yatekerateekera mu Kristo.

Olwo ekiseera ekituufu bwe kirituuka, Katonda alikola byonna bye yateekateeka, n'ateeka ebintu byonna awamu wansi wa Kristo, ebiri mu ggulu n'ebiri ku nsi. (Abaefeso 1:9-10)

ENNYANJULA.

Ekitundu ky'olusoma luno olusoosa kitulaze omutendera ogusooka mu "Ngeri z'okukungula mu mwoyo." Kyogedde ku kulaba mwoyita okuzuula okwolesebwa. Essuula zino zikulakulanyizibwa okuviira ddala ku kuzaalibwa kw'okwolesebwa, okuzuula okwolesebwa, n'okulaba ensi mu maaso ga Katonda.

Essuula eno efudde nnyo ku kufuna endowooza omutendera ogwokubiri mu "Ngeri z'okukungula mu mwoyo. Ensonga enkulu eri emabega w'okwolesebwa okw'amakungula kwe kugatta omulamwa gw'ensi n'ekigambo kya Katonda ekitubikkulirwa ekigendererwa kye eri ensi yonna.

EKIGENDERERWA KYA KATONDA.

Okuva ku luberyeberye, Katonda yalina ekigendererwa kwe yasinziranga okukolagananga, okusuubirizanga, n'okuwa obwa nnabbi eri omuntu.

Katonda abikkulidde abakkiriza ekigendererwa kye:

Yatubikkulira ekyama eky'okwagala kwe, ng'okusiima kwe bwe kuli kwe yatekerateekera mu Kristo.

Olwo ekiseera ekituufu bwe kirituuka, Katonda alikola byonna bye yateekateeka, n'ateeka ebintu byonna awamu wansi wa Kristo, ebiri mu ggulu n'ebiri ku nsi. (Abaefeso 1:9-10)

Ekigendererwa kya Katonda okuva mu luberyeberye kwe kugatta eggulu n'ensi mu Yesu Kristo. Okwolesebwa kwe kwa nsi yonna, era...

Mukama waffe taludde kutuukiriza ekyo kye yasubiza ng'abamu bwe balwooza. Wabula ye akwabagumiikiriza, nga tayagala muntu yenna kubula, naye bonna beenenye. (2 Peetero 3:9)

Ekigendererwa kya Katonda kwe kulokolebwa okw'ensi. Olw'okuba nti ekyo kyagenderera, naffe tuteekwa okuba nga kyetugenderera. Tuteekwa okufuula ekigendererwa kye eri ensi yonna nga kyekisinga obukulu.

Mu nsi mulimu ebyetaago bingi nnyo nga; ebyenjala, okulumwa obwavu, obulwadde, okutulugunyizibwa. Enkola ez'obuwangwa zigezeseddwa nnyo mu kulwanyisa ebintu ng'ebyo, mu butuufu ne Baibuli esomesa ku kufaayo eri ebintu ekika ekyo.

Naye okwolesebwa kw'ennimiro ez'amakungula, okwokungula abasajja n'abakazi eri obwa Kabaka bwa Katonda kuteekwa okusigala nga kyekisinga obukulu. Ebyetaago biri ebirala bisobola okufunibwa kasita ebibinja by'abakkiriza ab'obuvunanyizibwa biba nga binywedde.

Okutambuza enjiri kubaamu ebyetaago eby'obuntu binji naye okukungula mu mwoyo, nga tuwangula abasajja n'abakazi eri Yesu Kristo kye tuteekwa okuba nakyo mufe nga bwe kiri eri Katonda kye kigendererwa ekikulu.

ENDAGAANO ENKADDE.

Ekigendererwa kya Katonda kisobola okuzuulibwa okuva mu luberyeberye okutuuka mu kubikkulirwa. Ekigambo kye kyafaayo ku ngeri gye yakwatangamu abantu n'amawanga okusobola okutuukiriza ekigendererwa kye.

Omulumu ogwasooka ogwamaanyi Katonda yagamba Adamu ne Kaawa...

Mwale mujjuze ensi, mugifugenga...(Oluberyeberye 1:28)

Adamu ne Kaawa baali baakujjuza nsi n'abantu abaalina okuba nga bo. Abaatondebwa mu kifaananyi kya Katonda, nga baleka emyoyo okuba nga gikolagana ne Katonda. Baalina okuzaala abaana ab'omubiri abalabika. Mu mwoyo baalina okuzaala abakkiriza.

Oluvannyuma Katonda yakola endagaano wakati we ne Ibulayimu. Endagaano eno yali ekwata ku nsi yonna. Yagamba Ibulayimu nti;

Era mu zzadde lyo amawanga gonna mwe galiweerwa omukisa. (Oluberyeberye 22:18)

...Mu ggwe ne mu zadde lyo amawanga gonna ag'oku nsi mwe galiweerwa omukisa. (Oluberyeberye 28:14)

Mu Ibulayimu mwe mwava eggwanga lya Isirayiri. Katonda yeeyambisa Isirayiri ng'ekyokulabirako eri amawanga agaali gabeetoolodde. Amawanga g'ensi gaweewwa omukisa nga Katonda bw'abebikkulirwa okuyita mu Isirayiri.

Mu biro eby'ebibonyoobonyo mu Misiri, Katonda yagamba Faraawo nti okulumulwa kwajja gy'ali okumulaga nti Katonda yali waggulu w'ebintu byonna.

Kubanga ku mulundi guno nzija kukusindikira kawumpuli ku ggwe kennyini, ne ku baweereza bo, ne ku bakungu bo, olyoke otegeere nga tewali ali nga nze mu nsi yonna. (Okuva 9:14)

Yisirayiri bweyasisinkana obuzibu bw'okujjula kw'omugga Yoludaani, Katonda yakaliza omugga abantu b'ensi basobole okukakasa omukono gwe.

Ebyo byabaawo abantu b'omu nsi yonna bategeere ng'omukono gwa Mukama gwa maanyi era nammwe mulyoke mutye Mukama Katonda wammwe emirembe gyonna.

Eyo byabaawo abantu mu nsi yonna bategeere ng'omukono gwa Mukama gwa maanyi era nammwe mulyoke mutye Mukama Katonda wammwe emirembe gyonna. (Yoswa 4:24)

Daudi bwe yasisinkana Goliyaasi mu lutabaalo, yayogera nti Katonda yali wakumuwa obuwanguzi ensi yonna etegeere nti waliyo Katonda ow'amaanyi.

Olwa leero Mukama anaakuwaayo mu mukono gwange, ne nkukuba era ne nkusalako omutwe. Olwa leero nnaagabira emirambo egy'eggye ery'Abafirisuuti eri ebinyonyi eby'omu bbanga n'eri ensolo enkambwe ez'ensi, ensi yonna eryoke etegeere nga waliwo Katonda mu Isirayiri. (1 Samwiri 17:46)

Oluvannyuma lw'okutandikawo obwa Kabaka bwa Yisirayiri, Solomoni yazuula okwolesebwa kw'ekigendererwa kya Katonda, yalaga okwagala kwe nti;

... abantu bonna ab'omu nsi bamanye erinnya lyo era bakutyenga, ng'abantu bo Isirayiri bwe bakola... (1 Bassekabaka 8:43)

Daudi bwe yakaaba, yasindika okuyita kwe eri ennimiro z'amakungula ezamawanga ag'ensi:

Mutende ekitiibwa kye mu mawanga gonna,

Mutegeeze amawanga gonna nti Mukama y'afuga.(Zabuli 96:3,10)

Bannabi b'endagaano enkadde babiri Danyeri ne Yona baaweereza mu mawanga ag'enjawulo. Kino kitegeeza nti baatwala enjiri eri amawanga amalala agatali gaabwe.

Danyeri yajulira Katonda ng'akyaweereza ng'omukungu mu Babulooni. Yona yali mu minsani e Nineva.

Isaaya yakyogera nti Yisirayiri ye yalaba Katonda mu mawanga gonna.

Amawanga gonna ka gakuŋjaanen'abantu bajje. Ani ku bo eyali ayogedde ku bintu bino? Ani ku bo eyali alangiridde ebyaliwo? Leka baleete abajulizi okukakasa nti baali batuufuabawulira bagambe nti, Ddala bwe kiri."

Muli bajulirwa bange, bw'ayogera Mukama, omuweereza wange gwe nalonda: mulyoke mummanyeye, munzikirize, mutegeere nga Nze wuuyo: Tewali Katonda eyansooka era teriba mulala alinzirira.

Nze, Nze mwene, nze Mukama; okuggyako nze tewali Mulokozi.

Nze naleeta okwolesebwa ne nangirira ne ndokola; nze so si katonda mulala mugwira mu mmwe. Muli bajulirwa bange, bw'ayogera Mukama. (Isaaya 43:9-12)

Ebyawandiikibwa byonna eby'endagaano enkadde biraga Katonda ng'akozesa Yisirayiri nga abajulirwa be eri amawanga g'ensi.

Endagaano enkadde eraga ekigendererwa eky'obwa Katonda ekyokufaayo okuzza abantu n'amawanga mu kumanya amazima ne Katonda omulamu.

ENDAGAANO EMPYA.

Endagaano enkadde yalongoosa ekubo ly'okutuukirizaamu ekigenderewa kya Katonda mu kujja kwa Yesu Kristo. Endagaano empya eraga obuweereza bwa Yesu ng'atuukiriza okwagala n'ekigendererwa kya Katonda.

Yesu bwe yasoomooza abayigirizwa be n'okwolesebwa okwamakungula, yagamba;

Ekyokulya kyange kwe kukola eyantuma by'ayagala, era n'okutuukiriza omulimu gwe. (Yokaana 4:34)

Obulamu bwa Yesu bwonna bwali bwewaddeyo okukungula abasajja n'abakazi eri Katonda. Kyali kigendererwa kya bulamu bwe okutuukirira ennimiro z'ensi.

Naye n'abaddamu nti, "Kinsaanira okubuulira Enjiri y'obwakabaka bwa Katonda ne mu bifo ebirala kubanga eyo y'ensonga kyenava ntumibwa. (Lukka 4:43)

Yesu bwe yaddayo mu ggulu, yatulekera omulimu ogw'amaanyi ogwesigamizibwa ku kwolesebwa okw'amakungula ag'omwoyo. Kyawandiikibwa mu bitundu bya mirundi etaano eby'enjawulo mu ndagaano empya.

Awo Yesu n'asemberera abayigirizwa be n'abategeeza nti, Mpeereddwa obuyinza bwonna mu ggulu ne ku nsi.

Kale mugende mufuule abantu bonna mu nsi zonna, abayigirizwa nga mubabatiza mu linnya lya Kitaffe, Omwana era Mwoyo Mutukuvu.

Era mubayigirize okugonderanga byonna bye nabalagira mmwe, era Ndi nammwe bulijjo n'okutuukira ddala ensi lw'eriggwaawo. (Matayo 28:18-20)

N'abagamba nti, Mugende mu nsi yonna mubuulire Enjiri eri abantu bonna.

Abo bonna abakkiriza ne babatizibwa balirokolebwa, naye abo abatakkiriza balisilirwa omusango ne gubasinga.

Era abo abakkiriza baligoba baddayimooni ku bantu mu linnya lyange, era balyogera ennimi empya.

Banaakwatanga ku misota, era bwe banaanywanga ekintu kyonna ekyobutwa tekiibakolengako kabi, era banasanga emikono gyabwe ku balwadde ne babawonya. (Makko 16:15-18)

N'alyoka asumulula emitima gyabwe, ne bategeera ebyawandiikibwa.

N'abagamba nti, "Kyawandiikibwa dda nnyo nti Kristo kimugwanira okubonaabona, n'okufa era ku lunaku olwokusatu azuukire mu bafu.

Era mu linnya lye Enjiri ey'okwenenya n'okusonyiyibwa ebibi eribuulirwa amawanga gonna okutandikira mu Yerusalemi.

Muli bajulirwa b'ebyo, Laba mbaweereza ekisuubizo kya Kitange. Mubeere mu kibuga okutuusa lwe mulyambazibwa amaanyi agava mu ggulu." (Lukka 24:45-49)

...Nga Kitange bwe yantuma, nange bwe mbatuma mmwe. (Yokaana 20:21)

Naye muliweebwa amaanyi, Mwoyo Mutukuvu bw'alimala okubakkako, era munaabanga bajulirwa bange mu Yerusalemi, ne mu Buyudaaya yonna, ne mu Samaliya okutuukira ddala ku nkomerero z'ensi. (Ebikolwa 1:8)

Ng'abakkiriza, buvunaanyizibwa bwaffe okutuukiriza ekigendererwa kya Katonda ng'abajulirwa eri amawanga g'ensi.

Ekitabo ky'ebikolwa bya batume kituwa ebyawandiikibwa ku kuzaalibwa kwe Kkanisa eyasooka. Omulamwa omukulu gufunziddwa mu njogera; "Munaabanga bajulirwa bange" (Ebikolwa 1:8). Enkola eno ey'okubeera omujulirwa, eragibwa mu kitabo kyonna eky'ebikolwa by'abatume.

- Okumanyisibwa eri abayudaaya (Ebikolwa 1:1-8)
- Okumanyisibwa eri abayudaaya ne banamawanga (Ebikolwa 8:4-12, 25)
- Okumanyisibwa eri banamawanga (Ebikolwa 13:1-28,31)

Ekkansa eyasooka yatandikibwawo mu bwoleke obw'amaanyi nga bwe kyawandiikibwa mu bikolwa bya batume 2. Katonda yatandika engeri y'okulondawo omubiri gw'abantu omupya, Ekkansa, abajulirwa be mwe baali ab'okuyita okusobola okutuuka eri amawanga ag'ensi.

Katonda eyatonda ebintu byonna yayagala nnyambe buli muntu okutegeera ebyekyama ebyali bikwekeddwa mu Katonda.

Katonda yakigenderera atyo, ng'ayita mu kkanisa, alyoke yeeyoleke eri amaanyi n'obuyinza ebiri mu nsi ey'omwoyo eya waggulu, ng'abalaga nga bw'alina amagezi amangi ag'ebika eby'enjawulo. (Abaefeso 3:9-10).

Ekgendererwa kya Katonda mu kino kiri nti; okuyita mu kkanisa, enteekateeka ye ey'okununula okuyita mu Yesu emanyikibwa eri ensi yonna.

Ebbaluwa eziri mu ndagaano empya zinnyonyola ekifo, entegeka, ebirungi, n'obuvunaanyizibwa bw'abantu abali mu Kkanisa. Ekkansa etegekeddwa obulungi etasomesa busomesa naye eyoleka amaanyi ga Katonda, yali yakuwaayo abakozi eri ennimiro z'amakungula ez'ensi.

Mu kubikkulirwa 1-3, Yokaana yawandiika ku bulamu obwali mu Kkanisa ezaaliwo ku nkomerero y'ekyasa ekisooka. Mu kuwandiika kwe tulaba embeera y'ekkanisa mu miremba ebiri oluvannyuma lwa Pentekoote.

Ekkansa ezimu zaali zeerabidde ekigendererwa kyazo, ezimu nga zinnyogoga mu mwoyo era nga tezirina maanyi. Nawaakubadde embeera y'ekkanisa yali etyo mu ssuula ezo, ekigendererwa eky'obwa Katonda kyali tekikyuse.

Labu nnyimiridde ku luggi era nkonkona. Buli awulira eddoozi lyange n'aggulawo, nnaayingira omumwe ne tuliira wamu ffembi. (Okubikkulirwa 3:20)

Eri buli muntu, okuva mu ggwanga lyonna, oluse, n'olulimi. Katonda ayagala kw'ebikkula. Okuva ku luberyeberye, ekigendererwa kya Katonda tekikyuse.

Weetegereze;

Harvestime international institute, ekuwa olusoma oluyitibwa “okulakulakulanya okulabira ensi mu Kigambo.” Ekyongerwa okulaga ekigendererwa kya Katonda eri amawanga g’ensi nga bwe kibikkulirwa mu Kigambo.

OKWEGEZAAMU.

1. Wandiiika ennyiriri enkulu ng'oziggya mu mutwe gwo.

.....
.....
.....

2. Wandiiika "T" ku ntandikwa y'ekyo ekituufu ate "F" ku ekyo ekikyamu.

- (a)_____ Katonda tannabikkula kigendererwa kye eky'obwa Katonda eri omuntu.
(b)_____ Ekigendererwa kya Katonda kwe kugatta ebintu byonna mu Yesu Kristo.
(c)_____ Ebyawandiikibwa mu ndagaano enkadde biraga Katonda yakozesa Yisirayiri okujulira eri amawanga g'ensi.
(d)_____ Mu ndagaano empya, ekkansa leero gwe mubiri Katonda mwayagala okuyita, enjiri emanyisibwe.

3. Ekigendererwa ekyo bwa Katonda kye kiriwa? Waayo lwakiri olunyiriri lumu olukakasa ensonga yo.

.....
.....
.....
.....
..... okujulira.....

(Ebiddibwamu ku by'okwegezaamu bikuwereddwa ku nkomerero y'ekitabo kino.)

OKWEYONGERA OKUSOMA.

1. Soma okubikkulirwa essuula 1-3 omuli obubaka bwa Katonda eri ekkansa mu Asia.
Wandiika ebisanyizo bye Kkanisa zino Katonda byayogerako. Ebisaanyizo bino biyinda kuyamba bitya ekkansa okubunyisa enjiri?
Wandiika ebizibu ebiri mu kkanisa Katonda byayogerako. Ebizibu biyinda bitya okulemesa ekkansa okutuukiriza ekigendererwa kyayo eky'okujulira eri amawanga mu nsi?
2. Weeyongere okusoma ku nsi mu Kigambo. Omwaka oguddako soma Baibuli yonna n'ekigendererwa ekyawamu ekya Katonda okuba mu ndowooza yo.

Zuula enyiriri ezikwatagana n'engeri Katonda gy'akwatamu amawanga g'ensi. Weeyambise ekkalamu eya langi ey'enjawulo osaze ku nnyiriri ezo mu Baibuli yo.

Ebimu ku bigambo by'oyinda okusanga ebinaakuyamba okuzuula ennyiriri ezo bye bino.

- Ensi.
- Omulembe mu nsi.
- Eggwanga n'amawanga.
- Bannamawanga (Ekitegeeza amawanga amalala gona agatali Yisirayiri.)
- Abantu b'ensi (Abatanakkiriza kigambo kya Katonda.)

EKITUNDU EKYOKUSATU: OKUFUULA.

Ebigendererwa byokutuukiriza okwolesebwa.

ESSUULA EYOOKUTAANO.

OBWAMBE OBUTALAVU, ENNIMIRO ENJEREERE.

EBIGENDERERWA:

Bw'omala okusoma essuula eno, onooba osobola;

- Okuzuula ebintu ebiremesa okukungulu mu nsi ey'omubiri.
- Okukozesa ennono z'omubiri mu makungula ag'omwoyo.

ENNYIRIRI ENKULU.

Temubuzibwabuzibwanga, Katonda tasekererwa, kubanga omuntu ky'asiga era ky'alikungula.

Kubanga oyo asiga eri omubiri gwe, alikungula ebiggwaawo. Naye oyo asiga eri omwoyo, alikungula obulamu obutaggwaawo. (Abaggalatiya 6:7-8)

ENNYANJULA.

Ekitundu ky'olusoma luno ekyasoose, kyayanjudde okwolesebwa kw'amakungula. Eky'okubiri kyazudde ebigendererwa okwesigamizibwa okwolesebwa. Ekitundu kino ekyokusatu kikwata ku "kufuula." Kituwa enteekateeka etutuusa ku kiruubirirwa okutuukirizibwa kw'okwolesebwa.

Essuula eno ennyonnyola ensonga eziviraako amakungula g'omwoyo amabi. Kikulu nnyo okumanya engeri **SO SI** kukola bukozi kintu nga bwe kiri, manya engeri gye kikolebwamu.

Musiga nsimbi ayitibwa Thomas Edison omu Amerika yagezaako emirundi egiwera 1500 nga tannaba kufuna bbalubu etuukiridde, emirundi eggyo gyona yali ng'alemererwa. Bwe yabuuzibwa ku ngeri z'okugeza emirundi egyo gyonna, yagamba gyaali gya mugaso kubanga, "Nnayiga engeri z'amirundi 1500 ez'obutaddamu kugikola" yali tayinza kwonoona biseera bye eby'omumaaso n'amaanyi ge mu ngeri ezitaalimu makulu.

Tolina kugeza makungula ga mwoyo. Katonda yalaga ensonga y'amakungula amabi mu kigambo kye. Kikulu nnyo okumanya ebintu ebyamakulu nga bino oleme kwonoona maanyi ga mwoyo. Eryo ly'essomo erigenda okukusomesebwa muno.

Essuula ebbiri eziddako zikwata ku "Ngeri z'okukungula," ennono ezivirako amakungula agatuukiridde "okukungula obeeko ky'ofuna" etuzuulira engeri n'ebikozesebwa okukungula mu mwoyo.

ENNONO EYA “SINGA –NAYE”

Waliwo ennono enkulu mu kigambo kya Katonda eyitibwa “singa-naye” Katonda awadde abantu be ebisuubizo bingi ng’ebisinga bisinziira ku nnono eya “singa-naye” Ekyamateeka 28 ky’ekimu kubyokulabirako eby’ennono eno. Katonda asuubiza.

Bw’onoogonderanga Mukama Katonda wo n’okwatanga amateeka ge gonna ge nkuwa leero, Mukama Katonda wo alikugulumiza n’akuteeka waggulu w’amawanga gonna ag’oku nsi. (Ekyamateeka 28:1)

Essuula eno eraga emikisa abantu ba Katonda gye banasisinkana singa bamuweereza. Mu mikisa eggyo, mulimu ekisuubizo ky’amakungula ag’omuyiika mu nsi ey’omubiri:

Onooweebwanga omukisa bw’onoobeeranga mu kibuga ne bw’onoobeeranga mu kyalo.

...n’ebisimbe eby’omu ttaka lyo... (Ekyamateeka 28:3-4).

Naye olunyiriri 15 lulabula.

Awo olunaatuukanga bw’otoogonderanga ddoobozi lya Mukama Katonda wo, n’otokwatanga mateeka ge na biragiro bye, bye nkulagira leero, kale ebikolimo bino byonna binaakutuukangako ne bibeera naawe: (Ekyamateeka 28:15)

Mu bikolimo ebiva mu kukyama n’ova mu kkuubo lya Katonda, ge makungula amabi mu nsi ey’omubiri

Onookolimirwanga mu kibuga n’okolimirwanga ne mu kyalo...Onoosiganga ensigo nnyingi mu nnimiroyo, kyokka onookungulangamu katono...

Onoosimbanga essamba z’emizabbibu n’ogisiliranga bulungi, naye toonywenga ku nvinnyo wadde okukunganya ebibala bya zabbibu, kubanga ensirinanyi zinaabiryanga.

Onoobeeranga n’emiti egy’emizeeyituuni mu nsi yo yonna, naye togenda kukozeesanga ku mafuta gaagyo, kubanga emizeeyituuni gyo ginaakunkumukanga ne gigwa wansi.

Enzige zineefuganga emiti gyo gyonna n’ebibala eby’omu ttaka lyo. (Ekyamateeka 28:16,18, 38-42)

Essuula eno mu kyamateeka etulaga ennono eya “singa-naye” ebisuubizo bya Katonda biriko obukwakulizo okusinziira ku ngeri gye tukozeemu.

EBY’OMUBIRI NEBY’OMWOYO EBIFAANAGANA.

Baibuli ebikkula ennono ezivaamu amakungula ag’omuyiika mu nsi ey’omubiri. Era erabula ne ku birime ebibonaabona n’amakungula amabi singa ennono zino tezigobererwa.

Ennono zino zikola mu kusiga kwennyini n’okukungula mu nsi ey’omubiri, naye era bifaanana amazima g’omwooyo agamaanyi. Okutegeera ennono zino kija kukutuusa ku makungula g’okubunyisa enjiri mu nsi. N’okukozesa ennono mu buli kanyomero k’obulamu bwo, kikuweesa omukisa gwa Katonda, mu byensimbi, ebintu ebikalu, mu mubiri, ne mu ndowooza yo.

SITAANI KYAYAGALA MU MAKUNGULA.

Sitaani alina kyayagala mu makungula ag'omwoyo. Yesu yagamba Peetero.

Simooni, Simooni, Setaani asabye okukuwewa ng'enjaano. (Lukka 22:31)

Sitaani ayagala okuwewa ebirungi byonna by'olina mu bulamu bwo wasigale bisasiro byokka. Tayagala okungule makungula ga mwoyo. Okuyamba okuzuula enkola za Sitaani mwayita okuwewa amakungula mu bulamu bwo, Katonda yalabula ku bintu ebiziyiza okukungula mu mwoyo.

Okusobola okuteeka mu nkola ebyo ebireetera amakungula agatuukiridde, kikulu nnyo osooke werese ebyo byonna ebinyinza okukulemesa okukungula mu bulamu bwo. Oteekwa okulwanyisa ebintu bino ebyobulabe. Kiringa kuteekateeka ttaka ly'okusimbako mu nsi ey'omubiri. Ettaka lirina okukabalibwa, nolyanjala n'oggyamu amayinja n'amaggwa nga tonnaba kulisimbamu nsigo.

ENSONGA EZIVIIRAKO AMAKUNGULA AMABI.

Zino z'ensonga eziviirako amakungula amabi;

OBUTAGONDERA KIGAMBO KYA KATONDA.

Ekyawandiikibwa ekyatulagiddwa mu Ekyamateeka 28, kyatulaze eky'okulabirako ku nsonga ezireetera amakungula g'omwoyo amabi. Obutagondera kigambo kya Katonda, Katonda yasuubiza amakungula ag'omuyiika singa abantu bakwata amateeka ge, naye bwe batakikola, awo n'amakungula gajja kufa.

Mu Isaaya essuula eyookutano, Katonda ayogera ku Yisirayiri ng'ennimiro y'emizabbibu. Olw'obutagondera kigambo kye (olunyiriri 13 ne 20), tebasobola kubala bibala, bwotogondera Katonda, ofuna enjala y'omwoyo.

Ekiseera kijja, bw'ayogera Mukama Katonda,lwe ndisindika enjala mu nsi yonna,teriba njala ya mmere oba nnyonta y'amazzi,naye eriba enjala y'ekigambo kya Katonda.

Abantu balibundabunda okuva ku nnyanja emu okudda ku ndala,bave mu bukiikakkono badde mu bukiikaddyonga banoonya ekigambo kya Mukama,naye tebalikifuna. (Amosi 8:11-12).

OKWERABIRA KATONDA.

Ensonga endala evaako amakungula amabi kwe kwerabira Katonda nga toyatula bukulu bwe, kifo kye mu bulamu bwo.

Weerabidde Katonda omulokozi wo, so tojjukidde Lwazi lwa maanyi go; kyova osimbamu ebisimbe eby'okukusanyusa n'osigamu omuzabbibu oguvudde ebweru.

Wadde obisimba bulungi nnyo ne bimera ku lunaku lw'obisimbye, era bimerusa ensigo ku makhya kwennyinikwe bisimbiddwa, tolibaako ky'okungula wabula obulumu obutawonyezeka n'ennaku ey'ekitalo. (Isaaya 17:10-11)

Okumanya Katonda kyokka tekimala, olina okukkiriza enteekateeka y'obulokozi bwe, n'omwatula nga ye Mukama w'obulamu bwo.

Bw'otayatula Katonda osobola okufuba emisana n'ekiro nga tofuna makungula g'amwoyo. Yisirayiri kyakulabirako eky'abantu abeerabira Katonda .

Waayita akabanga katono ne beerabira ebyo byonna bye yakola;ne batawulirizanga kubuulirira kwe.

Ne beerabira Katonda eyabanunula,eyabakolera ebintu ebikulu bwe bityo mu Misiri. (Zabuli 106:13, 21)

Olw'ekyo Yisirayiri yabonaboona mu mubiri ne mu mwoyo.

Nga abangi beerabidde Katonda, Yisirayiri teyategeera nsonga lwaki baafuna amakungula amabi.

Balirya amakungula gammwe... balye emizabbibu n'emitiini gyammwe...

Naye ne mu nnaku ezo sigenda kubazikiriza ddala kubamalawo. Era abantu bammwe bwe bagamba nti, Lwaki Katonda waffe atukoze ebintu bino byonna? Onoobagamba nti, Nga bwe mwanvaako ne muweereza bakatonda abalala mu nsi yammwe, mujja kuweereza bakatonda abagwira mu nsi eteri yammwe. (Yeremiya 5:17-19)

Amosi yannyonyola ensonga okwava amakungula amabi mu ssuula 4 ne 5 mu bye yawandiika.

Ne mbamma enkubang'ekyabulayo emyezi esatu amakungula gatuuke.Ne ntonnyesa enkuba mu kibuga ekimune ngiziyiza mu kirala.Yatonnyanga mu nnimiro emu,mu ndala n'etatonnya, ebirime ne biwotoka.

Abantu ne bavanga mu kibuga ekimu ne balaga mu kirala nga banoonya amazzi banyweko,naye ne gababula;naye era ne mutakyuka kudda gye ndi,bw'ayogera Mukama.Emirundi mingi ebirime byammwe n'ennimiro zammwe ez'emizabbibu na bigengewaza.Nabileetako obulwadde.Enzige nazo ne zirya emitiini gyammwe n'emizeeyituuni gyammwe,naye era temwadda gye ndi,"bw'ayogera Mukama. (Amos 4:7-9)

Ng'azudde obuzibu, Amosi awa n'engeri y'okubuvuunuka.

Munnoonye kale munaabanga balamu. (Amosi 5:4)

ENSIGA EMBI.

Katonda yalabula abantu be.

Wakati w'ennyiriri z'emizabbibu temusimbangamu mmere ya ngeri ndala, bwe munaakikolanga, ebibala by'emizabbibu n'eb'emmere gye munaabanga musimbyemu, byombi munaabifiirwanga. (Ekyamateeka 22:9)

Weerabidde Katonda Omulokozi wo,so tojjukidde Lwazi lwa maanyi go;kyova osimbamu ebisimbe eby'okukusanyusan'osigamu omuzabbibu oguvudde ebweru.Wadde obisimba bulungi nnyo ne bimeru ku lunaku lw'obisimbye,era ne bimerusa ensigo ku makya kwennyini kwe bisimbiddwa,tolibaako ky'okungulawabula obulumu obutawonyezeka n'ennaku ey'ekitalo. (Isaaya 17:10-11)

Mu nnyiriri zino, Katonda ayogera ku "Nsigo ez'ekintabuli" obumera obuto oba endokwa. Yagamba nti ziyinza okulabika nga zikula naye mu makungula ne zikolimirwa.

Endagaano empya "Ensigo" gy'eyita ekigambo kya Katonda. Kyosimba mu bulamu bwo kikosa amakungula ag'omwoyo. Bw'osiga ekigambo kye ofuna amakungula ag'omuyiika.

Bw'ofaayo ku buwangwa bwa bantu, enteekateeka zaabwe, enzikiriza zaabwe okusinga oba okwenkanankana n'ekigambo kya Katonda, awo oba otabulatabula ensigo. Enzikkiriza z'abantu nnyinji zirabika okuba ennamu obulungi ng'ebimera eby'omwoyo. Zirina abagoberezi bangi, n'ebizimbe ebirungi mwe bakuhjaanira, naye zitabuddetabudde e kigambo kya Katonda n'obuwangwa bwabwe oba okubikulirwa kwabwe. Amakungula gaabwe ag'omwoyo gakolimiddwa, wano abalimba webatandikira. Batabula ensigo ey'ekigambo n'endowooza zaabwe. Oluvannyuma amakungula negaba nga gennyamiza.

Ekiigambo kya Katonda nsigo etaggwaawo, kizaala amakungula mu bulamu bw'abasajja n'abakazi.

Kubanga okusenziira mu kigambo kya Katonda ekiramu era eky'olubeerera, mwazaalibwa omulundi ogwokubiri. (1 Peetero 1:23)

OBUTAFAYO.

Engero zoogera ku eyeebaka mu kiseera ky'okukungula:

...Naye oyo eyeebakira mu biro eby'okukunguliramu mwana aswaza ennyo. (Engero 10:5)

Amakungula kiba kiseera kya kukungula nnyo, ky'ekiseera ekisinga okuba ekikulu,amakungula bwegatakuhanyizibwa mangu ddala, gaba gajja kuvundira mu nnimiro. Mu nsi ey'omubiri, buli muntu owawaka yayambangako mu kukungula ebirime mu nnimiro, omwana eyasigalanga nga yeebase mu kiseera kino yaswazanga amaka mwava.

Tulimu kaseera akakazigizigi ak'amakungula g'omwoyo nga bwetusemberera okudda kwa Mukama waffe Yesu Kristo. Ng'abaana ba Katonda beebase, tebeegasse ku mubiri gwa Kristo mu kukungula. Obwambe bwabe butalavvu n'ennimiro njereere.

Engero z'ogera ku bijja olw'obutafaayo obwo:

Nayita ku nnimiro ey'omugayaavu,ne mpita ne ku nnimiro y'emizabbibu ey'oyo atalina kutegeera.

Kale laba, ng'ennimiro eyo ebunye amaggwa,wansi wonna nga wabikkiddwa omuddo,n'olukomera lwayo olw'amayinja nga lugudde.

Ne neekaliriza ne ntegerane nfuna ekyokuyiga mu bye nalaba.

Otulo otutonotono, n'okusumagira akatono,n'okufunya emikono okuwummulako,

Obwavu bulikutuukako ng'omutemu,era n'obwetaavu ng'omutemu. (Engero 24:30-34)

Ebijja olw'obutafaayo ku butabala bibala bya mwoyo.

Yeremiya ayogera ku bakulembeze aboonona amakungula olw'obutafaayo bwabwe:

Abasumba bangiboononye ennimiro yange ey'emizabbibu, balinnyiridde ennimiro yange, ensi yange ennungi bagirese njereere. Eyooneddwa efuuse ddunguesigadde awo ng'enkaabirira. Ensi yonna efuuse matongokubanga tewali muntu n'omu agifaako. (Yeremiya 12:10-11)

Abakulembeze abatafaayo baviirako abagoberezi abutafaayo. Okwolesebwa kw'amakungula kuteekeddwa okutegezebwa okuyita mu bakulembeze ab'omwoyo oba si kyo ennimiro zijja kusigala nga zirekddwawo nga "teri muntu akitadde ku mutima gwe."

AMAANYI GO.

Tosobola kuleeta makungula mu maanyi go. Zuula ebiva mu maanyi go mu nnyiriri zino wammanga;

Wadde obisimba bulungi nnyo ne bimera ku lunaku lw'obisimbye, era ne bimerusa ensigo ku makya kwennyini kwe bisimbiddwa, tolibaako ky'okungulawabula obulumi obutawonyezeka n'ennaku ey'ekitalo. (Isaaya 17:11)

Essuula esooka yalaze nti okwolesebwa Katonda kw'ayagala okugaba tekusobola kuleetebwa n'amaanyi go. Engeri yokka mwe kujjira kwe kweresa ebintu ebiremesa amakungula ag'omwoyo n'okukozesa engeri z'okukungula Katonda ze yakuwa.

Koseya yayogera ku makungula amabi nga bwe gava mu maanyi ag'obuntu. Yisirayiri baali beesize enkola yaabwe n'abasajja baabwe ab'amaanyi (Koseya 10:13). Kasita weesiga amakubo go, enkola zo oba abasajja bo ab'amaanyi, tojja kusobola kulaba ku makungula ga mwoyo. Oteekwa okukola omulimu gwa Katonda mu ngeri ye.

OKUZAALIBWA OKUKOLIMIRE.

Ekimu ku byava mu kugwa kw'omuntu mu kibi kwali nti; Katonda yakolimira okuzaalibwa mu nsi ey'omubiri. Abakazi baazalira abaana baabwe mu bulumi obw'ekitalo. Ettaka lireeta amaggwa n'omwennyango era kyetaagisa okukola ennyo okulisobozesa okuleeta ebibala. (Oluberyeberye 3:16-19). Ebikolimo ku kuzaalibwa byava ku kibi.

Mu nsi ey'omwoyo bw'oba oli mu kibi wabaawo ekikolimo eri obuzaale bw'omwoyo obw'obulamu bwo. Kulokolebwa kwokka n'omusaayi gwa Yesu Christo ekikolimo mwe kiyinza okugyibwawo. Tolina mukisa gwa makungula ga mwoyo g'olina kusaba ng'okyatambulira mu kikolimo eky'ekibi.

OKUSINZIIRA KU MBEERA.

Embeera z'obulamu ziyinza okulemesa okukukungula mu mwoyo.

Omugayaavu talima mu budde butuufu, kyanaavanga anoonya eby'amakungula nga talina kantu. (Engero 20:4)

Oyo alabirira embuyaga talisiga; n'oyo atunuulira ebire talikungula. (Omubuulizi 11:4)

Mu nsi ey'omubiri, omulimi bwalinda embeera ezituukiridde, tasobola kusiga yadde okukungula. Omulimi alima mu nnimiro ye nga tafuddeeyo ku muyaga, ekiddedde oba obunyogovu. Mu nsi ey'omwoyo, bw'olinda embeera eteredde okuyingira ennimiro z'amakungula, tojja kugenda yo. Embeera z'obulamu bwo, ebizibu byo, eby'ensimbi zzo, obutasoma bwo, olina okubyesonyiwa.

OKUFUBA OKUTALUḥḥAMIZIDWA.

Osobola okumala obulamu bwonna ng'okola ebirungi, naye n'otokola mulimu gwa Katonda. Gano gaba maanyi agataluḥḥamiziddwa.

Basiga empewo,ne bakungula embuyaga.Ekikolo olw'obutaba na mutwe,kyekiriva kirema okubala ensigo.Naye ne bwe kyandibaze,bannaggwanga bandigiridde. (Koseya 8:7)

Waliwo emirimu emirungi mingi n'egyo egisaanidde okolebwa mu bulamu. Abantu bajja kukozeza bubi ekitone kyo n'obusobozi bwo okukola emirimu gino bw'obaganya okukikola. Naye ng'onoleeta amakungula g'omwoyo, emirimu emirungi tegimala. Yesu yagamba;

Ekyokulya kyange kwe kukola eyantuma by'ayagala, era n'okutuukiriza omulimu gwe. (Yokaana 4:34)

Okukungula mu mwoyo, ekikulu si kukola mirimu mirungi, kwe kukola omulimu gwa Katonda. Okufuba kwo okw'omwoyo kuteeka okuluḥḥamizibwa eri ekigendererwa eky'obwakabaka, bwe kitaba ekyo kuyinza okuba ng'ensigo eyasimbibwa mu muyaga n'efuumulwa n'etasobola kubala yadde.

EBIWUKA EBYONOONA N'ENDWADDE.

Mu nsi ey'omubiri, ebiwuka n'endwadde birumba ebimera ne byonoona amakungula. Eby'onoona byebyo ebirumba ebimera okuva kungulu okugeza; amayanzi, omuddo. Endwadde zirumba ebimera okuva munda nga byonoona emirandira n'enkula y'ekimera ekyo.

Abakkiriza nabo basisinkana ebyonoona n'endwadde mu nsi ey'omwoyo. Sitaani alumbira mu mbeera z'ebweru ezitawaanya abantu ne munda ng'ayita mu ndowooza ekikosa okusalawo n'ebimeeme byabwe.

Abalimi balaba nga kyetaagisa okusalira emizabbibu gyabwe. Basalako obuwakatirwa obuva munda w'omuti obugunyunyunta. Kino bakikola okusobozesa omuzabbibu okubala ebibala nga bingi.

Kino kyetaagisa ne mu bulamu bw'abakkiriza. Waliwo ebintu ebiva munda ebituziyiza okubala ebibala (Makko 7:14). Katonda "atusalira" ebintu ebyo n'ebituvaako okwongera ku bibala byaffe. Yokaana 15, ayogera kunkola eno.

Obuzibu obwa ddala ku byonoona n'endwadde eby'omwoyo si mbeera oba engeri gy'olowoozaamu. Obuzibu buva ku maanyi ag'omwoyo agaba emabega wa bino:

Kubanga tetumeggana na mubiri wadde musaayi, wabula tulwanyisa abafuzi, n'ab'obuyinza, n'amaanyi ag'ensi ag'ekizikiza, n'emyoyo emibi egy'omu bifo ebya waggulu. (Abaefeso 6:12)

Mu nsi ey'omubiri, ebimera oluusi bifuuyirwa n'eddagala okusobola okutta ebibyonoona n'endwadde. Mu nsi ey'omwoyo, eby'okulwanyisa bya Katonda by'ebikuuma amakungula g'omwoyo mu bulamu bwo.

Noolwekyo mwambalenga ebyokulwanyisa byonna ebya Katonda, mulyoke musobole okwanjanga omulabe ku lunaku olw'akabi, era bwe mulimala okukola byonna, mulyoke musigale nga muli banywevu.

Muyimirire nga muli banywevu, ng'amazima lwe lukoba lwammwe lwe mwesibye mu kiwato kyammwe, ate ng'obutuukirivu kye ky'omu kifuba.

Nga mwambadde n'engatto mu bigere byammwe nga mugenda okubuulira Enjiri ey'emirembe.

Era ku ebyo byonna okukkiriza kwammwe kubeerenga engabo eneebasobozesanga okuzikiza obusaale bwonna obw'omuliro obulasibwa omubi.

Obulokozi bubafuukire enkuufiira gye mwambadde, n'ekigambo kya Katonda kibabeerere ekitala eky'Omwoyo. (Abaefeso 6:13-17)

ENKUNGULA EMBI.

Enkungula embi ekosa ekirime;

Omulimi bw'alima nga yeetegekera okusimba, alima lutata?Alima bw'ayimirira n'atema amavuunike mu ttaka?

Bw'amala okulyanjaala, tasigamu mpinnamuti, n'asaasaanya kumino?Tasiga njanaano mu kifo kyayo,ne sayiri mu kibanja kyayo,n'omukyere mu nnimiro yaagwo?

Katonda we amuwa ebiragiro,n'amuyigiriza ekkubo etuufu.

Empinnamuti teziwuulibwa na luso,newaakubadde okunyiga kumino ne nnamuziga w'eggaali.Empinnamuti zikubibwa na muggone kumino n'ekubibwa n'oluga.

Empeke eteekwa okuseebwa okuvaamu omugaati,So n'omuntu tagiwuula butamala.Newaakubadde ng'agitambulizaako nnamuziga w'eggaali lye eriwuula,Embalaasi ze si zeezigisa. (Isaaya 28:24-28)

Waliyo engeri ennungi ez'okutegekamu ettaka n'ezokusimbamu ensigo mu nsi ey'omubiri. Waliyo n'engeri ez'enjawulo ez'okukungulamu okusenziira ku kirime. Empinnamuti n'ebiwoomesa enva biva mangu mu bisosonkole, ku byo okozesa lugga na muggo. Yo empeke y'omugaati yeetaaga amaanyi nga manji era ekyuma ekisa ky'ekyetaagisa okukozesebwa.

Bwoba okungula obulamu bw'abasajja n'abakazi eri obwa Kabaka bwa Katonda, abamu bajja kutegeera mangu Katonda, abalala bajja kwetaagisa amaanyi mangi okubawangula. Enkungula embi eyonoona ekirime. Amaanyi amangi gawkwaguza ebimera ebito. Amaanyi amatono ennyo galemesa okuggyayo ebimera ebito. Amaanyi amatono ennyo galemesa okuggyayo ebimera. Katonda y'omu agaba amagezi g'okukungula mu nsi ey'omubiri era yajja okukuwa amagezi g'okukungula mu birime eby'omwoyo.

ETTAKA ERITALIMIDDWA.

Ettaka bwe liba nga telitegekeddwa bulungi, amakungula gajja kuba mabi. Soma olugero lw'omusizi mu Makko 4:12-20, Matayo 13:1-23 ne Lukka 8:4-15. Mu ngero zino, ekigambo kya Katonda kigeraageranyizibwa kun nsigo ey'ensi ey'omubiri. Ekigambo kisimbibwa mu mitima gy'abasajja n'abakazi.

Ekyawula engero zino si ye musizi, ensigo oba engeri. Ekyakosa amakungula yali mbeera ya ttaka. Ettaka erimu teririmibwa naye nga lijjudde amayinja n'omuddo eby'omwoyo nga ebizibu eby'ensi, obuggaga ne byetwegwanyiza mu nsi. Amakungula agava mu ttaka ly'omwoyo eritalimiddwa gaba mabi.

Naye ensigo emu esimbibwa ku ttaka eddungi ekiikirira emitima emitegeke mu mwoyo okugifuna. Kino kireetera amakungula ag'omuyiika.

Ettaka eddungi gy'emitima gy'abantu abawulira ekigambo ne bakkiriza ddala era ne bavaamu ebibala, emirundi amakumi asatu, abalala emirundi nkaaga, n'abalala kikumi. (Makko 4:20)

Ensigo y'ekigambo ku ttaka eggimu y'ereeta amakungula ag'amaanyi. Abantu abamu baaniriza enjiri ate abalala bagiwakanya. Bw'oba nga tofuna makungula, ettaka eritali lirime kyandiba nga ky'ekizibu. Nteekwa okuba omwetegefu obulungi. Nnabbi koseya alagira;

Musige ensigo ez'obutuukirivu, mukungule ebibala eby'okwagala okutaggwaawo; mukabale ettaka lyammwe eritali ddime, kubanga ekiseera kituuse okunoonya Mukama, okutuusa lw'aliddan'abafukako obutuukirivu.

Naye mwasimba obutali butuukirivune mukungula ebibi, era mulidde ebibala eby'obulimba. Olw'okwesiga amaanyi go, n'abalwanyani bo abangi. (Koseya 10:12-13)

Ettaka eritali lirime mu nsi ey'omwoyo, likiikirira ettaka eritali ttuukirivu. Koseya agamba abantu ba Katonda nti bakungudde ebibi kubanga baasiga obutali butuukirivu mu ttaka ly'emwoyo gyabwe. Obutali butuukirivu obwasigibwa omuva okukungula ekibi mwe muli;

Obutakkaanya:

Omuntu ataliiko ky'agasa... bulijjo aleeta obutakkaanya mu bantu. (Engero 6:12,14)

Obutali butuukirivu:

Asiga obutali butuukirivu akungula mitawaana. (Engero 22:8)

Okusinziira ku kyendabye; abo abateekateeka okukola ebibi era ne basiga ebitali bya butuukirivu,

bakungula bizibu. (Yobu 4:8)

Ennyombo:

Omuntu omubambaavu asiikuula entalo, n'ow'olugambo ayawukanya ab'omukwano enfirabulago. (Engero 16:28)

Omubiri:

Temubuzibwabuzibwanga, Katonda tasekererwa, kubanga omuntu ky'asiga era ky'alikungula.

Kubanga oyo asiga eri omubiri gwe, alikungula ebiggwaawo. Naye oyo asiga eri omwoyo, alikungula obulamu obutaggwaawo. (Abaggalatiya 6:7-8)

Ebikolwa by'omubiri bya lwatu, bye bino: obwenzi, obukaba, obugwenyufu,

Okusinza bakatonda abalala, obufumu, obulabe, okuyomba, obuggya, obusungu, okwekuluntaza, okweyawula, okwesalamu, ettima, obutamiivu, ebinyumu, n'ebirala ebiri ng'ebyo... (Abaggalatiya 5:19-21)

Okukakasa amakungula amalungi, olina okukabala ettaka ly'omwoyo gwo oggyemu ebiziyiza ebyo. Nga Koseya bw'alagira, tuteekwa "okunoonya Katonda okutuusa ng'azze n'atonnyesa obutuukirivu."

EMISINGI EGITALI GY'ABUTUUKIRIVU.

Bwe waaliwo amakungula amabi mu nsi ey'omubiri, nnabbi Kaggayi yagamba abantu ba Katonda beetegereze amakubo gaabwe.

Musimbye bingi naye ne mukungula bitono; mulya naye temukkuta; munywa naye ennyonta tebaggwaako; mwambala naye temubuguma; mukolera empeera naye ze mukoze muziteeka mu nsawo ejjudde ebituli."

Bw'ati bw'ayogera Mukama ow'Eggye nti, "Mweddeko ku neeyisa yammwe. Mwasuubira bingi, naye mulaba bwe muvuddemu ebitono. Bye mwaleeta eka, nabifuumuula. Mumanyi ensonga bw'ayogera Mukama ow'Eggye. Kubanga buli muntu afa ku nnyumba ye naye ennyumba yange mugigayaaliridde. (Kaggayi 1:6-7, 9)

Abantu ba Katonda, baali basize ensigo nga nyinji naye amakungula gaali matono. Kaggayi yabagamba nti bateekwa okuddamu okuzimba ensi y'omubiri n'eyomwoyo okusobola okufuna amakungula amalungi.

Lwaki okuddamu okuzimba kyali kyetagisibwa?

Mu nsi ey'omubiri Yisirayiri yali eruddewo okuzimba ennyumba ya Katonda ng'essira balitadde kukuzimba mayumba gaabwe. Baali bakulembezza ebibateganya waggulu w'ekiragiro kya Katonda.

Mu nsi ey'omwoyo, omusingi gw'obulamu bwabwe gwali mufu. Baali basimba nga bwe bakungula mu nsi ey'omwoyo n'emikono egitali mituukirivu.

Kale nno bwe batyo bwe bali abantu bano n'eggwanga lino. Buli kye bakola ne buli kye bawayo ng'ekiweebwayo, si kirongoofu," bw'ayogera Mukama. (Kaggayi 2:14)

Omulumu omutuufu oba ssaddaaka ogukolebwa n'emikono egitali mitukuvu tebikirizibwa. Omusingi gwali mukyamu, Katonda yagamba Yisirayiri;

Songa nnali nkusimbye ng'oli muzabbibu omulungi,ensigo eteriimu kikyamu n'akatono,naye ate lwaki oyononesen'ofuuka ng'omuzabbibu ogw'omu nsiko? (Yeremiya 2:21)

Olw'omusingi gw'omwoyo guno omukyamu, Katonda yakolimira amakungula.

Nakolimira emirimu gyonna egy'emikono gyammwe n'okugengewala n'obukuku, n'omuzira, naye ne mutakyuka kudda gye ndi,' bw'ayogera Mukama. (Kaggayi 2:17)

Baibuli egamba nti ekiva mu butali butuukirivu kiri nti; "Buli kye wakola kyagenda bubu."

Kaggayi yagamba abantu ba Katonda nti omusingi gwa yeekaalu ya Mukama gw'ali guteekwa okuddibwamu okukolebwa. Yagamba nti bwe baba baakuddamu kuzimba mu nsi ey'omubiri n'eyomwoyo, Katonda yali waakubawa omukisa.

Kaakano olowooza onooganyulwamu kiokugenda okukolagana ne Misiri?Olowooza kiki ky'onoganyulwabw'onogenda okukolagana ne Bwasuli?Ebibi byo byennyini bye biri kubonereza,n'okudda kwo emabega kwe kulikusalira omusango.Kale lowooza era otegeere nga bwe kiri ekibi era eky'omutawaana gy'oli bw'ova ku Mukama Katonda wo,n'oba nga tokyantya,"bw'ayogera Mukama, Katonda ow'eggye. (Kaggayi 2:18-19)

Okuva ku lunaku Yisirayiri lwe yatandika okuddamu okuzimba yeekaalu mu nsi ey'omubiri, n'omusingi ogw'obutuukirivu mu nsi ey'omwoyo, Katonda yatandika okubawa omukisa, ekyavaamu gaali makungula ag'omuyiika mu nsi zombi.

Bw'onoozimbira omusingi gw'obulamu bwo ku butuukirivu, okuva ku olwo Katonda ajja kutandika okukuwa omukisa. Ojja kukungula nnyo mubuli kintu eky'obulamu bwo.

Harvestime International Institute ekuwa olusoma oluyitibwa; "Emisingi gy'okukkiriza" olufaayo ku bukulu bw'okuzimba omusingi gw'omwoyo omutuufu mu bulamu bw'omukristaayo.

Essomo ly'amaanyi nnyo tetusobola kulimalirayo wano naye kikulu okwekkaanya ezimu ku nnono enkulu kubanga zikosa okukungula kw'omwoyo. Omusingi oguleeta amakungula g'omuyiika kwe;

Okuzimba ku lwazi olutanyeenyeezeka.

Afaanana ng'omuntu eyazimba ennyumba, eyasima omusingi wansi ennyo n'atuuka ku lwazi. Amataba bwe gajja, ne gajjuza omugga tegaasobola kunyeenya nnyumba eyo kubanga yazimbibwa bulungi. (Lukka 6:48)

Olwazi olwo ye Yesu Kristo

Tewali Lwazi lulala,sirina lwe mmanyi." (Isaaya 44:8)

Omusingi gusinziira ku butuukirivu.

...Naye abatuukirivu banywera emirembe gyonna. (Engero 10:25)

Musingi mulungi.

Bwe batyo beeterekere obugagga obw'engeri eyo nga gwe musingi omulungi ogw'ebiseera ebigenda okujja, balyoke banywezenga obulamu bwennyini. (1 Timoseewo 6:19)

Teguggwaawo.

Bwe batyo beeterekere obugagga obw'engeri eyo nga gwe musingi omulungi ogw'ebiseera ebigenda okujja, balyoke banywezenga obulamu bwennyini. (1 Timoseewo 6:19)

Gusenziira ku kigambo kya Katonda.

Kyokka omusingi Katonda gwe yateekawo mugumu, era gulina akabonero kano: "Mukama amanyi ababe." Era nti: "Buli ayatula erinnya lya Mukama ave mu butali butuukirivu." (2 Timoseewo 2:19)

Ennono ebbiri omusingi kwe guyimirira ze;

- | | |
|-------------------------------|---|
| 1. Okununula omuntu: | Mukama amanyi ababe. |
| 2. Okuba mu bulamu obununule: | Buli ayatula erinnya lya Mukama, ave mu bibi. |

Guno gwe musingi omutuufu ogw'okukungula mu mwoyo.

ABAKOZI BATONO.

Bwe wabaawo abakozi abatono mu nnimiro z'amakungula, ebikungulwa bijja kuba bibi. Amakungula gajja kuvunda nga tegannakungulwa. Yesu yagamba.

...Eby'okukungula bingi, naye abakozi abakungula batono. Noolwekyo musabe nannyini nnimiro, aweereze abakozi mu nnimiro ye.(Lukka 10:2)

EBIVAAMU.

Ebintu ebiziyiza amakungula, bivirako ebibi mu nsi ey'omwoyo.

Ennimiro ziweddemu ebirime;ettaka likaze,Emmere ey'empeke eweddewo,omwenge omusu n'amafuta g'emizeeyituuni ne bibulira ddala.

Mmwe abalimi mukwatibwe entiisa,mmwe abalima emizabbibu mukaabe.Mukaabire enjaano ne sayiri,kubanga ebyandikunguddwa byonna biweddewo.

Omuzabbibu gukazen'omutiini guyongobedde.Omukomamawanga, n'olukindu ne apon'emitu gyonna egy'omu nnimiro giwotose.Abantu tebakyalina ssanyu. (Yoweeri 1:10-12)

Mu nsi ey'omubiri, amakungula amabi galeetera okunyiiga.

Ennimiro engimu ziweddemu essanyu n'okweyagala;ne mu nnimiro z'emizabbibu temuliba ayimba wadde aleekaana;mu masogolero temulibaamu musogozzi asogoleramu nvinnyo;okuleekaana kw'omusogozzi ng'asogola kukomye. (Isaaya 16:10)

Mu nsi ey'omwoyo, amakungula amabi galetera okubulwa essanyu n'okujaguza.

Emmere tetuweddeeko nga tulaba? Essanyu n'okujaguza mu nnyumba ya Katonda waffe tebikomye? (Yoweeri 1:6).

Bwe twewuunya nti tewali ssanyu mu bulamu bwaffe, bwe twebuuzza lwaki mu kkanisa zaffe okuyimba n'obuwanguzi bikendedde, kiva ku makungula g'omwoyo amabi.

TUKOLE TUTYA?

Tuzudde ensonga eziremesa amakungula g'omwoyo. Tuzudde ensonga ezimalawo essanyu n'obuwanguzi mu mwoyo. Oyinza kukola ki okumalawo ekizibu ky'amakungula g'omwoyo amabi ofune amakungula ag'omwoyo mu bulamu bwo?

Amakungula ag'omwoyo bwe gaali amabi mu Yisirayiri, Yoweeri yagamba abantu ba Katonda;

Mukomeewo gye ndi n'omutima gwammwe gwonna. Mukomeewo n'okusiiba n'okukaaba awamu n'okukungubaga."

Muyuze emitima gyammweso si byambalo byammwe. Mudde eri Mukama Katonda wammwe, kubanga ajjudde ekisa n'okusaasira, era tasunguwala mangu; ajjudde okwagala okutaggwaawo; n'abandisaanidde okubonerezebwa abasonyiwa. (Yoweeri 2:12-13).

Mulina okudda eri Katonda mu kwenenya olw'obutagondera kigambo kye n'obutafaayo ku makungula ag'omwoyo.

Muteekeddwa okumusaba aggyewo eby'onoona n'endwadde ez'omwoyo ebiremesezza okubala ebibala. Mulina okwenenya olw'okufuba kwammwe eri okutuukirizibwa kw'ekigendererwa kye eri amawanga g'ensi. Oteekeddwa okumanya ettaka eritali lirime ozimbe omusingi gw'obulamu bwo ku butuukirivu.

Yoweeri yaluhjhamya abakulembeze ab'omwoyo okwenenya n'okukoowoola abantu okusiiba.

Mmwe bakabona, mwesibe mwambale ebibukutu mukungubage. Mmwe abaweereza ba Katonda wange ab'oku kyoto, mweyale wansi awali ekyoto, musule awo ekiro kyonna nga mukuba ebiwoobe, kubanga mu nnyumba ya Katonda wammwe temukyali kiweebwayo kyonna, eky'emme ey'empeke oba eky'envinnyo. Mulangirire okusiiba okutukuvun'okukunjaana mu maaso ga Katonda. Muyite abakulu abakulembezen'abantu bonna ababeera mu nsi, bajje mu nnyumba ya Mukama Katonda waabwebamukaabirire. (Yoweeri 1:13-14)

Bwoba omukulembeze omukristaayo ng'ekkanisa yo tekungula makungula g'amwoyo, goberera bino wammanga;

- Yita abakadde b'ekkanisa n'abantu bonna.
- Mujje wamu mu maaso ga Mukama mukusiiba n'okwenenya.
- Saba Mukama akuwe okwolesebwa kw'amakungula g'omwoyo ag'omuyiika.
- Mwegatte olw'ekigendererwa okutuukiriza okwolesebwa okwo.

OKWEGEZAAMU.

1. Wandiiika olunyiri olukulu ng'oluggya mu mutwe gwo.

.....
.....

2. Awali ekikuwereddwa nga kituufu, teekawo "T" ku ntandikwa yaakyo, ate awali ekikyaamu tekaawo "F"

(a)_____ Ekyamateeka 28 ky'ekyokulabirako ky'ennono ya singa-naye ey'ebisuubizo bya Katonda.

(b)_____ Sitaani talina ky'ayagaza makungula g'omwoyo.

(c)_____ Okufuba kwo kwamugaso nnyo mu kukungulira mu mwoyo.

(d)_____ Olina okwekenneenya embeera nga tonnasiga mu mwoyo.

(e)_____ Okukola ebirungi tekimala kuleetawo makungula ga mwoyo.

(f)_____ Obuzibu bwo si z'embeera embi ezikwetooolodde naye amaanyi g'omwoyo agali emabega w'embeera ezo.

(g)_____ Omulimu omulungi ogukolebwa n'emikono egitali mitukuvu tegukkiribwa.

3. Bintu ki ebibi bye tusiga ebituleetera amakungula g'omwoyo ag'obutali butuukirivu.

.....
.....
.....
.....
.....
.....
.....

4. Nnono ki ebbiri eziri omusingi gwa Yesu Kristo?

.....
.....
.....
.....

5. Leetayo ekijulira kimu ekiraga ebiva mu makungula g'omwoyo amabi.

.....
.....

6. Wa ekijulira kimu ekiraga ky'oyinza okukola okukyusa amakungula amabi

.....
.....

7. Leeta ebintu ebiziyiza amakungula ebragiddwa mu ssuula eno.

.....
.....
.....
.....

.....
.....
(Ebiddibwamu byo kwegezaamu bikuwereddwa ku nkomerero y'ekitabo kino.)

OKWEYONGERA OKUSOMA.

Soma ebijulira bino ozuule ensonga endala ezireetera amakungula g'omwoyo amabi.

ENDAGAANO ENKADDE.

Ebyabaleevi 19:19

Ekyamateeka 22:9,28

Yobu 4:8

Zabuli 105

Engero 6:12,14,19, 10:5, 16:28, 22:8, 24:30.

Omubuulizi 11:4

Oluyimba lwa Sulemani 2:15.

Isaaya 16:10, 17:10-11, 28:24-28, 32:9-20

Yeremiya 2, 5:17-19, 8:13-14, 12:10-11

Koseya 8:7, 10:12-13

Yoweeri 1

Amos 4,5

Mikka 6

Kaggayi 1

NEW TESTAMENT.

Matayo 13:1-23

Makko 4:2-20

Lukka 8:4-15, 10:2, 22:3

2 Abakolinso 9:6

Abaggalatiya 6:7-8

Yakobo 5:4

ESSUULA EYOMUKAAGA.

ENGERI Z'OKUKUNGULA MU MWOYO.

EKITUNDU EKISOOKA.

EBIGENDERERWA.

- Okweyambisa engeri za Baibuli okufuna amakungula ag'omwoyo ag'omuyiika.

ENNYIRIRI ENKULU.

Abo abasiga nga bakaaba amaziga, baliyimba ennyimba ez'essanyu nga bakungula.

Oyo agenda ng'akaabang'atwala ensigo okusiga; alikomawo ng'ayimba ennyimba ez'essanyung'aleeta ebinywa bye. (Zabuli 126:5-6)

ENNYANJULA.

Essuula ewedde ezudde ebintu ebiremesa okukungula mu mwoyo. Essuula eno n'eddako zinnyinyola engeri mw'oyita okufuna amakungula g'omwoyo ag'omuyiika.

Engeri, z'ennonno, enkola, n'entekateeka ezigobererwa okusobola okutuuka ku kiruubirirwa kyonna. Zibikkulirwa mu kigambo kya Katonda ng'ennonno z'omubiri ezifaanana amazima ag'omwoyo.

ENGERI Z'OKUKUNGULA.

Zino z'engeri z'okukungula:

BULI KIMERA KISOBOLA OKWEKUBISAAMU.

Mu nsi ey'omubiri, Katonda bwe yatonda ensi, yakola buli kimera nga kisobola okwekubisaamu.

Awo Katonda n'agamba nti, "Ensi ereete ebimera: emiti egizaala ensigo mu ngeri yaagyo, emiti egy'ebibala ebibaamu ensigo mu ngeri yaagyo, gibeere ku nsi." Ne kiba bwe kityo. (Oluberyeberye 1:11)

Nga ekimera kyonna eky'okunsi bwe kisobola okwekubisaamu, buli mukkiriza alina obusobozi obw'okwekubisaamu mu mwoyo. Munda muggwe mulimu obusobozi bw'okwekubisaamu mu mwoyo. Okufuna okumanya ku bintu eby'omwoyo tekyetaagisa nnyo okusobola okuba ekitundu ku bakungula mu mwoyo. Yesu yasomesa olugero oluggyayo amazima gano:

Awo Yesu n'abagamba nti, "Obwakabaka bwa Katonda bufaanaanyirizibwa n'omusizi asiga ensigo mu ttaka. Ekiro yeebaka, n'emisana ne yeekolera by'ayagala, mu kiseera ekyo kyonna ensigo ziba zimera, naye ate nga takimanyi.

Enjaano bw'eyengera omusizi ayanguwa mangu n'akwata akayuuyo, kubanga amakungula gatuuse." (Makko 4:26-27, 29)

Tekyetaagisa kutegeera magezi gali mabega wa kumera n’okukula kw’ensigo ey’ekigambo kya Katonda mu mitima gy’abantu. Tekikwetagisa na kuba nakutegeera kungi mu bintu eby’amazima ag’ebuziba mu by’obwakabaka. Ekyetaagisa ye ggwe okwetaba mu kibinja ky’abakunguzi b’omumwoyo.

OKUSIGA KYETAAGISA OSOBOLE OKUKUNGULA.

Mu nsi ey’omubiri, oteekeddwa okusiga okusobola okukungula ebirime. Mu nsi ey’omwoyo nammwo oteekeddwa okusiga osobole okukungula. Katonda agaba ebyo ebisigibwa eby’omwoyo.

Kubanga oyo awa omulimi ensigo okusiga, ate n’amuwa n’emmere ey’okulya, anaayazanga ensigo yammwe era n’agyongerako, era anaayongeranga ebibala eby’obutuukirivu. (2 Abakolinso 9:10)

Katonda ayogera ku talanta zo ez’omwoyo n’obusobozi asobole okukukubisaamu. Katonda akubisaamu eby’ensimbi zo osobole okusiga mu mulimu gwe. Takubisa mu nsimbi zo kukusobozesa kufuna mikisa egy’amaanyi. Ekigendererwa kiri nti weyongerera mu okusiga omukisa gw’obwakabaka bwa Katonda.

TOKUNGULIRA MU BIRO BYENNYINI MW’OSIGIDDE.

Mu ntandikwa Katonda yateekawo ennono y’ebiro mu nsi ey’omubiri.

“Ensi ng’ekyaliwo, okusiga n’amakungula...tebiggwengawo.” (Oluberyeberye 8:22)

Okusiga kyetaagisa okusobola okufuna amakungula. Naye amakungula tegajja mu biro byennyini mw’osigira. Abamu abafuna okwolesebwa okw’amakungula baggwaamu amaanyi kubanga tebategeera nnono eno.

Waliyo ekiseera ky’okusiga naye olina okulinda ensigo ey’ekigambo okumera mu mitima gy’abasajja n’abakazi. Waliyo ekiseera ky’okugumiikiriza ng’osimbye. Tokungulira mu biro by’ebimu na mw’osigidde.

Zabuli eyogera ku nkola eno mu bulamu bw’abakkiriza.

Afaanana ng’omuti ogwasimbibwa ku mabbali g’omugga,ogubala ebibala byagwo mu ntuuko zaabyo... (Zabuli 1:3)

Bwe wabaawo ebiro eby’ebibala mu bulamu kitegeeza era waliyo n’ebiro omutaba bibala mu bulamu. Bino bibeera ebiro eby’okutegekeramu ettaka, okusimba n’okusiga. Naye ebiro bino “omutaba bibala” byetaagibwa okusobola okuleeta amakungula. Kino kireetera ennono y’ebiseera okuba enkulu okukungula. Olina okulinda n’obugumiikiriza mu biseera by’okumera n’okukula. Naye oteekeddwa okulaba ekiseera ky’okukungula n’okola nga bwe kisaanidde ekirime nga tekinnayonooneka.

Enjaano bw’eyengera omusizi ayanguwa mangu n’akwata akayuuyo, kubanga amakungula gatuuse.” (Makko 4:29)

Mu bufunze, waliyo...

Waliwo ekiseera eky’okusimba ate n’ekiseera eky’okukungula ebyo ebyasimbibwa; (Omubuulizi 3:2)

KY'OSIGA KY'OKUNGULA.

Ensigo ezaala ginnewayo mu nsi ey'omubiri. Bw'osimba ensigo y'omuzabbibu era ojja kukungula mizabbibu. Ne mu nsi ey'omwoyo mu mazima bwe kiri.

Temubuzibwabuzibwanga, Katonda tasekererwa, kubanga omuntu ky'asiga era ky'alikungula. (Abaggalatiya 6:7)

Okusiga mu mubiri kireeta amakungula agoononeka naye ate bw'osiga mu butuukirivu, kivaamu amakungula amalungi.

OTEEKEDDWA OKUSIGA K'EBE MBEERA KI:

Abo abatunulira embeera. Tebalifuuka kitundu ku kwolesebwa okw'amakungula. Embeera zaabwe zijja kubalemesa ng'omulimi alekerera ennimiro ye olw'omuyagga, obunnyogovu oba ekiddedde.

Oyo alabirira embuyaga talisiga;n'oyo atunuulira ebire talikungula. (Omubuulizi 11:4).

Engeri ey'okukungula mu mwoyo enkulu y'eyokusiga awatali kutunuulira mbeera za bulamu bwaffe.

Ggwe oliraba omukisa,ng'osiga ensigo y'oku migga gyonna,n'ente zo n'endogoyi zo ne zirya nga zeeyagala.(Isaaya 32:20)

Oteekeddwa okusiga kagabe mazzi gatya ekitegeeza embeera z'obulamu zonna. Ne bwe giba, ng'emigga gy'embeera gikulukutira ku mbalama z'obulamu bwo olw'obujjuvu, weeyongere okusiga. Katonda asuubiza nti mugenda kuvaamu amakungula ag'omuyiika.

OKUKUNGULA OKUSINZIIRA KU BUNGI BW'EBYO BY'OSIZE.

Naye mujjukire nti, "Asiga ekitono alikungula kitono, naye asiga ekinene alikungula kinene. (2 Abakolinso 9:6)

Ennono eno ekola mu buli kitundu ky'obulamu bwo. Bw'osiga nga weemulugunya ku budde bwo, talanta, ensimbi zo okukola omulimu gwa Katonda, era amakungula go gajja kuba matono. Bw'osiga n'omutima gumu, ojja kukungula eby'omuyiika. Waliyo emitendera egy'okufuniramu mu makungula ag'omwoyo nga bwe kinnyonyolwa mu Yokaana 5. Osobola okufuna;

Ebibala Yokaana 15:2.

Ebibala ebingi. Yokaana 15:2.

Ebibala ebingi ddala. Yokaana 15:4

Ebibala eby'olubeerera. Yokaana 15:16.

Katonda ky'ayagala osobole okubala ebibala ebingi ddala ate nga bya lubeerera.

Peetero yalaga ebisaanyizo by'olina okuba nabyo mu bulamu bwo okusobola okubala ebibala:

Noolwekyo mufubenga nnyo, okukkiriza kwammwe mukwongereko obulungi, ne ku bulungi mwongereko okutegeera,

Ne ku kutegeera mwongereko okwefuganga, ne ku kwefuganga mwongereko obugumiikiriza, ne ku bugumiikiriza mwongereko okutya Katonda,

Ne ku kutya Katonda mwongereko okufaayo ku booluganda abalala bonna ne ku kufaayo ku booluganda bonna abalala mwongereko okwagalananga.

Kubanga bwe muba n'ebyo ne byeyongera obungi, bibafuula ba mugaso era ababala ebibala olw'okutegeera Mukama waffe Yesu Kristo. (2 Peetero 1:5-8)

Peetero alabula nti ebisaanyizo ebyo bwe bitakula mu ggwe osobola okulemwa okufuna okw'olesebwa kw'omwoyo.

Oyo atalina ebyo muzibe wa maaso era awunaawuna, era yeerabidde bwe yanaazibwako ebibi bye eby'edda. (2 Peetero 1:9)

OSOBOLA OKUSIGA W'OTOOKUNGULIRE N'OKUNGULIRA W'OTAASIGA.

Yisirayiri bwe baayingira ensi ensuubize, Katonda yabagamba nti baakulya ennimiro z'emizabbibu ze baali bataasimba. Baali bakungula ebyo bye baali tebasize. Era kino ky'ekimu ne mu nsi ey'omwoyo. Osobola okukungula ebyo abalala bye baasiga.

Bwe kityo ekigambo nti, 'Omu asiga omulala n'akungula,' kyekiva kiba eky'amazima.

Mbatumye mmwe okukungula kye mutaasiga. Abalala be baasiga naye mmwe mugobolodde." (Yokaana 4:37-38)

Okumala ebyasa, abakkiriza basize obulamu bwabwe mu nnimiro z'amakungula ez'ensi. Nga tusemberera okudda kwa Mukama, okusiga kwaabwe kuleese amakungula okuva mu mawanga g'ensi. Oyingirira emirimu gyabwe bw'okungulira gy'otosize.

Paulo ayogera ku kino;

Nze nasiga, Apolo n'afukirira, kyokka Katonda ye yakuza.

Kale bwe kityo oyo asiga n'oyo afukirira si be bakulu wabula Katonda akuza.

Oyo asiga kaakano n'oyo afukirira bali bumu, era buli omu aliweebwa empeera ye okusenziira ku mulimu gw'aliba akoze.

Kubanga ffe tuli bakozi abakolera awamu ne Katonda, ate mmwe muli nnimiro ya Katonda, muli nnyumba ya Katonda. (1 Abakolinso 3:6-9)

OJJA KUKUNGULA AMAKUNGULA BW'ONOoba OMWESIGWA.

Kale tulemenga okuterebuka mu kukola obulungi, kubanga oluvannyuma tulikungula emikisa, bwe tutaggwaamu maanyi. (Abaggalatiya 6:9)

Noolwekyo abooluganda mugumiikirize, okutuusa amadda ga Mukama waffe, ng'omulimi bw'agumiikiriza ng'alindirira enkuba eya ddumbi n'eya ttoggo okukuza ebibala bye biryoke byengere. (Yakobo 5:7)

Bw'onoobera omwesigwa Katonda asuubiza nti olikungula amakungula. Toggwaamu maanyi olw'omulimu gw'akuwadde okole.

OKUSOBOLA OKUZAAZA, ENSIGO ETEEKWA OKUFA.

Ensigo erabika ng'efudde, teba na makoola ga kiragira, teba na matabi yadde emirandira. Okusobola okugimerusa olina kusooka kugiziika.

Kino kya mubiri ekifaanana n'amazima ag'omwoyo agaamaanyi. Obulamu bw'omwoyo businziira ku bye weerekereza ne bifa.

Ensigo gy'osiga temeruka nga tennafa. (1 Abakolinso 15:36)

Okusobola okukomyawo obulamu, kyali kyetaagisa Yesu afe ku musaalaba. Obuweereza bwe bwalinga obw'okumala ebiseera kubanga bwaggweera mu kufa. Naye kyali kiseera kye eky'okusiga. Amakungula nga muyiika agavudde mu kufa kwe, ensigo y'ehjano eyo emu eyaggwa ku ttaka. Olw'okufa kwe , obukadde n'obukadde bufunye obulamu.

Obulamu bw'omwoyo bwetaaga okwewayo eri okufa. Bwetaaga okufa eri ekibi, bwetaaga okufa eri amasanyu ne byetwagala eri ensi.

Jim Elliot yattibwa ku Iwa Kristo ng'agezaako okutwala enjiri mu Auca Indians ekya Ecuador. Yawandiika mu kitabo kye: "Si mu siru oyo awaayo ky'atasobola kukuuma afune ekyo kyatasobola kufiirwa."

Mu bulamu obw'omubiri, ekisinga okubuzaabuza abangi kwe kufa kubanga, okufa kuleeta obulamu obutaggwaawo eri omukkiriza. Okufa kwokka okuba okwaddala kwe kwo mw'ofiira nga ky'ofiirira ky'ekyo ekisaanidde. Beera n'obukakafu nti ekyo ekikubeezaawo osaanira okukifiirira.

Ddala ddala mbagamba nti empeke y'enjaano bw'egwa mu ttaka efa, bwe tefa ebeera yokka, naye bw'efa ebala ebibala bingi. (Yokaana 12:24)

Yesu teyafiira bwemage. Mu kufa kwe mmwe mwava obulamu, mu kufa kwe mwe mwava obulokozi eri Auca Indians ng'abalala bazze okutwala ekifo kye, yabatuukako n'enjiri.

Ensigo si nfu, munda mu yo mwe muli amaanyi g'obulamu bwa Katonda. Naye okusobola okuleeta obulamu, oteekeddwa okufa. Koseya ayogera ku kiva mu kusiga obulamu bwo mu ngeri eno;

Ndimwesimbira mu nsi, ndisaasira oyo eyayitibwanga nti, atasaasirwa, era ndigamba abataali bantu bange nti, 'Bantu bange,' era nabo balyogera nti, 'Ggwe Katonda wange.' (Koseya 2:23)

Olunyiriri luno lufunza obukulu bw'okussa mu nkola n'engeri z'okukungula mu mwoyo. Ofuba nnyo okulaba Katonda agambe abo abataali bantu be, "Bantu bange, era nabo balyogera nti, Ggwe Katonda wange."

OKWEGEZAAMU.

- 1. Wandiiika enyiriri enkulu ng'oziggya mu mutwe gwo.

.....
.....
.....
.....

- 2. Nnyonnyola "engeri"

.....
.....
.....
.....

- 3. Leetayo engeri mwenda (9) ez'okukungula mu mwoyo nga bweziragiddwa mu ssuula eno.

.....
.....
.....
.....
.....
.....
.....
.....
.....
.....
.....
.....
.....
.....
.....
.....
.....
.....
.....
.....
.....
.....
.....
.....
.....

(Ebyokuddamu kuby'okwegezaamu bino bikuwereddwa ku nkomerero y'ekitabo kino.)

OKWEYONGERA OKUSOMA.

ENGERO Z'ENNIMIRO EY'EMIZABBIBU.

Mu Baibuli mulimu engero nnyinji ezikwata ku nnimiro y'emizabbibu. Era etulaga bingi ebikwata ku makungula. Olugero lw'omusizi (Matayo 13, Makko 4, Lukka 8), lwogerwako mu kitundu ekirala eky'olusoma luno. Engero z'ennimiro y'emizabbibu ziragiddwa wammanga oyongere okuzisomako.

EKISERO EKY'EBIBALA EBYENGEDDE.

Amosi 8:1-2

Kyakulabirako ki eky'omubiri Katonda kye yalaga Amosi?

Eky'okulabirako kino kyali kitegeeza ki?

Njala kika ki ey'amaanyi Katonda gye yasindika ng'okulamulwa eri obutagondera kigambo kye? (Olunyiri 11-12)

ENNIMIRO YA KATONDA EY'EMIZABBIBU.

(Isaaya 5:1-7)

Olugero luno lwogera ku ggwanga lya Yisirayiri. Katonda yali asimbye Yisirayiri mu nsi ey'omwoyo agikubiseemu era aweereko omukisa amawanga g'ensi. Naye Yisirayiri yali tebala bibala. Ki ekyava mu makungula g'omwoyo mu Yisirayiri (Olunyiriri 4)

Kulamulwa ki okwateekebwa ku nnimiro ey'emizabbibu (Olunyiriri 5-6)

Bukuubagano ki obuli mu lunyiriri lwa 7? Katonda yanoonya _____ naye n'azuula _____ yanoonya _____ n'azuula (obutali butuukirivu)

Nsonga ki eyaleetera Yisirayiri okuba mu mbeera y'omwoyo bweti? (Ennyiriri 13,20)

ENNIMIRO Y'EMIZABBIBU.

(Matayo 21:28-41, Makko 12:1-9, Lukka 20:9-16)

Olugero luno mu ndagaano empya nalwo lukwata ku nnimiro ya Katonda ey'emizabbibu. Kyawandiikibwa ekiraga Katonda bwe yawa bannabbi be eri Yisirayiri ne bagaanibwa. Oluvannyuma n'asindika omwana we yennyini Yesu Kristo, naye ne bamugaana.

Abalimi (Yisirayiri), beeyisa batya eri abaddu Katonda be yatuma?

Baayisa batya omwana we?

Kulamulwa ki Katonda kwe yasindika?

(Abalala beyakuwa baali bannamawanga)

OMUTIINI (Lukka 13:6-9)

Nnannyini nnimiro y'emizabbibu bwe yajja okufuna ebibala ku mutiini, yasangako ki?

Yali ayagala kukola ki?

Omukuumi w'ennimiro yakola atya?

Omuti omutiini gukkikirira Yisirayiri. Olowooza olugero luno lutegeeza ki?

ABAKOZI MU NNIMIRO Y'EMIZABBIBU.

(Matayo 20:1-16)

Ki ekyasasulwanga abakozi abaakolanga emisana?

Ki ekyasasulwanga abakozi abaakolanga akawungeezi?

Buzibu ki obwajja mu masekkati g'abakozi?

Nnono ki Yesu gye yalaga mu Lugero luno? (olunyiriri 16)

ABAANA ABABIRI. (Matayo 21:28-31)

Taata bwe yasaba abaana be okukola mu nnimiro y'emizabbibu;

Omwana we eyasooka yamuddamu atya?

Omwana we eyasooka yakola ki ddala?

Omwana we owookubiri yamuddamu atya?

Omwana we owokubiri yakola ki ddala?

Nnono ki Yesu gye yasomesa mu lugero luno?

–

AMAKUNGULA: (Matayo 9:37-38, Lukka 10:2, Yokaana 4:34-48, 12:24)

Emirundi mingi Yesu yakozesanga ebyokulabirako eby'omubiri okulaga amazima ag'omwoyo.

Kiki ekyali kisinga okwetaagibwa mu nnimiro y'amakungula?

Kintu ekyo kye tuyinza okukola olw'ekyetaago ekyo? (Matayo 9:38)

Nnono ki ey'amakungula Yesu gye yasomesa mu Yokaana 12:24?

Mazima ki g'oyiga ku basizi n'abakunguzi mu Yokaana 4:36-38.

OMUDDO. (Matayo 13:24-30)

Nsigo kika eyasigibwa mu nnimiro?

Kiki eky'abaawo ng'abakozi beebase?

Kiki ekyasalibwawo okwewonya omuddo ogwali gusimbiddwa? (olunyiriri 30)

Lwaki nannyini nnimiro yasalawo kikolebwe bwe kityo? (olunyiriri 29)

Buvunaanyizibwa bwaffe okwawula omuddo okuva mu hano?

AKAWEKE KA KALADAALI.

(Matayo 13:31-32, Makko 4:31-32, Lukka 13:18-19)

Akaweke ka kaladaali ke _____ k'ensigo zonna.

Kika kya muti ekivaamu nga kasimbiddwa?

Mazima ki ag'omwoyo Yesu ge yali alaga mu lugero lw'akaweke ka kaladaali?

Mu Matayo 17:20, Yesu yakozesa akaweke ka kaladaali ng'ekyokulabirako eky'okukkiriza.

Okukkiriza okutono kuvaamu ki?

ESSUULA EYOOMUSANVU.

ENGERI Z'OKUKUNGULA MU MWOYO.

EKITUNDU EKYOKUBIRI (2)

EBIGENDERERWA:

Bw'omaliriza essuula eno, onooba osobola;

- Okunnonnyola ennono z'omwoyo ezifaanana n'ezomubiri mu kukula kw'ekimera.
- Okukozesa ennono zino ng'egeri z'okukungula mu mwoyo.

OLUNYIRIRI OLUKULU:

Kuba nga ettaka bwe livaamu ebimera, era ng'ennimiro bwereetera ensigo okumeruka, bw'atyo Mukama Katonda bwalireeta obutuukirivu n'ettendo okumeruka, ensi zonna zikirabe. (Isaaya 61:11)

ENNYANJULA.

Essuula eno eyongerayo okuyiga ku ngeri z'okukungula mu mwoyo. Ekwata ku nnono y'amakungula esembayo. Ensigo zikula okusenziira ku mbeera ezizeetoolodde. Mu nsi ey'omubiri, mulimu embeera ezeetagibwa olw'okukula n'okumeruka kw'ensigo. Embeera zino ez'omubiri zifaananira ddala ez'omwoyo eziba zeetagsibwa olw'okumeruka n'okukula kw'ensigo y'ekigambo kya Katonda okukisobozesa okuleeta amakungula ag'omwoyo.

EMBEERA Z'OKUKULA.

OBULAMU.

Awatali bulamu, okukula tekusoboka. Wateekwa okubaawo obulamu mu nsigo, oba si kyo tejjja kukula. Yesu ye yali e kigambo kya Katonda ekirabika, ensigo era mu ye mwe mwali obulamu.

Mu ye mwe mwali obulamu; era obulamu buno ne buba ekitangaala eri abantu. (Yokaana 1:4)

Kubanga nga Kitaawe w'Omwana bw'alina obulamu mu ye, bw'atyo bwe yawa Omwana okuba n'obulamu mu ye. (Yokaana 5:26)

Yesu yajja kusimba ensigo ey'obulamu okukuyamba okwekubisaamu.

Nze najja, zibe n'obulamu, era zibe nabwo mu bujjuvu. (Yokaana 10:10)

Obulamu bwe buli mu ggwe. Bw'osiga ensigo y'ekigambo kye, okimanya nti...

Era ng'enkuba bwetonyan'omuzira ne gugwa okuva mu ggulun'ebitaddayo,wabula ne bifukirira ettaka, ebirime ne bikula,ne bimerusa ensigo z'omusizi,era ne biwa omuli emmere,

Bwe kityo ekigambo kyange ekiva mu kamwa kange bwe kiri;tekiriddayo bwereere,naye kirikola ekyo kye njagalaera kirituukiriza ekyo kye nakituma. (Isaaya 55:10-11)

ETTAKA ETTUUFU.

Oyize mu lusoma luno nti ettaka eritalimiddwa liremesa okufuna amakungula amangi. Ettaka ettuufu lyetaagisa ku lw'amakungula amalungi.

Ettaka eddungi gy'emitima gy'abantu abawulira ekigambo ne bakkiriza ddala era ne bavaamu ebibala, emirundi amakumi asatu, abalala emirundi nkaaga, n'abalala kikumi. (Makko 4:20)

Bw'okungula mu nsi ey'omwoyo, oteekwa okuteeka ennyo amanyigo ku ttaka eddungi. Oteekwa okutegeka ettaka n'osimba bulungi ensigo y'ekigambo. Byombi byetaagisa kulw'amakungula agajja.

Okusinziira ku lugero lw'omusizi (Makko 4:3-20), bwe waba nga tewali makungula, obuzibu buba buvudde ku ttaka. Eno nnono nkulu nnyo ey'amakungula. Ettaka eritaviisa kintu teririna kulekebwa awo. Omuntu alina okusiga, alime era azuule ekiseera ekituufu mwalina okuyitiramu abakunguzi (Lukka 13:6-9). Naye kino si ky'ekifo ky'okumalirako amaanyi g'omwoyo. Yesu teyagambako nti walibaawo ebbula ly'abasizi wabula abakunguzi. Amaanyi ag'omwoyo geetaaga kumalira ku ttaka eriviisa ne liwa amakungula.

Okumanya ebiseera kikulu nnyo mu kukungula. Abakunguzi tebeetaagibwa ng'ensigo yaakasimbibwa oba ng'ekirime kikyalina amalagala. Naye waliwo akaseera akatono ako akatuufu amakungula g'okuttaka eddungi we gengerera. Kati awo abakunguzi abangi we beetagibwa. Abakozi bonna bwe baba nga beewaddeyo ennyo eri ennimiro ezitaviisa nga tewali bakungula, awo omukisa ogwo gufiira ddala olubeerera.

AMAZZI.

Amazzi geetaagibwa ku lw'ensigo eyo okumeruka n'okuzaala mu nsi ey'omubiri. Katonda yasubiza:

Kubanga ndifuka amazzi ku ttakaeririna ennyonta n'enzizi ku ttaka ekkalu... (Isaaya 44:3)

Okuyiika kuba kufukibwako mafuta okw'Omwoyo Omutukuvu okukiikirirwa akabonero ak'amazzi.

Ndifuka Omwoyo wange ku nsigo yo... (Isaaya 44:10)

Ng'Ekyawandiikibwa bwe kigamba nti buli akkiriza Nze emigga egy'amazzi amalamu girikulukuta nga gifuluma mu mutima gwe! (Yokaana 7:38)

Amazzi ag'Omwoyo Omutukuvu galeetera ensigo ey'ekigambo kya Katonda okusimba emizzi mu mitima gy'abasajja n'abakazi abaafa mu kibi.

Wakiri waliwo essuubi ng'omuti guloka: Bwe gutemebwa, guloka nate, era ekikolo kyagwo ekiggya tekifa.

Emirandira gyagwo gyandikaddiyidde mu ttakaera n'ekikonge ne kifiira mu ttaka,

Naye olw'emirandira okutambula ne ginoonya amazzi kimulisane kireeta amatabi ng'ekisimbe. (Yobu 14:7-9)

EKITANGAALA.

Ekimera ky'ensi ey'omubiri kikula okusenziira ku ngeri gye kikwataganye n'ekitangaala. Ekitangaala kya Katonda ky'ekireetawo okukula kw'amakungula g'omwoyo.

Mu ye mwe mwali obulamu; era obulamu buno ne buba ekitangaala eri abantu. (Yokaana 1:4)

Nze Musana gw'ensi. Angoberera taatambulirenga mu kizikiza, wabula anaabeeranga n'omusana ogw'obulamu." (Yokaana 8:12)

Ekitangaala kya Katonda kireetawo obulamu bw'omwoyo.

EMPEWO.

Empewo eyabulijjo entabuletabule ebimera eby'omubiri bigisika okuva mu mpewo oba ebibyetoolodde. Empewo yetaagisa ebimera okukula obulungi. Mu Baibuli omwoyo Omutukuvu ageraageranyizibwa ku mpewo oba omuyaga.

Empewo ekuntira gy'eyagala, n'owulira okuwuuma kwayo, naye tomanya gy'eva newaakubadde gyegenda; bw'atyo bw'abeera omuntu yenna azaalibwa Omwoyo." (Yokaana 3:8)

Omwoyo Omutukuvu assiza obulamu mu nsigo y'ekigambo ekireetawo okukula mu mwoyo.

EBBANGA.

Mu lugero lw'omusizi, okulwanira ebbanga kyaleetera ebimera ebimu okufa.

N'ensigo eyagwa mu maggwa efaanana ng'omuntu awulira ekigambo naye okweraliikirira kw'ebintu by'ensi n'obugagga obutaliimu ne bibuutikira ekigambo ne kitabala bibala. (Matayo 13:22)

Okuvuganyiza ebintu by'ensi kuyinza okufumita ensigo y'ekigambo kya Katonda n'etabala bibala bya mwoyo.

ENSIMBA Y'EMIRANDIRA.

Emirandira mikulu okusika ekiriisa okuva mu ttaka okuda eri ekimera. Zabuli 1, etugamba engeri y'okukuza emirandira mu bulamu bwo obw'omwoyo:

Alina omukisa omuntuatambulira mu kuteesa kw'ababi,era atayimirira mu kibiina ky'ababi,newaakubadde okutuula n'abo abanyooma ebya Katonda.

Naye asanyukira okugondera amateeka ga Mukama,era mu mateeka ago mw'alowooleza emisana n'ekiro.

Afaanana ng'omuti ogwasimbibwa ku mabali g'omugga,ogubala ebibala byagwo mu ntuuko zaabyo,n'ebikoola byagwo tebiwotoka.Na buli ky'akola kivaamu birungi byereere. (Zabuli 1:1-3)

OKUWUMMULA.

Ekimera kiwummula mu kiseera ekiyitibwa "eky'obutakula." Ekiseera eky'obutakula ky'ekyo ekimera we kiwummulira. Ekiseera ekyo kibaawo ng'ekiseera ekimera mwekikulira amangu tekinatuuka. Ekimera kirabika ng'ekifudde naye kiba tekifudde. Ensigo ey'obulamu eba nnamu mu kkyo.

Bw'osiga ensigo y'ekigambo kya Katonda mu bulamu bw'abasajja n'abakazi, watera okubaawo ekiseera ky'obutakula nga tolabawo kukula. Okuyinza okulowooza nti olemereddwa mu kyewagenderera. Naye ensigo eba tennafa. Nga bwe kiri mu nsi ey'omubiri, obutakula mu mwoyo kubaawo ng'ekiseera ky'okumera n'okukulira amangu tekinatuuka eky'amakungula ag'omwoyo. Lindirira amakungula n'obugumiikiriza.

Noolwekyo abooluganda mugumiikirize, okutuusa amadda ga Mukama waffe, ng'omulimi bw'agumiikiriza ng'alindirira enkuba eya ddumbi n'eya ttoggo okukuza ebibala bye biryoke byengere. (Yakobo 5:7)

KIKWATA KU KIKOLO.

Okusobola okubala ebibala mu nsi ey'omubiri, ettabi lirina okuba nga likyakutte ku nduli y'omuti. Ettiabi ly'omuti bwe limenyeka okuva ku kikolo oba enduli eriwa obulamu, telijja kubala bibala.

Yesu ye kikolo ate ffe matabi. Okusobola okubala ebibala, oteekwa okukuuma enkolagana naye:

Nze muzabbibu ogw'amazima, ate Kitange ye mulimi.

Buli ttabi eriri ku Nze eritabala bibala aliggyako. Naye buli ttabi eribala ebibala, alirongoosa lyeyongerenga okubala.

Mmwe kaakano muli balongoofu olw'ekigambo kye mbagambye;

Mubeere mu Nze era nange mbeere mu mmwe. Ng'ettabi bwe litayinza kubala bibala ku bwalyo nga teriri ku muzabbibu, bwe mutyo nammwe temuyinza kubala bibala bwe mutabeera mu Nze. (Yokaana 15:1-4)

OKUSALIRA.

Okusalira nakyo kikulu mu nsi ey'omubiri, ekimera bwe kiba kyakubala bibala. Omulimi bw'asalira ekimera asalako amatabi agatalina mugaso okusobola okuyamba ekimera okubala ebibala abingi. Aggyako buli kintu ekiyinda okulemesa ekimera ekyo okubala obulungi.

Okusalira era kwetaagisa ne mu nsi ey'omwoyo. Okusalira okw'omwoyo kwe kugololwa okwa Katonda Baibuli kweyita okugunjula. Katonda bw'asalira aggya mu bulamu bwo buli kintu ekiyinda okukulemesa okukula mu mwoyo. Enkola eno oggyetaaga bw'oba wa kubala bibala eby'omwoyo.

Buli ttabi eriri ku Nze eritabala bibala aliggyako. Naye buli ttabi eribala ebibala, alirongoosa lyeyongerenga okubala. (Yokaana 15:2)

Ebiseera ebisinga tokungula birungi biva mu kusalirwa kubanga onenya sitaani naye nga Katonda yaganya embeera ezo eri obulamu bwo okusobola okukutereza (okusalira). Obukulu bw'okutondebwa bukuweebwa mu Koseya.

Mujje, tudde eri Mukama. Atutaaguddetaagudde, naye alituwonya; atuleeseeko ebiwundu, naye ebiwundu alibinyiga. (Koseya 6:1)

Okuyigiriza kw'okusalira kuvaamu okudda kwa Katonda. Oluusi ebimera biterekebwa mu bizimbe ebityibwa "Etterekero ly'ebirime" mu biseera by'ebbugumu ebyenjwulo bisobole okukula. Bikuumibwa okwewala embeera eyaddala eba wabweru, kimala ne kifa kubanga kibadde mu mbeera ndala nnyo. Kiba tekisobola kumanyiira mbeera ya bulamu bw'ensi obwa ddala.

Nga twogera mu mwoyo tetwetaaga materekero ago. Abakristaayo abalabika obulungi we babakuumira baba tebasobola kulaga kyekimu nga bazze mu nsi eyaddala. Ensiyo y'ekigambo kya Katonda esigibwa mu bulamu bwo n'obwabo b'owereza eteekwa okuzaala, okukula awatali kutunuulira bizibu ebiri mwoyo.

OKUFUNZA.

Essuula eno y'emaliriza engeri z'okukungula mu mwoyo. Okwejjukanyaamu ku nnono ezitulaga eby'omwoyo ebifaanana n'amazima ag'ensi.

- Buli kimera kisobola okwekubisaamu.
- Okusiga kwetaagisa okusobola okukungula.
- Tokungulira mu kiseera ky'ennyini mw'osigira.
- Oteekwa okusiga awatali kutunuulira mbeera.
- Oteekeddwa okukungula okuva ku bungi bw'ekyo kye wasiga.
- Osobola okusiga w'otaakungulira ate n'okungula w'otaasiga.
- Ojja kukungula amakungula bw'onoobeera omwesigwa.
- Okusobola okwekubisaamu, ensigo eteekwa okufa.
- Ensiyo zikula okusinzira ku mbeera ezizetoolodde.

Okutegeera n'okukola engeri zino kijja kuvaamu amakungula g'omwoyo ag'omuyiika. Essuula eddako ejja kukulaga engeri y'okukungulamu amakungula.

OKWEGEZAAMU.

1. Wandiiika olunyiriri olukulu okuva mu mutwe gwo.

.....
.....
.....

2. Nnono ki esembayo ey’amakungula esomeseddwa mu ssuula eno?

.....
.....
.....

3. Leeta embeera z’omubiri kumi (10) ez’okukula nga bwe zinnyonnyoddwa mu ssuula eno nga bwe zikozesebwa mu ssuula eno.

.....
.....
.....
.....
.....
.....
.....
.....
.....
.....
.....
.....
.....
.....
.....
.....
.....
.....
.....
.....
.....
.....
.....
.....
.....
.....
.....
.....
.....
.....
.....
.....
.....
.....
.....
.....
.....
.....
.....
.....
.....
.....
.....

(Ebidibwamu mu kwegesa kuno bikuweereddwa ku nkomerero y’ekitabo kino.)

OKWEYONGERA OKUSOMA.

Mu ssuula ebbiri ezisembayo, eby'omwoyo ebifaanana n'ennono z'omubiri mu kusiga n'okukungula binnyonyoddwa. Yesu yasomesa ekintu kye kimu mu lugero olw'omusizi. Kwanaganya engero zino essatu mu;

Matayo 13:3-9, Makko 4:3-20, ne Lukka 8:5-15.

1. Kyefaananyiriza ki eky'omwoyo ku nsigo ey'omubiri eyasimbibwa? (Lukka 8:11)

2. Ebikka by'ettaka eby'enjawulo biraga engeri omuntu gy'addamu eri ekigambo kya Katonda. Maliriza ekipande kino ekinnyonyola ebivaamu ettaka n'okusiga ensigo.

Ekika ky'ettaka.

Ebiva mu nsigo ezisimbiddwa mu ttaka eryo.

3. Kiki ekibaawo omuntu bwawulira ekigambo n'akitegeera? (Matayo 13:19)

4. Kiki ekireetera ensigo eyagwa ku lwazi okufa? (Matayo 13:20-21, Lukka 8:6,13)

5. Bintu ki ebigeraageranyiziddwa ku maggwa agafumita ekigambo kya Katonda? (Matayo 13:22, Makko 4:18-19, Lukka 8:6,13)

6. Kiki ekibaawo ng'ekigambo kifumitiddwa amaggwa? (Matayo 13:22)

_____ Abeera _____

7. Olugero lulaga nti wabaawo enjawulo ki biva mu nsigo eri ku ttaka eddungi ng'ekunguddwa? (Matayo 13:23) _____ biki ebivaamu

8. Kiki ekyatuuka ku nsigo eyaggwa ebbali w'ekkubo? (Makko 4:4, Lukka 8:5)

_____ ky'amwoyo ki ekifaanana kino
? _____

9. Emitima gy'abantu abeefuula ettaka eddungi girimu bintu ki? (Lukka 8:15)

Balina _____ ne _____
mutima.

10. Abantu abalinga ettaka eddungi batera kukola batya? _____

11. Engeri zino ez'okuddamu eri ekigambo kya Katonda tezikola lwa kukkiriza njiri kyokka. Zikola ku buli mazima g'ekigambo Katonda kyasimba mu bulamu bwaffe.

Okwolesebwa kw'amakungula kusimbiddwa mu bulamu bwo. Kusimbiddwa mu ttaka ly'omwoyo eddungi? Kiki ekinavaamu?
Egudde ku ttaka lya lwazi? Osobola okuba ng'osanyukidde okwolesebwa kw'ofunye okwamakungula naye nga tekusimbidde ddala mu mmizi mu mutima. Ebiseera ebizibu bwe bikujjira ojja kuva mu kwolesebwa kwo. Esimbiddwa mu maggwa? Ofaayo nnyo ku bikutegannya, obugagga, ebisanyusa n'okwegomba kw'obulamu? Ebintu bino ebiggwaawo bikusingira okwolesebwa? Bwe kiba kityo, tolituuka ku makungula. Okubikkulirwa kuno okw'amakungula kugudde ku ttaka eddungi? Ofunye era onookuuma okwolesebwa? Bwe kiba kityo, ojja kubala ebibala era okubisibwemu mu mwoyo.

ESSUULA EYOOMUNAANA.

OKUKUNGULIRA MU KUBIKKULIRWA.

EBIGENDERERWA:

Bw'omaliriza essuula eno, onooba osobola;

- Okunnyonyola enkola ya Katonda ey'okwekubisaamu.
- Okuzuula ekikozesebwa eky'omwoyo ekiyamba okukungulira mu kubikkulirwa.
- Okweyongerayo osukke ku mukisa ofune amaanyi ag'omwoyo.

OLUNYIRIRI OLUKULU.

Naye muliweebwa amaanyi, Mwoyo Mutukuvu bw'alimala okubakkako, era munaabanga bajulirwa bange mu Yerusaalemi, ne mu Buyudaaya yonna, ne mu Samaliya okutuukira ddala ku nkomerero z'ensi. (Ebikolwa 1:8)

ENNYANJULA.

Tekimala okumanya engeri z'okukungula mu mwoyo. Oteekeddwa okumanya enkola n'ekikozesebwa okukungula. Enkola y'engeri gye weeyambisa engeri z'oyize. Oteekwa okukola omulimu gwa Katonda mu ngeri ye. Engeri ye y'eyokubikkulirwa okw'obwa Katonda ne kireeta okwekubisaamu mu mwoyo.

Bw'olidda ku mukono ogwa ddyo oba ku gwa kkono, amatu go galiwulira eddoboosi emabega wo nga ligamba nti, "Lino ly'ekkubo, litambuliremu.

Alibaweereza n'enkuba olw'ensigo z'osiga mu ttaka, n'emmere eva mu ttaka eggimu nga nnyingi. Mu biro ebyo ente zo ziririira mu ddundiro eggazi. (Isaaya 30:21,23)

Kuno kwe kukungulira mu kubikkulirwa okuva eri Katonda so si enkola z'abantu.

ABAWANIKA B'EBYAMA.

Abakkiriza "bawanika ba byama bya Katonda." Omuwanika y'oyo avunaanyizbwa ku kintu ku lw'omulala. Ekyama kye kintu ekitamanyiddwa balala. Katonda atuwadde omulimu gwa.

Katonda eyatonda ebintu byonna yayagala nnyambe buli muntu okutegeera ebyekyama ebyali bikwekeddwa mu Katonda.

Katonda yakigenderera atyo, ng'ayita mu kkanisa, alyoke yeeyoleke eri amaanyi n'obuyinza ebiri mu nsi ey'omwoyo eya waggulu, ng'abalaga nga bw'alina amagezi amangi ag'ebika eby'enjawulo.

Katonda yakola bw'atyo ng'enteekateeka ye ey'emirembe n'emirembe bw'eri, gye yatuukiriza mu ebyo byonna Kristo Yesu Mukama waffe bye yakola. (Abaefeso 3:9-11)

Katonda abikkulidde ekkkanisa ekyama ky'obulokozi okuyita mu Yesu Kristo. Ayise mu kkanisa okusobozesa ekyama kye kibune ensi yonna.

Yatubikkulira ekyama eky'okwagala kwe, ng'okusiima kwe bwe kuli kwe yateekerateekera mu Kristo.

Olwo ekiseera ekituufu bwe kirituuka, Katonda alikola byonna bye yateekateeka, n'ateeka ebintu byonna awamu wansi wa Kristo, ebiri mu ggulu n'ebiri ku nsi. (Abaefeso 1:9-10)

Ekkansa ky'ekikozesebwa Katonda mwayisa ebyama bye okubikkulirwa eri omwonoonyi. Ekigendererwa kyaffe kwe kumu "ku kukungulira mu kubikkulirwa."

ENSIGO YA KUMUWEEREZA.

Enkola y'okukungula ey'omubiri eba ku nnono y'okwekubisaamu. Ensigo esimbibwa n'ezaala amakungula. Mu kibala eky'amakungula mulimu ensigo ez'okwongera okwekubisaamu.

Ensi n'ereeta ebimera: ebimera eby'ensigo ebya buli ngeri, n'emiti egy'ebibala ebya buli ngeri n'ebijja ku nsi. Katonda n'alaba nga ky'akoze kirungi. (Oluberyeberye 1:12)

Ensigo zino zisobola okwekubisaamu ne zizaala amakungula amalala. Enkola eno tekoma. Mu nkola eno ey'omubiri mulimu amazima ag'omwoyo ag'amaanyi. Y'emu ku nsonga ezaaletera Yesu okukozesa eky'okulabirako eky'amakungula okunnyonyola okwolesebwa kw'okutuusa enjiri eri ensi.

Ng'ekibala ekikunguddwa bwe kirina obusobozi bw'okwekubisaamu mu nsi ey'omubiri, era bwe kiri ne mu nsi ey'omwoyo.

Yesu yayitibwa ensigo:

Ensi zonna zirijjukirane zikyukira Mukama, ebika byonna eby'amawanga gonnabirimuvuunamira. Ezadde lyabwe lirimuweereza; abaliddawo balibuulirwa ekigambo kya Mukama. (Zabuli 22:27, 30)

Yesu bweyafiirira ebibi by'abantu ku musalaaba, ensigo y'obulamu bwe yasimbibwa. Amakungula mayitirivu agaze g'ekubisaamu olw'abantu okulokoka ne bava mu kufa okujja eri obulamu.

Buli mulokole omukkiriza alinga ensigo mu nsi ey'omubiri. Mu buli omu, mulimu omulimu, obulamu n'obusobozi bw'okwekubisaamu. Kino kituufu mu nsi ey'omubiri n'eyomwoyo.

ENSI YATUUKIBWAKO.

Kwali kwolesebwa kw'amaanyi Yesu kwe yawa abagoberezi be. Ennimito z'amakungula ez'ensi nnyingi ezibatunuulidde. Tebaalina nkola za tekinologiya nga okukubisa ebitabo, laadiyo, telefayina ne kompyuta okubayambako mu mulimu gaabwe. Tewaali ntambula za mangu nga bbaasi, Emmotoka, eggaali z'omukka oba ennyonyi. Kyokka nga Baibuli egamba nti mukiseera ekitono ddala baali bamaze okukyusa ensi ku lwa Yesu Kristo.

Bwe baababulwa, kwe kukwata Yasooni n'abooluganda abamu ne babaleeta mu maaso g'abakulu b'ekibuga, nga bwe baleekaana nti, "Pawulo ne Siira batabuddetabudde ebifo ebirala mu nsi yonna, ne kaakano bazze wano batabuletabule ekibuga kyaffe. (Ebikolwa 17:6)

Okwolesebwa kwali kutuukiriziddwa eri abantu abaategeera enkola ya Katonda ey'okwekubisaamu nga bayize okukungula mu mwoyo.

Mu nsi yonna mulimu ennimiro z'amakungula ezengedde naye emyoyo gy'abantu zizikirira newaakubadde waliwo tekinologiya omuggya. Ensonga eri nti bangi tebategedde nkola na bikozebwa mu kukungula kw'amakungula g'okubikkulirwa.

ENKOLA.

Ekkansa za leero zigezezaako okukozesa enkola z'okubuulira enjiri ez'enjawulo abantu ne bawera mu kkanisa. Bakozesa okuvuganya, ebirabo, entegeka ezitalizimu okusikiriza ebibinja by'abantu. Bakozesa entegeka zaabwe ng'abantu nnyingi okugezaako okukola omulimu gw'omwoyo. Omulimu gw'omwoyo gukolebwa na nkola za mwoyo. Katonda tasobola kuwa bagoberezi mulimu gw'amaanyi bwe gutyo n'aleka nga tabawadde byakukozesa okusobola okugutuukiriza.

Enkola esobola okulabikira mu ky'omubiri ekifaanana ekibala eky'amakungula ekirina obusobozi bw'okwekubisaamu. Kifunziddwa mu 2 Timoseewo 2:2

Ebyo bye wawulira nga njogera mu maaso g'abajulirwa abangi biyigirizenga abantu abeesigwa, abalisobola okubiyigiriza abalala. (2 Timoseewo 2:2)

Eri ensi tewaagendayo bayigirizwa ba Yesu Kristo ekkumi n'ababiri bokka. Buli mukkiriza yali mukristaayo eyeekubisaamu. Ensi tejja kutuukibwamu abo bokka abaweereza oba abaminsani abatendeke, tebamala. Ebitundu kyenda mu mwenda ku buli kikumi (99%) eby'abantu abali mu kkanisa bantu ba bulijjo. Abakozi weebali abeetaaga okuzzaamu amaanyi bwe tuba nga twakusisinkana obuwumbi bw'emyoyo obusatu ku lwa Yesu Kristo. Baibuli eyogera kukutulugunyizibwa okwamaanyi okwajja eri ekkansa eyasooka mu Yerusalemi

Sawulo yali omu ku abo abaawagira okuttibwa kwa Suteefano. Era ku lunaku olwo okuyigganya Ekkansa ne kutandika n'amaanyi mangi nnyo mu Yersaalemi.

Abakkiriza bonna, okuggyako abatume, ne basaasaanira mu Buyudaaya ne mu Samaliya,

Naye abakkiriza abadduka mu Yersaalemi ne bagenda mu buli kifo nga babuulira Enjiri ya Yesu. (Ebikolwa 8:1, 4)

Abatume abaali abakulembeze mu kkanisa era abaweereza ababuli kiseera, baasigala nga mu Yerusalemi. Abaagenda nga okubuulira ekigambo kya Katonda baabanga bakkiriza abalala. Buli mukkiriza yali yeekubisaamu abakkiriza abalala ng'abwabaiyigiriza eby'obwakabaka bwa Katonda. Abo abaasaananga baali bavubi, bakozi ba weema n'abatunzi nga emirimu gyabwe egya bulijjo, naye kyebaasinganga okufaako kwe kubuulira enjiri.

Saulo bwe yali atulugunya ekkansa eyasooka, kyawandiikibwa nti teyakoma mu yekaalu mwokka wabula ne mu "nnyumba zonna" asobole okusiba abakkiriza (Ebikolwa 8:3). Kyali kityo kubanga buli maka yabanga nkulungo yakukunguliramumu mu mwoyo. Nga buli mukkiriza yeekubisaamu ate na buli maka okuba enkulungo y'okubuulira enjiri, okuggalanga emiryango gya yekaalu tekyalemesanga njiri kubuulirwa.

Nga buli mukkiriza mu kkanisa eyasooka bwe yeekubisaamu, buli maka gaalina ekigendererwa. Okugeza ebintu bino wammanga byabaawo mu maka g'abakkiriza.

- Ebikolwa 2:1, 46: Pentekoote yatuukira mu kisenge ekyawaggulu mu nyumba. Oluvannyuma lwa Pentekoote abakkiriza baasisinkananga buli lunaku mu maka.

- Ebikolwa 9:11, 17: Ananiya yagenda mu nnyumba ya Yuda n’awereza eri Paulo. Kino kyaviirako okubuulirwa kw’enjiri eri bannamawanga.
- Ebikolwa 10-11: Nga basaba mu maka Peetero yafuna okubikkulirwa okwaleetawo okubunyisa enjiri eri bannamawanga .
- Ebikolwa 12:12, 16:15, 21-24, 40: Abakkiriza baakuhhananga okusaba mu maka ga Maria, Ludiya ne Yayero.
- Ebikolwa 20:20: Paulo teyosomesanga mu lujjude lw’abantu naye ne mu maka.
- Ebikolwa 28:30-31: Paulo yabuuliranga era n’asomesa mu nnyumba empangise.
- Ebikolwa 21:8-14: okubikkulirwa okw’obwannabbi kwaweebwa Paulo mu nnyumba ya Firipo.
- Abaruumi 16:5, 1 Abakolinso 16:15, 19, Abakolosayi 4:15, Filemoon 2: Mukkanisa, okujulira kwaweebwa okuva mu maka ga Pulisikira ne Akula, Sutefaana, Nunfa ne Alukipa.

Buli maka gaali nkulungu ya kwekubisaamu mu mwoyo. Buli mukkiriza yali yeekubisaamu. Amaka go tegalina kuba nkulungu ya kwetaasa lutalo lwa mwoyo nga buli kiseera olina kuba ng’olwanyisa mulabe. Galina kuba kyakukuliramu mu mwoyo okweyongerayo kw’enjiri ng’olumba amatwale Sitaani g’alimu kulw’aKatonda.

SOMESA OMU ABEEKO GW’ATUUKIRIRA.

Enkola nnyangu nnyo; Buli mukkiriza okwekubisaamu abalala alina okusomesa abantu abeesigwa abasobola okusomesa abalala. Nga bwe kiri mukyokulabirako kya makungula g’ebibala mu mubiri. Enkola eyo tekoma. Naye ebiva mu nteekateeka eno bigonza mu kutegeera engeri ekkansa eyasooka bwe yakyusa ensi yonna n’obubaka bw’enjiri.

Tunuullira ekipande ekiri ku mukko oguddako. Ekipande kino kikozeza ekiseera ky’omwaka ng’ekiseera ky’ekigero ekisaanidde okutuukirira omuntu n’obubaka bw’enjiri. Ekipande kiraga nti mu mwaka ogusooka omukristaayo aba asomesa omuntu omu. Ku nkomerero y’omwaka, baba bafuuse abantu abeesigwa babiri (Omukkiriza n’oyo gw’aba asomesezza). Mu mwaka oguddako. Buli omu ku bano agenda n’abaako gw’asisinkana. Ku nkomerero y’omwaka ogwookubiri wabaawo omugatte gw’abantu bana, nga buli omu ku bana ajja kutuukirira yo omuntu omu mu mwaka oguddako. Tunuullira waggulu w’ekipande, otunuulire ebiva mu nkola eno bw’ogigoberera okumala emyaka egiwera.

Bw’obeera kitundu ku kkanisa eya bulijjo, funa omuwendo gw’abagirimu okubiseemu 131,072. Ky’ofuna gw’emuwendo gw’abantu ekkansa yo b’eba esobola okukungula mu myaka kumi namsanvu (17) egijja, bwaba nga mukkiriza yeekubisaamu.

OMUSOMESA(ABASOMESA)	OMUYIGIRIZWA(ABAYIGIRIZWA)	OMUWENDO
OMWAKA 17 65,536	65,536	= 131,072
OMWAKA 16 32,763	32,768	= 65,536
OMWAKA 15 16,384	16,384	= 32,768
OMWAKA 14 8,192	8,192	= 16,384
OMWAKA 13 4,096	4,096	= 8,192
OMWAKA 12 2,048	2,048	= 4,096
OMWAKA 11 1,024	1,024	= 2,048
OMWAKA 10 512	512	= 1,024
OMWAKA 9 256	256	= 512
OMWAKA 8 128	128	= 256
OMWAKA 7 64	64	= 128
OMWAKA 6 32	32	= 64
OMWAKA 5 16	16	= 32
OMWAKA 4 8	8	= 16
OMWAKA 3 4	4	= 8
OMWAKA 2 2	2	= 4
OMWAKA 1 1	1	= 2

Katonda akozesezanga abasajja n’abakazi okutuukiriza okwagala kwe. Enkola ya Katonda ey’okukungula yetaaga abantu. Omuntu anoonya enkola esingayo obulungi, naye Katonda anoonya abantu abasinga obulungi. Ensi etwaala abantu abalina amaanyi, ebitone n’egezaako okubawa embala. Katonda agamba kutwala bantu ab’embala, abantu abeesigwa, era ajja kubakulakulanya bafuuke abantu ab’amanyi.

Ng’omuwanika w’ebyama bya Katonda, kikugwanira okuba omuntu omwesigwa;

Omuntu asaanidde atulabe ng’abaweereza ba Kristo era abawanika b’ebyama bya Katonda.

Ate era omuwanika kimugwanira okuba omuntu omwesigwa. (1 Abakolinso 4:1-2)

Tekikwetagisa kuba mutendeke oba wa bitone. Weetaaga kuba mwesigwa. Abantu abeesigwa abawa enjiri eri abasobola okusomesa abalala. Kuno kwe kubikkulirwa okw’okukungula.

EKIKOZESEBWA.

Mu nsi ey'omubiri mulimu engeri z'okukungula n'ekola ez'okweyambisa enkola ezo. Waliwo ebintu n'ebikozesebwa mu kukungula. Ebintu ebikozesebwa bino biyinja okuviira ddala ku kambe obwambe okutuuka ku byuma ebigumu.

Katonda atuwadde ekikozesebwa mu kukungula mu mwoyo. Yesu yagamba;

Mpeereddwa obuyinza bwonna mu ggulu ne ku nsi.

Kale mugende mufuule abantu bonna mu nsi zonna, abayigirizwa nga mubabatiza mu linnya lya Kitaffe, Omwana era Mwoyo Mutukuvu.

Era mubayigirize okugonderanga byonna bye nabalagira mmwe, era Ndi nammwe bulijjo n'okutuukira ddala ensi lw'eriggwaawo." (Matayo 28:18-20)

Waliyo eby'okujulirako ebikulu bina ku kigambo "gonna" ekiri mu kyawandiikibwa ekyo. Abakkiriza baweabwa omulimu ogwa;

- Okusomesa amawanga gonna.
- Ebintu byonna.

Emirimu gino bwebuvunaanyizibwa bwaffe. Bwe bufunze bw'okwolesbwa okwamakungula.

Obuvunanyizibwa bwa Katonda kwe;

- Okuwa amaanyi okutuyamba mu mulimu gwe.
- Okubeera naffe mu buli ngeri (Engeri zonna).

Yesu yagamba abayigirizwa be:

Naye muliweebwa amaanyi, Mwoyo Mutukuvu bw'alimala okubakkako, era munaabanga bajulirwa bange mu Yerusaalemi, ne mu Buyudaaya yonna, ne mu Samaliya okutuukira ddala ku nkomerero z'ensi. (Ebikolwa 1:8)

Amaanyi g'omwoyo Omutukuvu ky'ekikozesebwa Yesu kyewa abagoberezi be okutuukiriza obuvunaanyizibwa bw'okwolesebwa kw'amakungula. Okusobola okutuukirira, enkola y'okwekubisaamu eteekwa okuba ng'eyimiridde ku maanyi ag'omwoyo Omutukuvu.

Bangi bafuna omukisa ogw'omwoyo Omutukuvu. Bawulira amafuta, bajaguza, boogera mu nnimi endala. Naye ekiraga omwoyo Omutukuvu si mukisa, oba okwogera mu nnimi ezitamanyikiddwa. Ekiraga omwoyo Omutukuvu ge maanyi. Amaanyi gano si ga byabufuzi oba agalabika. Gaba maanyi ga mwoyo.

Tosobola kumatira ng'ofunye omukisa gw'omwoyo omutukuvu gwokka. Olina okusukkawo n'oyolesa amaanyi ga Katonda.

AMAANYI AGALUḥḥAMIZIDWA.

Amaanyi agatali maluhḥjamyē, ga kabi. Ge gamu agasobola okulukutira mu biyiriro ebituwa amazi n'amasanyalaze, gasobola okusaanyaawo ekitundu kyonna bwe gaba tegalungamiziddwa bulungi.

Amaanyi Yesu ge yawa abogoberezi be gaaweebwa okubayamba okubeera abajulirwa eri ensi yonna. Ky'ekikozesebwa kye balina okukozesa okutuukiriza okwolesebwa.

Katonda y'ensulo y'amaanyi gano:

Katonda ayogedde ekintu kimu,kyokka nze nziggyemu ebintu bibiri nti:Katonda, oli w'amaanyi. (Zabuli 62:11)

Abakkiriza balagirwa okufuna amaanyi gano;

Mubeere mu kibuga okutuusa lwe mulyambazibwa amaanyi agava mu ggulu. (Lukka 24:49)

Ekigambo "okwambazibwa" kitegeeza okwambazibwa amaanyi. Katonda ayagala akubikkulire mu mwoyo n'amaanyi ge okubeera omujulirwa eri ensi.

OMUGASO GW'AMAANYI.

Amaanyi ag'Omwoyo Omutukuvu getaagisa okukufuula obujulirwa obutuukiridde kubanga ky'ekigambo ekyamaanyi.

Amaanyi ge gagendera ku bigambo byayogera ne bikola amakulu.

Ne beewuunya nnyo okuyigiriza kwe. Kubanga yayogeranga nga nnannyini buyinza.Buli muntu n'atya nnyo nga bwe beebuuzaganya nti, "Kigambo ki kino? Kubanga alagira n'obuyinza n'amaanyi emyoyo emibi ne giva mu muntu, ekireetera ne dayimooni okumugondera. (Lukka 4:32, 36)

Amaanyi ge gegakakasa ekigambo.

Abayigirizwa ne bagenda buli wantu nga babuulira; era Mukama n'abeeranga nabo, n'anywezanga buli kye baayogeranga mu bubaka bwabwe, ng'abakozesanga eby'amagero. (Makko 16:20)

Katonda akakasa ekigambo kye n'obubonero. Tolina kusooka kulinda bubonero bwa byamagero olyoke obuulire ekigambo kya Katonda. Oteekeddwa okutandika okubuulira ekigambo kya Katonda olwo ye ajja kukukozesa okukakasa ebyo by'oba oyogedde.

Lowooza ku kinaava mu kubunyisa enjiri nga buli mujulirwa na buli abuulira ng'ayolesa obubonero buno obw'amaanyi okukakasa ekigambo nga bwe kigenda mu maaso, kino amaanyi ago kye gakola.

GALEETA OKUWONYEZEBWA.

Amaanyi ge gajja kubaawo okuwonya;

Amaanyi ga Mukama gaali ku ye okuwonya. (Lukka 5:17)

GALEETA OKUSUMULULWA.

Bw'oyingira ennimiro ez'amakungula ez'ensi, amaanyi ga Katonda gajja kuleeta okusumululwa eri abantu ababonaabona.

Awo Yesu n'ayita abayigirizwa be ekkumi n'ababiri, ne bajja gy'ali n'abawa obuyinza okugobanga baddayimooni, n'okuwonyanga buli ndwadde n'okukozimba ebya buli ngeri. (Matayo 10:1)

GALEETA OBUKUUMI.

Amaanyi ga Katonda gakukuuma ng'omukolera.

Labawadde obuyinza okulinyira ku misota ne ku njaba ez'obusagwa... (Lukka 10:19)

GAKAKASA ENJIRI.

"Okukakasa" kitegeeza okuzuula obutuufu bw'ekintu. Amaanyi g'Omwoyo Omutukuvu gakakasa obutuufu bw'ekigambo kya Katonda.

Ekibiina ky'abantu kinene ne bamugoberera, kubanga baalaba ebyamagero bye yakola ng'awonya abalwadde. (Yokaana 6:2)

Byali byamagero Yesu bye yakola ebyaleeta abantu gy'ali. Abasajja n'abakazi tebajja kujja eri njiri okuyita mu bitongole, enzikiriza oba omwozezi ow'amaanyi. Bajja kujja olw'okwolesebwa kw'amaanyi ga Katonda.

GALUHHAMYA ABANTU ERI KATONDA.

Paulo yawandiika;

Era okubuulira kwange n'okuyigiriza tebyali mu bigambo bya magezi ebisendasenda, naye byali mu maanyi ne Mwoyo Mutukuvu.

Okukkiriza kwammwe kuleme kuba kw'amagezi ga bantu wabula kwesigame ku maanyi ga Katonda. (1 Abakolinso 2:4-5)

Paulo yafuna okusomesebwa okulungi era yandiba nga yagerera mu magezi ag'obuntu. Kyokka yaweereza mu maanyi ga Katonda n'okwolesa Omwoyo Omutukuvu.

Ensonga ye nti; okukkiriza kw'abantu tekulina kusinziira ku magezi g'abantu naye amaanyi ga Katonda.

AMAANYI GONNA.

Yesu yagamba;

Labawadde obuyinza okulinyira ku misota ne ku njaba ez'obusagwa n'okuwangula amaanyi gonna ag'omulabe. Era tewali kigenda kubakola kabi. (Lukka 10:19)

Amaanyi gonna gaaweebwa Yesu (Matayo 28:18). Okuyita mu mwoyo omutukuvu, amaanyi ago agawadde abakkiriza. Nga bw'oyingira mu nnimiro y'amakungula enkola yo ebeera kwekubisaamu. Ekikozesebwa kyo kibeere maanyi.

OKUBA N'AMAANYI.

Mu buli kisuubizo kya Katonda, mulimu ebitundu bibiri: ekisuubizo n'okufuna ekisuubizo.

Yesu yasubiza amaanyi gonna. Obuvunaanyizibwa bwo kwe kukkiriza nti oline amaanyi ago. Okukola kino oteekwa okumanya;

OKUGAMANYA NTI GAKYAKOLA NE LEERO.

Mu Yokaana 11, Yesu bwe yazuukiza Lazaaro mu bafu, Mariza yamusisinkana n’amugamba:

Awo Maliza n’agamba Yesu nti, “Mukama wange, singa wali wano mwannyinaze teyandifudde. (Yokaana 11:21)

Yesu yamugamba;

Yesu n’agamba Maliza nti, “Mwannyoko ajja kuzuukira.” (Yokaana 11:23)

Mariza n’amugamba;

Maliza n’amuddamu nti, “Mmanyi nti alizuukira ku lunaku olw’enkomerero. (Yokaana 11:24)

Yesu yamuddamu ebigambo ebyalimu ennono ey’amaanyi ennyo.

Nze kuzuukira n’obulamu; akkiriza nze newaakubadde ng’afudde, aliba mulamu, (Yokaana 11:25)

Maliza yakkiriza nti mugandawe yandiwoye singa Yesu yajjira mu kiseera ekyo. Era yakkiriza nti mugandawe asobola okuzuukizibwa mu kuzuukira okulijja.

Naye Yesu bweyakozesa ebigambo “NDI” okuddamu Mariza, yabikkula amazima amakulu. Teriyo kintu kiringa ekyo, ng’olunaku lw’amagero olwayita oba olulijja. Mu buli mulembe mubeeramu amaanyi ag’okusisinkana ebyetaago by’abantu. Mu buli mulembe, Katonda ayitibwa “NDI” asobola okumalawo buli kyetaago. “Maliza, olwaleero lwe lunaku lw’ebyamagero. Ndi (mu kiseera ekiriwo) kuzuukira n’obulamu.”

Waliyo abagamba nti olunaku lw’ebyamagero lwayita. Tebakkiririza mu maanyi ga mwoyo Mutukuvu. Bano Baibuli ebalabula.

Nga balina ekifaananyi eky’okutya Katonda so nga tebakkiriza maanyi gaakyo. Abantu ab’engeri eyo obeewalanga. (2 Timoseewo 3:5).

Baibuli eyazimbulukusibwa (Amplified), ekiyita nti balina engeri y’obwakatonda naye nga “bagwiira eri amaanyi ga Katonda.”

Balinga omutiini Yesu gwe yakolimira. Kungulu balabika n’obwakatonda naye tebalina bibala mu bo. Ng’omutiini bwe gutaalina masanda gaguvaamu kubala bibala. Tebalina maanyi ga Katonda gabavaamu era tebalina mugaso mu mwoyo.

OKUTEGEERA ENSULO.

Ensulo y’amaanyi ye Katonda.

Nze muzabbibu, mmwe matabi: abeera mu nze, nange ne mbeera mu ye, anala ebibala bingi; kubanga nze we siri, temulinaako kye muyinza kukola.

Bwe mubeera mu nze, ne bigambo byange ne bibeera mu mmwe, musabe nga kyonna kye mwagala, kinaabakolerwanga. (Yokaana 15:5, 7)

Oli ttabi, Yesu ye Muzabbibu. Amatabi gabala bubazi bibala. Tozaala bibala, obala bubazi. Yesu yemukozi w'emirimu. Yesu bweyabuuzibwa nt; "Tukole ki okutuukiriza ekyo Katonda ky'ayagala?" teyabasomesa ku kuwonya okw'obwakatonda oba okubalaga eky'amagero. Yabaddamu;

Katonda ky'ayagala mukole kwe kukkiriza oyo gwe yatuma. (Yokaana 6:29)

Ye yali omulimu gwa Katonda. Ye yali ensulo y'amaanyi, ebyamagero n'okuwonyezebwa. Amaanyi ga Katonda tegali mu muntu oba ekintu ekirala kyonna omuntu kyalina. Okutuukirizibwa kw'ekisuubizo ekyamaanyi kuli mu Katonda yennyini n'ekigambo kye.

Yesu ye muzabbibu oguwanirira. Tuli bantu ab'amatabi. Mu muzabbibu mwe muva amaanyi agatuyamba okutuukiriza okwolesebwa.

KKIRIZA OBUYINZA.

Bw'oweewbwa obuvunanyizibwa okukola ekintu, oteekeddwa okuba n'obuyinza okukikola. Yesu yawa abakkiriza obuvunanyizibwa ku makungula n'obuyinza okutuukiriza obuvunaanyizibwa bunu, naye ng'omuntu oteekwa okukkiriza obuyinza bunu. Yesu yagamba "amaanyi gonna" (obuyinza) gaamuweebwa. Yakugabira obuyinza obwo. Oteekeddwa okubukkiriza n'okubukozesa obulungi okwongerayo enjiri.

Abakkiriza balina okwatula obuyinza bunu mu kkanisa. Mu lugero olwaweewbwa Yesu, yagamba;

Omuddu n'akomawo n'ategeza mukama we ng'abagenyi be yayita bwe bagambye. Mukama we n'anyiiga, n'amulagira agende mangu mu nguudo ez'omu kibuga ne mu bikubo, ayite abaavu n'abagongobavu, n'abalema, ne bamuzibe. N'agamba omuddu we nti, 'Genda mu nguudo ez'omu byalo ne mu bukubo obutono okubirize b'onoosangayo bajje, ennyumba yange ejjule. (Lukka 14:21, 23)

Enteekateeka ya Katonda eri ekkansa kwe kuba nti; ekkansa y'enkulungo y'okwolesezaamu amaanyi ge. Ebiseera ebisinga efuuse enkulungo y'okuzza obujja, y'okuddaabiriza oba ekuhhaniro ly'abantu.

Bwe tutaba na maanyi ga Katonda gakulukutira mu kkanisa zaffe, awo abaavu, abazibe n'abo abaabulira mu kibi bajja kufuluma emiryango nga tebakusiddwa. Bajja kuvaawo mu mbeera y'emu gye bajjiddemu.

Ekkansa ekolebwa abantu ab'enjawulo. Ekkansa bw'eba ng'enesisinkana okukulukuta kw'amaanyi ga Katonda, awo buli muntu alimu atekwa okufuna amaanyi ago kinnoomu.

PEETERO: KU NTANDIKWA N'OLUVANNYUMA.

Amaanyi ga Katonda ky'ekikozesebwa ekikyusa okuva mu kubeera omukunguzi atatuukiridde n'ofuuka oyo amanyi kyakola ng'okungulira mu kubikkulirwa okw'amakungula. Twala eky'okulabirako ky'omutume Peetero.

Tusanga Peetero eyeebakidde mu kiseera ky'obuweereza bwa Yesu Kristo ekyamaanyi (Makko 14:32-34). Tusanga Peetero omutiitizi nga yegaana okuba nti amanyi Yesu (Matayo 26). Tulaba omusajja eyagaana okuyitibwa okw'okungula ng'ayagala abe omuvubi w'abantu. Yaddayo mu ngeri ze ez'okweyagaliza. (Yokaana 21)

Naye oluvannyuma mu bwangu obw'ekitalo ne wava ekyawandiikibwa mu Baibuli ekipya ku Peetero. Omulundi gw'omusajja ono ogwasooka okubuulira enjiri n'obuvumu, abantu enkumi satu (3000), baalokoka. Olwaddako 5000 beeyongera ku kkanisa. Kiki ekyabaawo okuleetawo enkyukakyuka y'okudduka, okugobwa n'okukolimirwa kw'omusajja ono omukulembeze w'ekkanisa eyasooka owamaanyi?

Peetero yafuna okusisinkana okw'amaanyi. Gaali maanyi agaamusobozesa okulagira omusajja eyagongobala.

...Tutunuulire!... Mu linnya lya Yesu Omunnazaaleesi Golokoka, otambule!” Awo Peetero n'akwata omulema ku mukono ogwa ddyo n'amuyimusa, amangwago ebigere by'omusajja n'obukongovvule ne bifuna amaanyi. (Ebikolwa 3:4, 6-7)

Temulagira bantu babonaabona “okututunuulira” okuggyako nga mumanyi mulinayo engeri gye munasisinkanamu ebyetaago byabwe. Tositulawo mugongobavu wansi nti omuyimuse ku bigere bye okuggyako ng'okimanyi nti olina amaanyi agasinga ku gago. Peetero talina kye yali okuleka amaanyi ga Katonda agaali gakulukutira mu ye. Amaanyi ga Katonda gayimiriza abaagongobala, tegabayamba kubaawo mu mbeera ya bugongobavu.

Okusisinkana amaanyi kikyusa omuvubi nga Peetero okufuuka omuvubi w'abantu.

ENKOLA EGAZIWA.

Yesu yalaga emitendera gy'okugaziwa ejjiva mu maanyi g'okujulira enjiri.

Naye muliwebwa amaanyi, Mwoyo Mutukuvu bw'alimala okubakkako, era munaabanga bajulirwa bange mu Yerusalemi, ne mu Buyudaaya yonna, ne mu Samaliya okutuukira ddala ku nkomerero z'ensi. (Ebikolwa 1:8)

Engeri z'okukungula zaabikkulirwa mu kigambo kye;

- Enkola yali kwekubisaamu.
- Ekikozesebwa gaali maanyi ga mwoyo mutukuvu.
- Amaanyi gaaluh'amizibwa. Gaaweebwa abayigirizwa okufuuka abajulirwa
- Ekiruubirirwa eky'amaanyi gaali g'ansi ng'enkola y'okugaziwa olw'enjiri, okuva e Yerusalemi ne Buyudaaya, Samaliya n'ekomero z'ensi.

Okutandikira we baali, nga bakozesa enkola y'okwekubisaamu n'ekikozesebwa eky'amaanyi, enjiri yali yakwongerayo eri enkomero y'ensi.

OKUBA N'EKISUUBIZO.

Ekiisubizo kisabibwa abakkiriza bulijjo.

...Era Ndi nammwe bulijjo n'okutuukira ddala ensi lw'eriggwaawo.”(Matayo 28:20)

Naye jjukira, mu buli kisuubizo kya Katonda mulimu akakwakkulizo k'okukifuna. Kino ekiisubizo kyakolebwa eri ekibinja ky'abakkiriza eky'enjawulo. Kwakolebwa eri abo abanaatuukiriza okwolesebwa kw'amakungula.

Kale mugende mufuule abantu bonna mu nsi zonna, abayigirizwa nga mubabatiza mu linnya lya Kitaffe, Omwana era Mwoyo Mutukuvu.

Era mubayigirize okugonderanga byonna bye nabalagira mmwe, era Ndi nammwe bulijjo n’okutuukira ddala ensi lw’eriggwaawo.”(Matayo 28:19-20)

Eri abo abaagala okulaba okwolesebwa, eri abo abaagala okweyongerayo okujulira eri amawanga g’ensi n’amaanyi, eri abo baasubizza; “Ndi nammwe ebbanga lyonna...”

OKWEGEZAAMU.

1. Wandika olunyiriri olukulu okuva mu muwtwe gwo.

.....
.....

2. Kyawandiikibwa ki ekijulira enkola ya Katonda ey'okwekubisaamu?

.....
.....
.....

3. Kikozesebwa ki eky'amakungula?

.....
.....
.....
.....

4. Leetayo engeri ssatu ez'okuba n'ekisuubizo eky'amaanyi.

.....
.....
.....
.....
.....
.....
.....
.....
.....
.....

(Ebyokuddamu kuby'okwegezaamu bino bikuweereddwa ku nkomerero y'ekitabo kino.)

OKWEYONGERA OKUSOMA.

Enkola ya Katonda ey'okwekubisaamu etereddwa mu 2 Timoseewo 2:2yali yakukolebwa; okusooka mu Yerusalemi ery'oke ebune mu nsi yonna. Oteekeddwa okusooka okukungula makungula g'eyo gy'oli awo Katonda ajja kugaziya okwolesebwa n'obuweereza bwo. Ebirowoozo bino bijja kukuyamba mu "kukungula okw'okukubikkulirwa" mu "Yerusalemi" yo.

1. Soma ekitabo kya Yoswa. Noonya ennono za Katonda ze yawa Yoswa okuyamba Yisirayiri okufuna ettaka lya Palesitina. Osobola okukozesa ennono zino okuba n'ekitundu kyo ku lwa Katonda?
2. Tegeka yo ebigendererwa byo otuuse enjiri mu kitundu kyo. Ebigendererwa by'ebigambo biraga entegeka zo oba ebiruubirirwa byo. Onookola ki? Ddi? Londako ebigendererwa ebinaakuyamba okusobola okutuusa enjiri ku bantu kati abeesudde enjiri. Kino kye kyasingira Paulo mu Baruumi 15:20-21. Ebimu ku bigendererwa by'oyinza okufaako;
 - Kyalira buli maka agali mu kitundu kyo nga bw'ogabana nabo enjiri ggwe ne balirwana.
 - Twala obuweereza eri ekibinja ky'abantu ekisinga obutono mu kitundu kyo omutannatuuka njiri.
 - Tandikawo obuweereza obwetongodde mu kifo ekiwummulirwamu, ekkomera, oba eddwaliro. Lowooza ku kuweereza n'abakozesa ebiragalalagala, abaavu, abanywi b'omwenge, bamaama abatali mu bufumbo. Weereza eri obubinja bw'abantu ab'enjawulo nga abakazi, abasajja, abaana, abagalana, amaka, oba abaserikale.
3. Yongerayo obuweereza bwo okuva mu "Yerusalemi" yo eri amawanga g'ensi. Tandika okuyingira mu nsi ng'oyita mu kusaba.
 - Funa mmaapu y'ensi yonna osabire amawanga g'ensi. Sabira abatannatuukibwako njiri bajje mu busika bwo era weebaze Katonda olw'okukufuula omukisa eri amawanga.
 - Bw'oba ng'olina amawulire g'olunaku, sabira emitwe egikwata ku bizibu bya bulijjo ebiri mu mawanga ag'enjawulo. Sabira abakulembeze beggwanga, abaminsani, abaweereza nebakkiriza banno.

EKITUNDU EKYOKUNA: EBISUUBIRWA.

Ofuuka kitundu ku kwolesebwa.

ESSUULA EYOOMWENDA.

OKUKUTULA EKIKOLIGO.

EBIGENDERERWA:

Bw'omala essuula eno, onooba osobola;

- Okuzuula ekikoligo ky'emiyondo essatu ekisiba.
- Okunnonnyola ekikoligo ky'emiyondo essatu ekya Katonda.
- Okuleeta emitendera egigatta oluwonko wakati w'ekikoligo ekisiba n'ekyata Katonda.
- Okuzuula ebyomwoyo ebiva mu kumenya ekikoligo ekisiba.

ENNYIRIRI ENKULU.

Mujje gye ndi mmwe mwenna abakooye era abazitoowereddwa, nange nnaabawummuza.

Musitule ekikoligo kyange, muyigire ku nze, kubanga ndi muwombeefu era omuteefu mu mutima, n'emyoyo gyammwe girifuna ekiwummulo.

Kubanga ekikoligo kyange kyangu, n'omugugu gwange teguzitowa. (Matayo 11:28-30)

ENNYANJULA.

Ousoma luno lutulaze;

- Okulaba: mw'ozuulira okwolesebwa.
- Okufuna endowooza: mwoyigira ensonga enkulu ku bukulu obuli mu kwolesebwa.
- Okufuula: ebigendererwa by'okutuukiriza okwolesebwa.

Ekitundu ky'olusoma kino ekisembayo kikwata ku kisuubirwa, mw'ofuukira ekitundu ku kwolesebwa. katonda kyayagala kwe kukutuusa ku nkomerero esuubirwa.

Kubanga mmanyi enteekateeka ze nnina gye muli, enteekateeka ez'okubakulaakulanya so si okubakolako akabi, enteekateeka ez'okubawa essuubi era n'obulamu obw'omu maaso," bw'ayogera Mukama. (Yeremiya 29:11)

Enkomerero eyo esuubirwa kwe kutuukirizibwa kw'okwolesebwa okumaliriza omulimu gwa Katonda.

Ekyokulya kyange kwe kukola eyantuma by'ayagala, era n'okutuukiriza omulimu gwe. (Yokaana 4:34)

Buli lw'oyingira mu kintu ekiyya, kikwetaagisa okweresa ebikadde. Okuzaalibwa kukwetaagisa okweresa obukuumi bwa nnabaana. Katonda akusaba atwale eddaala epya ery'okukkiriza.

Mwerabire eby'emabega,so temulowooza ku by'ayita. (Isaaya 43:18)

Oyinza okuba ng'obadde osibiddwa enjigiriza egamba nti amaanyi ga Katonda tegakyaliiwo leero. Wandiba nga walowooza nti okubunyisa enjiri eri ensi yonna bwali buvunaanyizibwa bwa baweereza baminsani. Wandiba nga obadde osibiddwa olw'obuwangwa n'enzikiriza zo nga bye byakulemesa okukolaganira wamu n'omubiri gwa Kristo mu nnimiro za Mukama ez'amakungula.

Naye Katonda akuwadde okwolesebwa okupya. Ofuuka kitundu ku muyungirano gw'abakozi b'omwoyo abayungiddwa olw'ekigendererwa eky'obumu.

OMUYUNGIRANO OMUPYA.

Baibuli eyogera ku byabaawo eby'enjawulo bibiri ebirimu okukozesa akatimba mu nsi ey'omubiri ekiraga amazima ag'omwoyo agamaanyi.

Ekyasooka kyaliwo ku ntandikwa y'obuweereza bwa Kristo ku nsi era kiragibwa mu Lukka 5. Abayigirizwa baali bavubye ekiro kyonna nga tebakwasiza kintu kyonna. Yesu yabagamba nti;

Kale kaakano sembeza eryato lyo ebuziba, mu mazzi amangi, musuule obutimba bwammwe mu nnyanja, mujja kukwasa ebyennyanja bingi! (Lukka 5:4)

Peetero n'agamba;

Mukama waffe, twateganye dda ekiro kyonna, naye ne tutakwasa kantu. Naye ggwe nga bw'otugambye, nzija kusuula obutimba. (Lukka 5:5)

Bwe baasulayo akatimba wansi ne bakwata ebyennyanja bingi,ne kayulika, era baalina okuyita bannaabwe abaali mu lyato eddala okujja babayambe. Oluvuba lwali lw'amaanyi nnyo kuba bajjuza amaato gombi ne gatandika n'okukka mu. Peetero yeewunya nnyo olwa kino naye Yesu n'amugamba.

Toty! Okuva kaakano ojjanga kuvuba myoyo gya bantu. (Lukka 5:10).

Oluvuba Peetero lwe yalaba mu nsi ey'omubiri terulina kye lwali ku makungula ag'amaanyi ge yandikungudde mu nsi ey'omwoyo nga bwe yafuuka omuvubi w'abantu.

Ekyabaawo ekyefaanaanyiriza ekirala kiragibwa ku nkomerero y'obuweereza bwa Kristo mu Yokaana 21. Abayigirizwa baali bavubye ekiro kyonna naye nga tebakwasizza kintu kyonna. Olw'ekiragiro kya Kristo, baasuulayo akatimba era ne kajjula ebyennyanja. Naye omulundi kyayawukanako ku kyasooka. Akatimba tekaakutuka.

Awo Simooni Peetero n'agenda n'awalula akatimba n'akatuusa ku lukalu, nga kajjudde ebyennyanja ebinene kikumi mu ataano mu bisatu. Nawaakubadde nga byali bingi bwe bityo naye akatimba tekaakutuka. (Yokaana 21:11)

Bino byombi byabaawo mu nsi ey'omubiri, naye byaali bifaanana n'amazima g'omwoyo ag'amaanyi. Omulundi ogwasooka akatimba kaakutuka naye ogwokubiri tekaakutuka kiki ekyaleetawo enjawulo?

Akatimba akaasooka kalaga okufuba kw'obuntu. Peetero yali musuubuzi wa byennyanja. Yamanya enkola ez'omubiri n'obuwangwa bw'abavubi. Mu kukutuka kw'akatimba Yesu yamulaga nti omuntu tasobola kituukiriza kwolesebwa na mulimu gwa Katonda mu kufuba kwe.

Peetero yamanya omulimu ogw'amaanyi Katonda gwe yali amuyitira n'akaabira waggulu.

...Nvaako Mukama wange, kuba nze ndi muntu mwonoonyi. (Lukka 5:8)

Peetero yandifuse omuvubi w'abantu. Omuyungirano omukadde gwali tegusobola kuwanirira makungulu g'omwoyo ag'amaanyi. Peetero yalina okweresa obuwangwa bw'omuntu. Yali atekwa okuggyawo ekyali kyawula abaYudaaya ku bannamawanga. Omuyungano omukadde guteekwa okumenyebwa era ye atekwa okuba ekitundu ku muyungirano omupya.

Yesu teyajja kuggyawo bikadde, naye okubituukiriza okuyita mu bipya. Teyaggyawo tteeka wabula okulituukiriza mu bipya. Teyawera saddaaka z'amusaayi olw'ekibi, naye yakituukiriza ngayiwa omusaayi gwe olw'okusonyiwa ebibi.

Yesu yalabula ku kuteeka omwenge mu maliba amakadde. Amaliba amakadde tegasobola kukuuma mwenge nga n'obutimba obukadde bwe butaasobola kusitula byennyanja. Okusoomoozebwa kw'omulimu ogw'amaanyi tekusobola kumalirizibwa na kintu kyonna ekitali katimba kapya mu nsi ey'omwoyo.

Wakati w'emirundi gy'okuvuba, ogusooka n'ogwokubiri, omuyungirano omupya gwali gutoneddwawo. Envuba ez'omubiri zaafanagana n'ekyo ekyaliwo mu nsi ey'omwoyo.

Omuyungirano guno omupya ogw'omwoyo gusobola okuwanirira kwolesebwa Yesu kwe yawa. Naye okuguyingira, omuntu alina okuva mu kkadde n'adda mu kipya. Ekikolgo ekikadde kiteekwa okumenyebwa. Akatimba akakadde kateekwa okumenyebwa okusobozesa akatimba okusitula.

EKIKOLIGO.

Ebikoligo byakozesebwanga edda ennyo mu nsi okuyunga ebisolo awamu nga bikola mu nnimiro z'amakungula. Zikyakozesebwa ne mu mawanga mangi olwaleero mu kukola omulimu guno. Yesu yayogera ku kikoligo bwe yagamba nti:

Mujje gye ndi mmwe mwenna abakooye era abazitoowereddwa, nange nnaabawummuza.

Musitule ekikoligo kyange, muyigire ku nze, kubanga ndi muwombeefu era omuteefu mu mutima, n'emyoyo gammwe girifuna ekiwummulo.

Kubanga ekikoligo kyange kyangu, n'omugugu gwange teguzitowa. (Matayo 11:28-30)

Okwolesebwa kw'awadde kwe kw'ennimiro y'amakungula. Leero ennimiro eyo ekiikirira abantu obuwumbi busatu abatannatusibwako njiri. Ate atugamba nti ekikoligo kino "kyangu" era "tekizitowa"

Ekyo kyennyini ky'agamba. Naye omuyungirano omukadde, ekikoligo ekikadde, tebisobola kuwanirira kwolesebwa. Tosobola kukikola na kufuba kwo ng'omuntu. Oteekwa okufuuka ekitundu ku muyungirano omupya era ogattibwe wamu naye.

EKIKOLIGO EKISIBO.

Ffenna tuli wansi w'ekikoligo eky'engeri emu. Oli wansi w'ekikoligo ekisiba oba oli wansi w'ekikoligo kya Katonda. Ekikoligo ekisiba kya miyondo esatu. Osobola okuba ng'osibiddwa mu kikoligo ky'ekibi, ekya "nze", oba omuntu omulala.

EKIKOLIGO KY'EKIBI.

Nze Mukama Katonda wammwe eyabaggya mu nsi ey'e Misiri, mulyoke mukome okuba abaddu b'Abamisiri; namenya ebikoligo byammwe ne mbasobozesa okutambula nga mwesimbye. (Ebyabaleevi 26:13)

Ekikoligo ky'eMisiri kitegeeza ekikoligo ky'ekibi. Oteekwa okuba n'ekikoligo ky'ekibi nga kimenyedwa mu bulamu bwo bw'oba ng'oyagala obeere ku kikoligo ne Yesu.

EKIKOLIGO EKYA "NZE."

Ekikoligo kino kiba nga ggwe weesibye.

Kye nkola sikitegeera, kubanga kyenjagala si kyenkol, wabula kye nkyawa ate kye nkola. (Abaruumi 7:15)

Okwefaako wekka n'amalala bye by'okulabirako by'ekikoligo ekya "nze".

EKIKOLIGO KY'OMUNTU.

Ekikoligo ky'omuntu kwe kusibibwa abalala

Basiba emigugu emizito ne bagitikka abalala, so nga bo n'okugezaako tebagezaako kukwatako n'engalo yaabwe. (Matayo 23:4)

Mu kino musobola okubaamu okusibibwa okw'okwesaliranga omusango, obuwangwa n'enzikkiriza oba empisa ezitasobola kutuukirizibwa enkake.

Ekikoligo eky'ebiyondo ebisatu eky'ekibi, ekya "nze" n'omuntu kyogera ku mirimu emikake, okumenyeka n'obutawummula.

EKIKOLIGO KY'EBIYONDO EBISATU EKYA KATONDA.

Ekikoligo kya Katonda kyogera ku kuyungibwa awamu so si okukakibwa okukola. Kyogerako ku buwewufu so si buzito. Kyogera ku kuwummula so si obutawummula.

Ekikoligo ekya Katonda eky'ebiyondo ebisatu kyangu, kiwewuka ate kiwummuza.

Mujje gye ndi mmwe mwenna abakooye era abazitoowereddwa, nange nnaabawummuza.

Musitule ekikoligo kyange, muyigire ku nze, kubanga ndi muwombeefu era omuteefu mu mutima, n'emyoyo gyammwe girifuna ekiwummulo.

Kubanga ekikoligo kyange kyangu, n'omugugu gwange teguzitowa. (Matayo 11:28-30)

EMITENDERA ESATU EGY'OKUZIBA OLUWONKO.

Yesu yawa emitendera esatu egy'okuziba oluwonko wakati w'ekikoligo ekisiba n'ekyo ekya Katonda. Ly'ekubo lyokuva mu kikadde n'odda mu kipya:

Jangu: Oteekwa okujja gy'ali ng'oyagadde. Kino kimenya ekikoligo ky'ekibi

Twala: Oteekwa okutwala ekikoligo kye. Mu kukola kino, ekikoligo ky'omuntu kimenyebwa.

Yiga: Mu kuyigiribwa ye, weemenyera ekikoligo ekya "nze"

Ekikoligo kya Katonda si y'akikweweera. Kigabanibwa Ye.

OKUMENYA EKIKOLIGO.

Kwagala kwa Katonda buli ekikoligo ky'ekibi, ekya "nze" n'eky'omuntu okumenyebwa mu bulamu bwo. Kyetaagisa okusobola okutuukiriza okwolesebwa kwo.

Mu kimu ku byawandiikibwa eby'endagaano enkadde, Yisirayiri yali yeetooloddwa eggye lyabalabe b'e Bwasuuli. Katonda yayogera eri Yisirayiri era n'alangirira.

Mukama Katonda ow'Eggwe alayidde n'ayogera nti,

Ddala nga bwe nalwooza, bwe kirituukirira bwe kityoera nga bwe nateesa, bwe kirinywera bwe kityo.

Ndimenyera Omwasuli mu nsi yange, era ndimulinnyirira ku nsozi zange. Ekikoligo kye kiribavaako, n'omugugu gwe guliggyibwa ku kibegabega kye. (Isaaya 14:24-25)

Katonda yayagala okumenya ekikoligo okuva mu bulago bwa Yisirayiri. Naye ekigendererwa kye kyasukka wo ku Yisirayiri okutuuka eri amawanga g'ensi.

Eno y'entegeka eyategekerwa ensi yonna: Era guno gwe mukono ogwagololwa ku mawanga gonna. (Isaaya 14:26)

Ekigendererwa kya Katonda kyali ki? Ekigendererwa kye kyali kumenya kikoligo ekwali kisibye amawanga g'ensi. Era kyongera okulagibwa mu ssuula endala.

Awo malayika wa Mukama n'afuluma n'atta mu lusiisira olw'Abasuli abantu emitwalo kkumi na munaana mu enkumi ttaano. Abaasigalawo bagenda okuzuukuka enkya nga wanna wajjudde mirambo. (Isaaya 37:36)

Katonda ayagala buli kikoligo ekiri mu bulamu bwo kifuuke ng'omulambo. Ayagala akimenye asobole okukuteeka mu kikoligo kye.

KINAAMENYEBWA KITYA?

Ku lunaku olwo, omugugu gwe guliggyibwa ku bibegabega byo, n'ekikoligo kye kive ku nsingo yo; ekikoligo kirimenyebwa olw'obugevvu bwo. (Isaaya 10:27)

- Tekijja kumenyebwa na kusomesa okw'amaanyi. Tekijja kumenyeza na ndwooza y'omuntu .
- Tekijja kumenyebwa kuyita mu kubudaabudibwa oba mu bitongole oba enzikiriza
- Kijja kumenyebwa mu kufukibwako amafuta ag'omwoyo omutukuvu ate nga g'emaanyi ga Katonda.

Naye ekigendererwa kya Katonda mu kumenya ebikoligo kisukka ku bulamu bwo okutuuka eri amawanga g'ensi. Ayagala amenye ekikoligo ekiri mu bulamu bwo okukuyamba okutuukiriza okwolesebwa kw'okumenya ekikoligo okuva ku mawanga g'ensi.

Eno y'entegeka eyategekerwa ensi yonna:era guno gwe mukono ogwagololwa ku mawanga gonna.

Kubanga Mukama Katonda ow'Eggye ye yateesa, kale ani ayinza okukijjulula?

Omukono gwe gugoloddwa, kale ani ayinza okuguzzaayo? (Isaaya 14:26-27)

EBIVA MU KUMENYA EKIKOLIGO.

Katonda yagamba;

Kuno kwe kusiiba kwe nalonda;okusumulula enjegere ezinyigiriza abantu,n'okuggyawo emiguwa gy'ekikoligo,n'okuta abo abanyigirizibwa,n'okumenya buli kikoligo? (Isaaya 58:6)

Awo n'aleeta ebiva mu kumenya ekikoligo.Olwo olikoowoola, Mukama n'akuddamu;olikaaba naye n'akuddamu nti, Ndi wano."Bwe muliggyawo ekikoligo ekinyigirizan'okusonga ennwe, n'okwojera n'ejjoogo;

Bw'olyewaayo okuyamba abayalan'odduukirira abali mu buzibu,olwo omusana gwo gulyaka n'ova mu kizikiza,ekibadde ekiro kifuuke ettuntu.

Era Mukama anaakuluhjamyanga ennaku zonna,n'akuwa ebintu ebirungi obulamu bwo bye bwetaaga,amagumba go aligongeramu amaanyi;era olibeera ng'ennimiro enfukirire obulungi,era ng'oluzzi olw'amazzi agatakalira.

N'abantu bo balizimba ebifo eby'edda ebyazikaera baddemu okuzimba emisingi egy'edda.Olyoke oyitibwe omuddaabiriza wa bbugwe eyamenyeka,omuddaabiriza wa mayumba ag'okusulamu. (Isaaya 58-9-12)

Ebiva mu kimenya ekikoligo ky'emiyondo bye;

- Ojja kumanya eddoozi lya Katonda. Tujja kuyita, Katonda ayanukule, "Nze nzuuno" (Olunyiriri 9).
- Ojja kumalako mukutuukiriza okwolesebwa kwo. Olw'omusana gwo gulyaka n'ova mu kizikiza, ekibadde ekiro, kifuuke ettuntu. (olunyiriri 10).
- Era mukama anaakuluhjamyanga ennaku zonna. (olunyiriri 11)
- Y'anaaba omugabirizi wo (olunyiriri 11)
- Onookubisibwamu (olunyiriri 11-12)
- Olibeera ng'ennimiro enfukirire obulungi, olibeera weekubisaamu n'abantu bo balizimba ebifo eby'edda ebyazika era baddemu okuzimba emisingi gy'edda.

Katonda yasubiza Yisirayiri mu nsi ey'omubiri.

Emiti egy'omu ttale girireeta ebibala byagyo, n'ettaka lirimeza ebimera byalyo, era n'abantu balituula mirembe mu nsi yaabwe. Balimanya nga nze Mukama bwe ndimenya ebisiba eby'ekikoligo kyabwe ne mbawonya mu mukono gwabwo abaabafuula abaddu. (Ezekyeri 34:27)

Kisigala kituufu ne mu nsi ey'omwoyo. Okumenya ekikoligo, kireetera okuzaala mu mwoyo. Omuyungirano omukadde tegusobola, gumenyeddwa era mukalu. Tegusobola kuwanirira makungula g'amuyiika. Ekikoligo ekikadde eky'obuwangwa, enzikiriza n'okufuba kwo kiteekwa okumenyebwa. Emisingi emipya, ebikoligo ebipya, omuyungirano omupya oguziba oluwonko wakati w'omwonoonyi ne Katonda omutuukirivu. Okwolesebwa kujja kutuukirizibwa basajja n'abakazi bokka abafunye okufukibwako amafuta agamenya ebikoligo.

OKWEGEZAAMU.

1. Wandiiika enyiriri enkulu ng'oziggya mu mutwe gwo.

.....
.....
.....
.....
.....
2. Ebikoligo by'ebiyondo ebisatu bye biri wa?

.....
.....
.....
.....
.....
3. Leetayo ebigambo bisatu ebinnyonyola ekikoligo kya Katonda.

.....
.....
.....
.....
.....
4. Mitendera ki esatu gy'olina okutwala mu kiziba oluwonko wakati w'ekikoligo ekiyonda n'ekikoligo kya Katonda?

.....
.....
.....
.....
.....
5. Leetayo ebintu bitaano ebiva mu kukutula ekikoligo ebiragibwa mu Isaaya 58.

.....
.....
.....
.....
.....
(Ebiddibwamu mu kwegezaamu kuno bikuwereddwa ku nkomerero y'ekitabo kino)

OKWEYONGERA OKUSOMA.

Biri wa ebimu ku bikoligo ebikulemeseza okukola omulimu gwa Katonda?

- Ekibi
- Enzikiriza.
- Okutya.
- Obutaba na bitone wamu n’obusobozi obw’omubiri.
- Okwerumiriza omusango.
- Okufuba kwo.
- Ebirala...

Soma ekitundu ekiri mu Isaaya 14:24-27. Yatula ekisuubizo kino Isaaya 10:27.

Saba essaala eno;

Katonda nkwebaza olw’okwolesebwa okw’ennimiro y’amakungula kw’ozadde mu mwoyo gwange. Nkusaba omenye buli kikoligo kyonna ekisibye obulamu bwange. Mu linnya erya Yesu, menya ekikoligo kya, _____, _____, _____ n’ekya _____ (wa ebikoligo ebiri mu bulamu bwo).

Nteeka ku kikoligo kya Yesu. Tondawo omuyungirano omupya mu bulamu bwange ogunaleetawo amakungula agoomuyiika. Nkwebaza kati olw’okufukibwaako amafuta agamenye buli kikoligo ekiyonda. Mu linnya lya Yesu, AMIINA.

ESSUULA EYEKKUMI.

OKUWA AMAWANGA OMUKISA.

EBIGENDERERWA:

Bw'omaliriza essuula eno, onooba osobola;

- Okuzuula embala ya Ibulayimu ey'omwoyo eyamusobozesa okuwa amawanga omukisa.
- Okumanya nti oli musika eri ebisuubizo bya Katonda.
- Okutegeera obuvunaanyizibwa bwo ng'omusika anaawa amawanga g'ensi omukisa.

OLUNYIRIRI OLUKULU.

Kale kaakano nga bwe muli aba Kristo, muli zadde lya Ibulayimu, ng'ekisuubizo ky'abasika bwe kiri. (Abaggalatiya 3:29)

ENNYANJULA.

Ibulayimu yalondebwa Katonda okubeera taata wamawanga amangi. Okuyita mu ye amawanga g'ensi gonna gaaweebwa omukisa:

Era mu zzadde lya amawanga gonna mwe galiweerwa omukisa, kubanga ogondede eddoboosi lyange.” (Oluberyeberye 22:18)

Endagaano empya eraga nti abakkiriza bonna baafuuka basika b'ebisuubizo bya Katonda bye yawa Ibulayimu. Okuba omusika kitegeeza okubaako ebintu by'osikidde okuva ku muntu.

Kale mutegeere nti abalina okukkiriza be bazzukulu ba Ibulayimu.

Olw'okulengera ebiri mu masa nti Katonda aliwa ab'amawanga amalala obutuukirivu olw'okukkiriza kwabwe, ekyawandiikibwa kyekyava kitegeeza edda Ibulayimu amawulire amalungi nti; “Mu ggwe amawanga gonna mwe galiweerwa omukisa.”

Bwe kityo abo bonna abalina okukkiriza, baweebwa omukisa nga Ibulayimu eyalina omukisa gwe yaweebwa. (Abaggalatiya 3:7-9)

Oli musika, kubanga ofuuse ensigo ya Ibulayimu okuyita mu Yesu Kristo.

Kale nga bwe muli aba Kristo, muli bazzukulu ba Ibulayimu, era mulifuna ekyo Katonda kye yasuubiza. (Abaggalatiya 3:29)

Ng'ensigo ya Ibulayimu, oli musika w'ekisuubizo eky'obulokozi. Naye ng'omusika naawe obeera n'omulimu gw'okuwa amawanga g'ensi omukisa ogw'amawulire amalungi ag'enjiri.

Olagirwa okusabayo obusika bwo;

Nsaba, nange ndikuwa amawanga gonna okuba obusika bwo, era n'ensi yonna gy'ekoma okuba amatwale go. (Zabuli 2:8)

Amawanga g'ensi gaali ga kuweebwa mukisa okuyita mu Ibulayimu. Okuyita mu Yesu amawanga gaba busika bwo naawe.

EMBALA Z'OMWOYO.

Bino wammanga ze mbala za Ibulayimu ez'omwoyo ezaamuyamba okufuuka omukisa eri amawanga n'engeri embala zino gye zikwataganamu n'okwolesebwa okwamakungula.

YAKAKASIZA DDALA.

Ibulayimu yakkiririza mu kwolesebwa Katonda kwe yamulaga. Yakakasiza ddala nti okuyita mu ye, Katonda yali wa kuwa amawanga omukisa.

Kubanga yakakasiza ddala nti Katonda asobola okukola kye yasubiza. (Abaruumi 4:21)

Okwolesebwa okwamakungula okubeerawo ddala, oteekwa okuba ng'okakasizza ddala. Katonda asubiza amakungula ag'omuyiika. Atuwadde engeri n'enkola. Ggwe oyitiddwa ng'omukozi okuwa amawanga omukisa.

YASIGA MU BINTU BY'OMWOYO.

Ibulayimu yasiga obulamu bwe bwonna mu ebyo ebitalabika mu nsi ey'omubiri. Katonda yali yawa Ibulayimu ekisuubizo ky'ettaka eddungi, kyokka nga ye talinnyangako mu nsi eyo.

Naye n'atamuwaako ttaka lirye newaakubadde awalinyibwa ekigere. Kyokka n'asubiza okugimuwa okugirya, ye n'ezzadde lye oluvannyuma lwe, newaakubadde nga mu kiseera ekyo Ibulayimu teyalina mwana! (Ebikolwa 7:5)

Ettaka lyasuubizibwa Ibulayimu nga talirabangako. Lyasuubizibwa mutabani we gwe yali talina. Naye Ibulayimu teyabusabuusa Katonda. Yasiga obulamu bwe mu nteekateeka ya Katonda okusobozesa ekisuubizo kya Katonda okutuukirizibwa mu mirembe gy'omumaaso.

Okwolesebwa kw'amakungula kwa lubeerera. Ojja kumala obulamu bwo bwonna ng'obusize mu ekyo ekitalabibwa. Naye ebivaamu biba bya lubeerera. Emirembe egijja ginaweebwa omukisa kubanga otuukiriza okwolesebwa.

YAGONDERA OKUYITIBWA.

Ibulayimu bwe yayitibwa Katonda okugenda mu kifo mwe yali ow'okufunira obusika. Yagenda

Olw'okukkiriza Ibulayimu bwe yayitibwa, n'agonda, n'alaga mu kifo kye yali agenda okuwebwa ng'omugabo, bw'atyo n'agenda nga ne gy'alaga tamanyiiyo. (Abaebbulaniya 11:8)

Tekimala kuyitibwa eri kwolesebwa kw'amakungula. Oteekwa okuddamu ng'ogondera okuyitibwa okwo.

Era mu zzadde lyo amawanga gonna mwe galiweerwa omukisa, kubanga ogondede eddobozi lyange." (Oluberyebery 22:18)

YALI MWETEGEFU OKUYIMIRIRA YEKKA.

Katonda ayogera ne Ibulayimu.

Mulwooze ku Ibulayimu jjajjammwene Saala eyabazaala. Kubanga we namuyitira yali bw'omune mmuwa omukisa ne mmwaza. (Isaaya 51:2)

Ibulayimu yayitibwa yekka. Yalina okuleka ensi ye n'amaka ge okuddamu okuyitibwa okwo. Bw'oyitibwa Katonda eri obulokozi kikwata ku ggwe wennyini. Buli muntu alina kuddamu ssekinoomu eri okuyitibwa okwo. Okuyitibwa eri ennimiro y'amakungula kwe kumu. Nga Ibulayimu, oyitibwa wekka. Oteekwa okukola okusalawo. Okuddamu eri okwolesebwa, oyinza okulekawo amaka n'ennyumba yo. Oba olyawo kijja kubaamu n'okuviira abamu ku bakkiriza abatakwatibwako kwe kugamba abatannafuna kwolesebwa.

YALINA OKWOLESEBWA OKW'OMWOYO.

Ibulayimu yalina okwolesebwa okw'omwoyo:

Ibulayimu yali alindirira ekibuga kiri ekirina omusingi, Katonda kye yategeka era n'azimba. (Abaebbulaniya 11:10)

Okwolesebwa kwe kwasinziira ku bintu bya mwoyo. Okwolesebwa kwe kyali kibuga ng'omuzimbi waakyo ye Katonda.

Kyamuleetera okuba mu nsi empya, ng'osula mu weema, ng'ayawukanye ku maka n'abennyumba ye. Okwolesebwa kwakuyisa obulamu bwe.

Okwolesebwa kw'amakungula kukyusizza obulamu bwo. Tosobola kuddamu kusigala ky'ekimu. Tosobola kumatizibwa bintu bya bulamu ebiggwaawo. Onoonya ekigendererwa eky'olubeerera.

YAMANYA KATONDA N'OMUKWANO OGWANNAMADDALA.

Ibulayimu ng'ayitibwa, "Mukwano gwa Katonda."

N'ekyawandiikibwa ne kituukirizibwa ekigamba nti, "Ibulayimu yakkiriza Katonda, ne kimubalirwa okuba obutuukirivu, era n'ayitibwa mukwano gwa Katonda." (Yakobo 2:23)

Kijja kukwetaagisa okuba mu mukwano ogwannamaddala ne Katonda okukusobozesa okutuukiriza okwolesebwa. Oteekwa okuyiga amakubo ge n'okuba n'obusobozi okuwulira eddobozi lye. Oteekwa okuba mukwano gwa Katonda.

YALI AJJUJDE ESSUUBI.

Paulo ayogera ku Ibulayimu:

Katonda yasubiza Ibulayimu abazzukulu bangi. Ne bwe kyalabika ng'ekitasoboka, Ibulayimu yalina okukkiriza mu Katonda, n'oluvannyuma n'abeera jjajja w'amawanga mangi, okusinziira ku ekyo ekayogera nti, "Ezadde lyo bwe liriba. (Abaruumi 4:18)

Newaakubadde teyalina mwana, Ibulayimu yanyweza ekisuubizo ky'okubeera taata w'amawanga amangi. Mu mubiri tekiwa ssuubi. Naye mu mbeeray'obutaba na ssuubi ye Ibulayimu yafuna essuubi. Kabibe ng'ebikwetooldde biri bitya, k'ebe mbeera gy'olimu tewa ssuubi, mannya nti Katonda akuyise mu kwolesebwa kw'amakungula era kujja kutuukirizibwa .

Laba awatali ssuubi n'okukakasibwa nti; "Ekyo ky'asuubizza, asobola okukituukiriza." (Abaruumi 4:21)

YALINA OKUKKIRIZA OKW'AMAANYI.

Teyabuusabuusa kisuubizo kya Katonda mu butakkiriza, naye yaweebwa amaanyi lwa kukkiriza; n'agulumiza Katonda. (Abaruumi 4:20)

Ibulayimu yalina okukkiriza okwali nti, yatendereza Katonda olw'okutuukiriza okwolesebwa newaakubadde kyali tekinabaawo. Yalina obukakafu nti Katonda yali asobola okukola kyonna kye yali yasubiza (Abaruumi 4:20)

Obunene bw'okwolesebwa Katonda bw'akuyitidde bwewunyisa; obuwumbi bw'abantu busatu obutawuliranga ku njiri. Bwe busika bwo. Baakuweebwa omukisa okuyita mu ggwe.

Naye totagalira mu kisuubizo kya Katonda. Totunuulira bunene bwa mulimu gukuweeredda, naye tunuulira obunene bwa Katonda. Katonda asubiza amakungula g'omwoyo ag'omuyiika. Beera nga Ibulayimu eya...

...Yalina okukkiriza mu Katonda, okusenziira ku ekyo ekyayogerwa nti, "Ezadde lyo bwe liriba. (Abaruumi 4:18)

YALI MUTUUKIRIVU.

Kubanga Ibulayimu yakkiriza mu Katonda.era bwe kityo ne kimubalirwa okuba obutuukirivu. (Abaruumi 4:22)

Nga bwe wayize emabegako mu lusoma luno, omusingi gw'okukola kwo mu kukungula kuba butuukirivu.

YALI MUKKAKAMU.

Paulo agamba nti Ibulayimu yawa Katonda ekitiibwa (Abaruumi 4:20)

Ibulayimu yamanya nti okutuukirira kw'okwolesebwa kwali kwa kujja okuyita mu Katonda. Ye yekka y'ateekeddwa okuweebwa ekitiibwa.

Katonda akuwadde okwolesebwa okunene okw'ennimiro z'amakungula ez'ensi ey'omubiri. Naye okukituukiriza. Kuteekwa kuyita mu ye. Tosobola kufuna kitiibwa kya kwolesebwa oba okw'ebiva mu makungula. Ekitiibwa kiteekwa kudde eri Katonda olw'okwolesebwa okutuukiridde.

YALI WA MIREMBE.

Mu luberyeberye 13 abaddu ba Lutti ne Ibulayimu baalina obutakkaanya bungi obwava mu ddembe eri amazzi. Ibulayimu yatuuuka ku ngeri y'okugonjoola ekizibu ekyo mu mirembe.

Obubaka bw'okuzaalibwa bwa Yesu bwaleetawo Malayika mu mirembe. Enjiri gy'otwalira amawanga, bubaka bwa mirembe, ng'emirembe emituufu gijja kuwa wa Katonda yekka.

YALI MUNYIIVU OKUKOLA OKWAGALA KWA KATONDA.

Katonda bwe yagamba Ibulayimu nti akabonero k'endagaano wakati we ne Katonda kwali kukomolebwa, Baibuli eraga nti olunaku Katonda lwe yayogera, Ibulayimu yakomoza abasajja bonna abaali mu nju ye (oluberyebeye 17).

Oluvannyuma lw'ebbanga eriwera, Katonda yatuukiriza ekisuubizo kye eri Ibulayimu. Ye ne mukyala we Salayi baafuna omwana ow'obulenzi. Oluvannyuma lw'okuzaalibwa kwa Isaaka, Katonda yawa Ibulayimu ekigezo ekizibu. Yamulagira okusaddaaka mutabani we (oluberyebeye 22)

Mu Isaaka mwe mwali ekisuubizo kya Katonda ekirijja. Ye yali omusika omuliva abantu b'olulyo lwa Ibulayimu. Isaaka ye yalina okuleetawo eggwanga lya Yisirayiri ensi mweriweebwa omukisa. Kyokka nga Katonda amugambye aweeyo mutabani we nga saddaaka, Baibuli eraga mu Luberyebeye 22:3 nti Ibulayimu ng'amaze okufuna obubaka buno okuva eri Katonda "yazuukuka" ku makya nnyo okugondera ebiragiro.

Newaakubadde ng'okwagala kwa Katonda kwali kuzibu, Ibulayimu teyalwawo. Katonda bwe yayogera, ye yakolerawo. Olw'okugonda kwe, Katonda yaleetawo saddaaka endala obulamu bwa Isaaka ne bulekebwa.

Okukola mu nnimiro y'amakungula tekijja kubeeranga kyangu naye Katonda bw'ayogera olina okukola. Bw'ojjira mu kugonda, Katonda ajja kutambula ku lulwo.

Kikuku okumanya nti Ibulayimu teyafaayo ku kiragiro kya Katondaeky'okusaddaaka Isaaka. Yakiyita kusinza. Okusinza okusinga okuba okwa waggulu kwe kutunula okusukka ku Isaaka oyo gwe twagala, wabula eri Katonda.

Katonda akuwadde okwolesebwa era kukyusizza n'obulamu bwo. Naye okwolesebwa tekulina kusukkuluma ku Katonda. Obuvunaanyizibwa bwo obusinga y'enkolagana yo naye.

Katonda yagezesa Ibulayimu okulaba oba Isaaka gwe yali yeemaliza oba Katonda. Ateekeddwa okuba nga Katonda gwe twemaliza buli kiseera. Okwolesebwa tekulidda mu kifo ky'oyo akugaba.

YAYANGUYIRANGA KATONDA.

Ibulayimu yabeeranga mu bulamu obwangu ekyamuyambanga okujjanga eri Katonda. Yayanguwanga okugenda eri ekiragiro kya Katonda (Oluberyebeye 12).

TEYATUNULA MABEGA.

Ibulayimu teyayagala kuddirako bulamu bwe obukadde, naye yatunuulira ebintu ebipya Katonda bye yali agenda okukola.

Naye awatali kukkiriza toyinza kusanyusa Katonda. Buli ajja eri Katonda kimugwanira okukkiriza nti Katonda waali era n'abo abamunoonya n'obwesigwa abawa empeera. (Abaebbulaniya 11:6)

YATAMBULIRA MU KUBIKKULIRWA OKW'OKUMANYA.

Ibulayimu yakoleranga mu kubikkulirwa okuva eri Katonda so si okutegeera okw'obuntu.

Mukama n'agamba mu mutima gwe nti, "Ibulayimu namukweka kye njenda okukola? (Oluberyebeye 18:17)

TEYATUNUULIRA BUSOBOZI BWE OBW'OMUBIRI.

Ekisuubizo kya Katonda kyavanga ku oyo “eyali omulungi ng’omufu” mu mubiri. Ibulayimu teyalina busobozi bwa kutuukiriza nteekateeka ya Katonda.

Bwe kityo bangi ne bava mu muntu omu eyali omukadde ennyo ne baba bangi nnyo ng’emmunyeenye ez’oku ggulu, era ng’omusenyu oguli ku nnyanja ogutabalika. (Abaebbulaniya 11:12)

YANOONYA KATONDA.

Oluberyeberye 12 atulaga Ibulayimu bwe yazimba ekyoto n’akowoola erinnya lya Katonda.

YALAGA OBUVUNANYIZIBWA ERI ABALALA.

Soma olugero lwa Ibulayimu ne Luti mu luberyeberye 14. Bw’oba wakubeera “omukristaayo w’ensi” oteekeddwa okulaga obuvunaanyizibwa eri abo abetaaga abakwetooloodde mu nsi.

YALI MUGABI.

Ibulayimu yawa ebimu ku by’ekkumi, kw’ebyo bye yali alina.

Era Katonda Ali Waggulu Ennyo agulumizibweagabudde abalabe bo mu mikono gyo.”Awo Ibulaamu n’amuwa ekitundu eky’ekkumi ekya buli kimu. (Oluberyeberye 14:20)

YALI MWETEGEFU OKUBEERA MU NSI EMPYA.

Era ne bwe yatuuka mu nsi Katonda gye yamusuubiza, mu nsi gye yali tamanyangako, olw’okukkiriza yasulanga mu weema era Isaaka ne Yakobo nabo bwe baakola, Katonda ng’abasuubizza nga bwe yasubiza Ibulayimu. (Abaebbulaniya 11:9)

Yali mwetegefu okuteeka ekitiibwa mu buwangwa bw’abalala. Okugeza yavvunamira abantu b’omu nsi empya nga bwe kaali akalombolombo.

Awo Ibulayimu n’avuunama mu maaso gaabwe bonna. (Oluberyeberye 23:12)

YEEKUBISAAMU ABANTU ABAMUFAANANA MU KWEWAAYO.

Kino kirabibwa mu bulamu bw’omuuddu we Eliyeza (Oluberyeberye 24)

YAWA KATONDA EKITIIBWA.

Ne kabaka wa Sodomu n'agamba Ibulaamu nti, "Mpa abantu, gwe otwale ebintu."

Naye Ibulaamu n'addamu kabaka wa Sodomu nti, "Ndayira Mukama Katonda Ali Waggulu Ennyo, Omutonzi w'eggulu n'ensi,

Sijja kutwala wadde akawuzi oba akakoba akasiba engatto, oba ekintu kyonna ekikyoo, oleme okugamba nti, 'Ngaggawazza Ibulaamu.'

Sijja kubaako kye ntwala; okuggyako ebyo abavubuka bye balidde, n'omugabo gw'abasajja abaagenda nange; leka Aneri ne Esukoli ne Mamule bo batwale omugabo gwabwe. (Oluberyeberye 14:21-24)

Jjukira bulijjo, ekitiibwa kiteekwa okuweebwanga Katonda.

OKWOLESEBWA KUTUUKIRIZIBWA.

Ibulayimu, musajja eyalina okwolesebwa okwomwoyo. Ye musajja amawanga g'ensi mwe gaweewwa omukisa. Okwolesebwa ne kutuukirira.

Bwe kityo bangi ne bava mu muntu omu eyali omukadde ennyo ne baba bangi nnyo ng'emmunyeenye ez'oku ggulu, era ng'omusenyu oguli ku nnyanja ogutabalika. (Abaebbulaniya 11:12)

Okwolesebwa bwe kwaweewwa Ibulayimu, ebyayita ku ye byaali tebikyagasa, n'ebiriwo nga tebigasa. Naye teyakkiriza kufa kwa mubiri gwe ne nnabaana ya Salayi.

Wandiba nga tewali wa mugaso mu mwoyo edda ne kati nga tonnabala bibala. Naye kati ofunye okwolesebwa okw'amakungula.

Nga Ibulayimu, tunula mu maaso, n'amaaso g'okukkiriza ng'omanyi nti, "Oyo asuubiza, asobola okutuukiriza."

OKWEGEZAAMU.

1. Wandiika olunnyiriri olukulu ng’oluggya mu mutwe gwo.
.....
.....
.....
2. Wa ebintu bibiri ebiraga nti abakkiriza be basika ba Ibulayimu.
.....
.....
.....
3. Tuli basika ab’ekissubizo kya.
.....
.....
4. Tuli basika abavunaanyizibwa ku...
.....
.....
5. Leetayo embala za Ibulayimu ezaamusobozesa okutuukiriza okwolesebwa kw’okuwa amawanga omukisa.
.....
.....
.....
.....
.....
.....
.....
.....
.....
.....
.....

(Ebidibwamu mu kwegezamu bikuweereddwa ku nkomerero y’ekitabo kino.)

1. Wansi z’embala za Ibulayimu nga zifunziddwa ezaleetera amawanga g’ensi okuweebwa omukisa. Bw’oba nga onootuukiriza okwolesebwa kw’okuwa amawanga omukisa, oteekwa okuba n’embala ezo ze zimu mu bulamu bwo. Ddamu osome buli mbala y’omwoyo. Nnyonnyola essa embala eyo gye yeeyoleka mu bulamu bwo obw’omwoyo.

Embala

Essa mwe yeeyolekera.

- Okukakasiza ddala _____
- Okusiga mu bintu byomwoyo. _____
- Obugonvu. _____
- Obwetegefu okuyimirira. _____
- Okwolesebwa kw’omwoyo. _____
- Okumanya Katonda n’omukwano ogwannamaddala. _____
- Essuubi. _____
- Okukkiriza. _____
- Obutuukirivu. _____
- Obukkakkamu. _____
- Emirembe. _____
- Okunyiikira okukola okwagala kwa Katonda. _____
- Okwanguyira Katonda. _____
- Obutatunula mabega. _____
- Okutambulira mu kubikkulirwa kw’amagezi. _____
- Obutatunuulira busobozi bwa mubiri. _____
- Okunoonya Katonda. _____
- Okulaga obuvunaanyizibwa eri abalala. _____
- Obugabi. _____
- Okuba omwetegefu okw’ekubisaamu. _____
- Okuwa Katonda ekitiibwa. _____
- Obwetegefu bw’okubeera mu nsi empya. _____

2. Olwokwekenennya okwo, kiki kyoyinza okukola ku bino wammanga osobole okukuza embala z’omwoyo z’otalina.

- Okusoma kwange okwa Baibuli. _____
- Okusaba kwange buli lunaku. _____
- Ekkansa yange. _____
- Enteekateeka yange ku by’omumaaso. _____
- Okwetaba kwange mu kwolesebwa okw’amakungula. _____
- Eby’ensimbi zange. _____

ESSUULA EYEKKUMI NEEMU.

OKWOLESEBWA KUTUUKIRIRA.

EBIGENDEREWA:

Bw'omaliriza essuula eno, onooba osobola:

- Okuzuula ekika ky'abantu Katonda b'ayita abakukunguzi.
- Sabayo ekisuubizo kya Katonda eky'okwolesebwa okw'amakungula.
- Okutuukiriza okwolesebwa mu bulamu bwo.

OLUNNYIRIRI OLUKULU.

Kale tulemenga okuterebuka mu kukola obulungi, kubanga oluvannyuma tulikungula emikisa, bwe tutagwaamu maanyi. (Abaggalatiya 6:9)

ENNYANJULA.

Bwe watandika olusoma luno, wafuna embeera ekujja ku kwolesebwa n'okutuukiriza. Okuva ku kuzaalibwa, olabye ensi mu maaso ga Katonda n'otegeera ekigendererwa kye eri amawanga g'ensi. Oyize ebintu ebiremesa okukungula n'engeri, enkola n'ebikozesebwa okukungula obulungi. Omenye ebikoligo ebiyonda n'ofuna amaanyi ga Katonda.

Mu ssuula eno essembayo, okwolesebwa kutuukirira bw'ofuuka ekitundu ku kutituukiriza.

ANI KATONDA GW'AKOZESA?

Ani Katonda gw'akozesa okutuukiriza okwolesebwa okw'amakungula? Musajja n'amukazi kika ki gw'ayita okwongerayo enjiri eri amawanga g'ensi?

Soma Makko 16 mu Baibuli yo. Essuula eno erimu buli kyakuddammu kyabuli kibuuzo. Mu ssuula eno tulaba abakazi abaali abagoberezi ba Yesu nga bagenda mu ntaana ye okusiiga omubiri gwe obuloosa. Bwe baatuuka ku ntaana baasanga...

Bwe baayingira mu ntaana, ne balaba omusajja omuvubuka, ng'ayambadde engoye enjeru, ng'atudde ku ludda olwa ddyo! Ne bawuniikirira nnyo!

Naye n'abagamba nti, "Temutya. Munoonya Yesu, Omunnazaaleesi eyakomererwa. Wano taliwo! Azuukidde. Mulabe, omulambo gwe we gwali gugalamiziddwa. (Makko 16:5-6)

Abakazi baagenda ne batwala amawulire amalungi eri abayigirizwa newaakubadde Yesu yali yalabikira Mariya Mangadalen mu kwolesebwa, abayigirizwa tebakkiriza nti yali azuukidde (Makko 16:11). Oluvannyuma Yesu yalabikira ababiri ku bayigirizwa be bwe baali batambula mu nsi. Bwe baabulirako abalala, tebaabakkiriza (Makko 16:12-13).

Oluvannyuma yalabika eri abayigirizwa n'a...

N'abanenya olw'obutakkiriza bwabwe, n'olw'obukakanyavu bw'emitima gyabwe kubanga tebakkiriza abo abaali bamulabyeko ng'amaze okuzuukira. (Makko 16:14)

Nga yaakamala okwogera ku butakkiriza bwabwe, Yesu yagamba;

Mugende mu nsi yonna mubuulire Enjiri eri abantu bonna. (Makko 16:15)

Mazima yandiba nga yakoze ensobi! Bano be bantu abaali bagenze okuteeka obuloosa ku mubiri gwe mu kifo ky'okujaguza okuzuukira kwe. Bano be bantu abeebakira mu kiseera mwe yabonaabonera, baamwegaana, ne beekweka mu kutya.

Yesu yamala emyaka 3 ng'ateekateeka abasajja bano olw'okufa n'okuzuukira kwe, wabula baamuleka mukiseera ekizibu ne bagaana okukkiriza ebyabagambibwa abajulirwa abaamulabako ng'azuukidde. Eddakiika y'emu Yesu abatereza olw'obutakkiriza. Ekyaddako, abasoomooza n'okwolesebwa kw'ennimiro z'amakungula mu mawanga g'ensi.

Yandirese atya enjiri mu mikono gy'abayigirizwa bano? Kubanga yali tabatunuulira nga bwe baali. Yali tatunuulira bye baali bakoze oba embeera gye baalimu. Yali abalaba nga bwe baliba ng'abawadde amaanyi ag'Omwoyo Omutukuvu.

Katonda tatunuulira bwe wali edda, bye walemwa, okubusabuusa kwo oba obutakkiriza. Atunuulira ekyo ky'amanyi ky'oyinza okufuuka olw'amaanyi ag'Omwoyo Omutukuvu.

ABASAJJA KATONDA B'AKOZESA.

Ka tulabe abasajja Katonda be yakozesa abali mu byafaayo eby'okutuukiriza ebigendererwa bye.

YAKOBO.

Katonda yalina okulonda wakati wa Yakobo omusajja eyayagala ennyo obusika n'asobola n'okububbira, ne Esawo eyasalawo okubusuulawo ng'ekitalina makulu olw'essowaani y'akagoyo. Kyokka nga yakozesa Yakobo okuleetawo eggwanga lya Yisirayiri.

IBULAYIMU.

Ibulayimu yalina okuba taata w'amawanga amangi. Bwe yafuna okubikkulirwa kuno okuva ewa Katonda, yakutama n'asekera mu butakkiriza (Oluberyeberye 17:1-3). Oluvannyuma omusajja w'okukkiriza ono ow'amaanyi yalimba omulabe ng'agamba nga Salayi bwe yali muganda we olw'okutiiririra obulamu bwe. Wadde byali biti, Ibulayimu yayitibwa "mukwano gwa Katonda" n'afuuka taata wamanga amangi.

MUSA.

Obutagonda bwe bwamulemesa okutuuka mu nsi ensuubize, kyokka nga yali yanunula obukadde bw'abantu bubiri okuva mu busibe e Missiri n'abakulembera mu ddungu ng'enteekateeka ya Katonda bwe yali.

DAUDI.

Yatwala mukazi w'omusajja omulala n'amala n'atta omusajja olw'okubuza obujulizi bw'ekibi kye, kyokka ye yayitibwa, "omusajja omutima gw'aKatonda gwe gwali gwagala" namuwa n'obwakabaka.

GIDIYOONI.

Ono yali akungula hjaano nga yeekwese olw'okutya omulabe. Katonda we yamuyita okuba omununuzi wa Yisirayiri. (Ekyabalamuzi 6)

ABANTU ABAABULIJO.

Katonda akozesa abantu baabulijjo okutuukiriza okwagala kwe. Yesu bwe yamala okukola ekyamagero kye ekyasooka, eky'okufuula amazzi omwenge, yasaba abantu baabulijjo okujjuza ensuwa amazzi. Bwe yakubisa mu migaati n'ebyennyanja, yabiwa abantu baabulijjo okugabula abantu. Yesu bwe yali anaatera okukola ekyamagero kumpi ekyali kisinga mu buwereeza bwe, ekyali eky'okuzuukiza Lazaalo okuva mu bafu, yasinziira ku basajja abajjako ejjinja ku mulyango gw'entaana. Oyo Katonda eyazuukiza Lazaalo yali tasobola kwejjirako jinja ku mulyango gwa ntaana?

Ye, naye Katonda akozesezanga abantu okutuukiriza entegeka ye. Enkola ze be bantu. Katonda ayita abantu baabulijjo n'abafuula abamaanyi. Ajja abasajja n'abakazi mu kulaba obulabi n'abafuula abakozi mu nteekateeka ye.

- Mwenna abantu baabulijjo abaali balowooza nti Katonda tasobola kubakozesa...
- Mwenna abantu baabulijjo abaali balowooza nti temusobola kuba kitundu ku kukola ebyamagero...
- Mwenna abaamwegaana ne mumulemesa.

Katonda tatunuulidde bye wakola edda oba kati. Takulaba nga gwe bwe weeraba. Akutunuulira nga bw'oliba bw'onokkiriza ekisoomozo kye eky'okugenda mu nnimiro z'ensi ez'amakungula. Akulaba nga bw'oliba ng'oyambaziddwa amaanyi g'omwoyo omutukuvu.

Katonda tasinziira kukukkiriza kwo, kusoma kwo, bitone byo, oba eddaala lyo ery'omwoyo. Tasinziira ku ki kyoli. Asinziira ku ky'amanyi ky'oyinza okuba bw'onowaayo obulamu bwo bwonna eri okwagala kwe n'ebigendererwa bye.

Ensi y'ekkanisa eyasooka teyatuukibwako na kubuulira kw'amaanyi. Yatuukibwako abasajja n'abakazi abaali abantu nga ffe naye nga bakyuusa amaaso gaabwe okuva ku ebyo bye baalemwa ne bakwata okwolesebwa okwamakungula. Bakizuula nti bwe baali abanafu, baali bamaanyi mu mwoyo. Katonda yasubiza;

...Ekisa kyange kikumala, kubanga amaanyi gange gatuukirira mu bunafu." Noolwekyo kyennaavanga nneegulumiza n'essanyu lingi olw'obunafu bwange, amaanyi ga Kristo galyoke galabisibwe. (2 Abakolinso 12:9)

AMAKUNGULA AG'OMUYIIKA.

Eri abo abakwata okwolesebwa ne baatukiriza omulimu n'okwagala kwa Katonda, waliwo ebisuubizo by'amakungula ag'omuyiika.

Kubanga ensigo erikula bulungi, n'omuzabbibu gubale ekibala kyagwo, n'ettaka lireetenga ekimera kyalyo, n'eggulu lireetenga omusulo gwalyo. Nange abantu bange abaasigalawo ndibawa ebintu ebyo byonna nga gwe mugabo gwabwe. (Zekaliya 8:12)

Ajja kufuula eddungu ettaka ejjimu.

Eddungu yalijjuza ebidiba by'amazzi,n'ensi enkalu n'agikulukusizaamu amazzi.

Abalina enjala n'abateeka omwo,ne beezimbira ekibuga eky'okubeeramu

Ennimirow zaabwe ne bazisigamu emmere, ne basimba emizabbibu,ne bakungula ebibala bingi. (Zabuli 107:35-37)

Katonda ajja kuleeta n'amakungula ne mu bifo ebitasobola kubaza.

**Enjaano ebale nnyingi nnyo mu nsi,ebikke n'entikko z'ensozi.Ebibala byayo byale ng'ebye
Lebanooni;n'abantu baale mu bibuga ng'omuddo ogw'oku ttale. (Zabuli 72:16)**

Emyaka si miziziko eri enteekateeka ye.

Ne mu bukadde bwabwe balibala ebibala... (Zabuli 92:14)

Osobola okweyongerayo ng'okaabirira okuzaalibwa kw'okwolesebwa kuno, naye...

Abo abasiga nga bakaaba amaziga,baliyimba ennyimba ez'essanyu nga bakungula.

Oyo agenda ng'akaabang'atwala ensigo okusiga;alikomawo ng'ayimba ennyimba ez'essanyung'aleeta ebinywa bye. (Zabuli 126:5-6)

Tosobola kumalawo bungi bw'amakungula g'omubiro bino eby'oluvannyuma;

Wakyaliiwo ensigo eyasigala mu tterekero? Mulabe, emiti gino egimenyedwa, ogw'omuzabbibu n'ogw'omutiini, n'ogw'omukomamawanga, n'ogw'omuzeeyituuni tegibalangako bibala.Naye okuva ne leero ndibawa omukisa.' (Kaggayi 2:19)

Katonda ayogera ku makungula ag'amaanyi ageeyongerayongerayo.

Ennaku zijja, bw'ayogera Mukama,"akungula lw'alisinga asiga,n'asiga ensigo lw'alisinga atunda emizabbibu.Wayini omuggya alitonnya okuva mu nsozi,n'akulukuta okuva mu busozi. (Amosi 9:13)

Tolimaliriza na kuwewa makungula gano okutuuka ne ku makungula agaddako nga gatuuse.

Eno y'ensonga lwaki waliwo obwetaavu bw'abakozi obw'amangu. Alongoosa anaatera okuyisa akungula. Okwolesebwa kw'amakungula kuli mumaaso go.

- Sabayo ekisuubizo ky'amakungula ag'omuyiika.
- Sabayo abatannatusibwako njiri babeere busika bwo.
- Ennimirow z'amakungula ziri mu maaso go. Yimusa amaaso olabe.

AMAKUNGULA AGASEMBAYO.

Olunaku lw'okukungula olusembayo lujja kutuuka nga Katonda atumye ba malayika be.

...Kubanga ekiseera kituuse era n'ebiyokukungula ku nsi byengedde. (Okubukkulirwa 14:15)

Buli wonna mu nsi walibaawo okukumba. Okuva mu zisemazinga Afirika, Asia, mu mambuka ne mumaserengeta ga Amerika, e Bulaaya ne mu bizinga ebiri ku zi ssemayanja... abakungula beeyiwa mu kisenge kya Namulondo ya Katonda.

Abasajja n’abakazi abaleetedde okwolesebwa okutuukirira, ababadde n’okwolesebwa ng’ensonga ebabeezaawo, abo abaafa nga baagadde ebissubizo bya kwo.

Ne bajja n’ebinywa eby’amakungula okuva mu nsi.

Oluvannyuma lw’ebyo ne ndaba, era laba, ekibiina ky’abantu ekinene ennyo nga tebasoboka na kubalika, nga bava mu buli nsi na buli kika, na buli ggwanga na buli lulimi, nga bayimiridde mu maaso g’entebe ey’obwakabaka ne mu maaso g’Omwana gw’Endiga nga bambadde ebyambalo ebyeru nga balina n’enkindu mu ngalo zaabwe.

Ne boogera mu ddooboozi ery’omwanguka nga bagamba nti, “Obulokozi bwa Katonda waffeatudde ku ntebe ey’obwakabakaera bwa Mwana gw’Endiga.”

Awo bamalayika bonna ne bayimirira nga beetoolodde entebe ey’obwakabaka n’abakadde era n’ebiramu ebina, ne bavuunama mu maaso g’entebe ey’obwakabaka ng’ebyenyi byabwe biri wansi ne basinza Katonda.

Ne bayimba nti, “Amiina! Okutenderezewa, n’ekitiibwa, n’amagezi, n’okwebazibwa, n’ettendo, n’obuyinza, n’amaanyi, bibe eri Katonda waffe emirembe n’emirembe. Amiina! (Okubikkulirwa 7:9-12).

OKWEGEZAAMU.

1. Wandiiika olunnyiriri olukulu ng’oluggya mu mutwe gwo.

-
.....
2. Wandiiika okujuliza kwa mirundi essatu okuva mu Baibuli ku kisuubizo ky'amakungula ag'omuyiika.

-
.....
.....
.....
.....
.....
.....
.....
.....
3. Leetayo abasajja bataano okuva mu ssuula eno Katonda be yakozesa awatali kutunuulira bye baalemwa.

-
.....
.....
.....
.....
.....
.....
.....
4. Lunnyiriri olwogera ku makungula g'ensi agasembayo okukolebwa ba malayika ba Katonda?

(Eyokuddamu ku kwegezaamu kuno bikuweereddwa ku nkomerero y'ekitabo kino.)

EBYOKUDDAMU BY'EBIBUUZO BY'OKWEGEZAAMU.

ESSUULA ESOKA:

1. Awatali kwolesebwa abantu bazikkirira (Engero 29:18)
2. Okwolesebwa okw'omwoyo kubaamu okulaba okusukka ensi ey'omubiri n'odda mu nsi ey'omwoyo. Kwe kutegeera ekigendererwa eky'obwa Katonda n'ozuula n'ekitundu kyo mu nteekateeka ye.

Kye kifaananyi ekirabika Katonda ky'ayagala ofune ekikuluhhamya mu buli mutendera ogw'obulamu bwo obw'obukristaayo eri ekiruubirirwa ekyo.

3. 2, 3, 1, 4, 6, 5.
4. 3, 1, 4, 2.

ESSUULA EYOOKUBIRI.

1. Mmwe temugamba nti, 'Ekyasigaddeyo emyezi ena amakungula gatuuke?' Kale muyimuse amaaso gammwe, mutunuulire ennimiro! Amakungula gatuuse. (Yokaana 4:35)
2. Bwe twogera ku ky'omubiri ekifaanana amazima ag'omwoyo kitegeeza Katonda akozesa ebyokulabirako eby'omubiri okunyonnyola oba okukiikirira amazima ag'omwoyo.
3. Ekyokulabirako kyaali ky'amakungula.
4. Ennimiro y'ensi (Matayo 13:38)
5. Osobola okuba ng'owadde ezimu ku nsonga ezo. Amakungula kyaali kyakulabirako eri abayigirizwa be okusobola okutegeera amangu kubanga;
 - Eby'enfuna bya Yisirayiri byasinziiranga ku bulimi.
 - Ebikujjuko by'eddiini byekuusanga ku bulimi.
 - Okukungula kwakolebwanga okumalako omwaka gwonna.
 - Mulimu ennono z'omubiri ez'okusiga n'okukungula ebikolebwa mu kukungula mu mwoyo.
 - Abayigirizwa baazuula obwangu bw'obwetaavu obwaliwo olw'ekyokulabirako ky'okukungula mu mubiri.
6. Yokaana 4:35.

"Mwe temugamba nti," Toyogera bwogezi ku makungula.

"Ekyasigaddeyo emyezi ena," Togalwisa.

"Kale mbagamba," Muwulirize Yesu ky'agamba.

"Kale muyimuse amaaso gammwe," Mugajje kubibuzaabuza.

"Mutunuulire ennimiro," Mutunuulire ensi mumaaso ga Katonda.

ESSUULA EYOOKUSATU.

1. Amaaso ge geekaliriza amawanga. (Zabuli 66:7)
2. Abawerako ng'obuwumbi bw'abantu busatu.
3. Ng'ennimi 2,000.
4. Okulaba ensi ng'ennimiro z'amakungula ag'omwoyo eyetaaga abakozi.
5. Ekibi.
6. (a). F (b). F (c). T
7. Omukristaayo w'ensi y'oyo asalawo buli lunaku lw'obulamu bwe okuba ekitundu ku kigendererwa kya Kristo n'okusinga abo abali awatatusibwanga njiri.

ESSUULA EYOOKUNA.

1. (Abaefeso 1:9)Yatubikkulira ekyama eky'okwagala kwe, ng'okusiima kwe bwe kuli kwe yateekerateekera mu Kristo.
2. (a). F (b). T (c). T (d). T.
3. Byozzeemu kulina okubaako ekimu ku bino waakiri n'ekyawandiikibwa ky'ojuliza.
(Abaefeso 1:9-10)
(2 Peetero 3:9)

ESSUULA EYOKUTAANO.

1. Temubuzibwabuzibwanga, Katonda tasekererwa, kubanga omuntu ky'asiga era ky'alikungula. Kubanga oyo asiga eri omubiri gwe, alikungula ebiggwaawo. Naye oyo asiga eri omwoyo, alikungula obulamu obutaggwaawo. (Abaggalatiya 6:7-8)
2. (a). T (b). F (c). F (d). F (e). T (f). T (g). T
3. Obutakanya, obutali butuukirivu, ennyombo, omubiri.
4. Abantu abannunule okubeera mu bulamu obunnunule.
5. Isaaya 16:10 oba Yoweeri 1:10-12, 16.
6. Yoweeri 1:13-14, 2:12-13.
7. Ddamu osome emitwe gy'essuula eno.
 - Obutagondera kigambo kya Katonda.
 - Okwerabira Katonda.
 - Ensiga embi.
 - Obutafaayo.
 - Amaanyi go.
 - Okuzaalibwa okukolimire.
 - Okusinziira ku mbeera.
 - Okufuba okutalungamiziddwa.
 - Ebyonoona n'endwadde.
 - Enkungula embi.
 - Ettaka eritalimiddwa.
 - Emisingi egitali gy'abutuukirivu.
 - Abakozi abatono.

ESSUULA EYOMUKAAGA.

1. Abo abasiga nga bakaaba amaziga, baliyimba ennyimba ez'essanyu nga bakungula. Oyo agenda ng'akaabang'atwala ensigo okusiga; alikomawo ng'ayimba ennyimba ez'essanyung'aleeta ebinywa bye. (Zabuli 126:5-6)
2. Engeri z'ennonno, enkola oba enteekateeka, ebigendererwa okusobola okutuuka kukiruubirirwa.
3. Bw'oba wabuseemu ku ngeri zino, ddamu osome emitwe egiri mu ssuula yonna.
 - Buli kimera kisobola okwekubisaamu.
 - Okusiga kwetaagisa okusobola okukungula.
 - Tokungulira mu biro byebimu mwewasigira.
 - Okungula kyewasiga.
 - Oteekwa okusiga awatali kutunuulira mbeera.
 - Okungula mu kigera ky'ekyo kyewasiga.
 - Osobola okusiga w'otokungulira n'okungulira w'otosize.
 - Ojja kukungula amakungula bw'onobeera mwesigwa.
 - Okusobola okw'ekubisaamu, ensigo eteekwa okufa.

ESSUULA EYOOMUSANVU.

1. Kuba nga ettaka bwe livaamu ebimera, era ng'ennimiro bwereetera ensigo okumeruka bw'atyo Mukama Katonda bwalireeta obutuukirivu n'ettendo okumeruka, ensi zonna zikirabe. (Isaaya 61:11)
2. Ensigo zikula okusinziira ku mbeera ezizeetoolodde.
3. Obulamu, ettaka eddungi, amazzi, ekitangaala, empewo, ebbanga, emirandira, okuwummula, okwekwata kukikolo, okusalira, embeera y'obudde.

ESSUULA EYOOMUNAANA.

1. (Ebikolwa 1:8) Naye muliweebwa amaanyi, Mwoyo Mutukuvu bw'alimala okubakkako, era munaabanga bajulirwa bange mu Yerusaalemi, ne mu Buyudaaya yonna, ne mu Samaliya okutuukira ddala ku nkomerero z'ensi."
2. 2 Timoseewo 2:2
3. Amaanyi.
4. Okukizuula nti kya leero, okumanya ensulo, okukkiriza obuyinza ng'omuntu ne mu kkanisa.

ESSUULA EYOOMWENDA.

1. (Matayo 11:28-30) Mujje gye ndi mmwe mwenna abakooye era abazitoowereddwa, nange nnaabawummuza. Musitule ekikoligo kyange, muyigire ku nze, kubanga ndi muwombeefu era omuteefu mu mutima, n'emyoyo gyammwe girifuna ekiwummulo. Kubanga ekikoligo kyange kyangu, n'omugugu gwange teguzitowa."
2. Ekibi, ekya "nze," omuntu.
3. Kyangu, kiwewuka, kiwummuza.
4. Jangu gy'ali, twala ekikoligo kye, muyigireko.

5. Ojja kumanya eddoboosi lya Katonda. Ojja kusobola okutuukiriza okwolesebwa. Mukama ajja kweyongera okukuluhhanya. Yajja okuba obugabirizi bwo. Ojja kwekubisaamu.

ESSUULA EYEKKUMI.

1. (Abaggalatiya 3:29)Kale kaakano nga bwe muli aba Kristo, muli zadde lya Ibulayimu, ng'ekisuubizo ky'abasika bwe kiri.
2. Abaggalatiya 3:10, ne Abaggalatiya 3:29.
3. Obulokozi
4. Okuwa omukisa amawanga g'ensi.
5. Embala ya Ibulayimu.
 - Yakakasiza ddala.
 - Yasigala mu bintu by'omwoyo.
 - Yagondera okuyitibwa.
 - Yalina okwolesebwa okwomwoyo.
 - Yali mwetegefu okuyimirira yekka.
 - Yamanya Katonda n'omukwano ogwannamaddala.
 - Okwanguyira Katonda.
 - Yatambulira mu kubikkulirwa okwokumanya.
 - Yalaga obuvunaanyizibwa eri abalala.
 - Yeekubisaamu abantu abamufaanana mukwewaayo.
 - Teyatunuulira busobozi bwe obw'omubiri.
 - Yali mwetegefu okubeera mu nsi empya.
 - Yali ajjudde essuubi.
 - Yalina okukkiriza okw'amaanyi.
 - Yali mutuukirivu.
 - Yali mukkakkamu.
 - Yali musajja wa mirembe.
 - Yali munyikivu okukola okwagala kwa Katonda.
 - Teyatunula mabega.
 - Yanoonya Katonda.
 - Yali mugabi.
 - Yawa Katonda ekitiibwa.

ESSUULA EYEKKUMI N'EMU.

1. (Abaggalatiya 6:9)Kale tulemenga okuterebuka mu kukola obulungi, kubanga oluvannyuma tulikungula emikisa, bwe tutaggwaamu maanyi.
2. Zabuli 72:16, Zabuli 92:4, Zabuli 107:33-37, Zabuli 126:5-6, Amosi 9:13, Kagayi 2:19, Zakaliya 8:12.
3. Yakobo, Ibulayimu, Musa, Daudi, Gidiyoni.
4. Okubikkulirwa 14:15.

